# *Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo*

. . . bingi bye nabadde nnina okujja nabyo, naye nzize . . . ntambudde n'endagirizi yange ey'ebyawandiikibwa. Nnyinza okugikwasa Leo wano eno, oba okubaako gwe njikwasa atudde okumpi wano ayinza okunnyamba bw'aba yandyagadde okukikola, bwe tunaaba twetaaze okugikozesa.

2 Kati, omukyala ono ali erudda wali, singa wabaawo . . . singa asobola . . . Aluwa . . . Bbaawe y'ani? Weewaawo. Kati, bw'oba wandyagadde mukyala wo ajje atuule naawe, a—asobola okutuula naawe, tewali kyogerwa mu baaluganda mwannyinaffe ky'atakkirizibwa kuwulira, naye. Tetu . . . omanyi. Ekyo kiri—kirimu obuzibu bwonna? Kati, oli wa ddembe okutuula naye. Ali—ali bulungi awo w'ali, Doc? Kale, ekyo kirungi, naye era bambi atudde yekka.

3 Ate nga tewali kintu kyonna—tewaliiwo kintu kyonna wano . . . oluusi ensonga lwaki ŋŋambye "musajja," kubanga oluusi wabaawo omusajja lw'ayinza okubuuza ekibuuzo nga ali mu basajja banne ekitasobola kwanukulwa nga waliwo abakazi. Naye wano tewaliiwo kintu kyonna kitayinza kwanukulwa nga tuli wamu fenna mu kkanisa, kubanga ebisinga biba bikwata ku baweereza, n'ebirala bwe bityo, n'obuvaanyizibwa bwabwe—bwabwe ne bye balina okukola.

4 Kati, bino nzikiriza bikwatibwa ku lutambi. Bwe . . . Siri mukakafu. Ow'oluganda Goad, ekyo kiri ludda wa, bino kati bikwatibwa ku lutambi? Kale. Ensonga lwaki kino tukikola ab'oluganda, kwe kuzuula, kiki ddala ekikulu, ki—kitundu ki, e . . . kiki ekiri ku birowoozo by'abantu, na bintu ki bye—bye tuyigiriza.

5 Ffenna—ffenna tuteekwa okwogera ekintu kye kimu. Kati, okugeza, omuntu ayinza okujja wano, n'agamba, ob'olyawo n'agenda ku kkanisa y'ow'oluganda ono wano, (erinnya lyo erisooka ye ggwe ani, ow'oluganda? Willard. Ow'oluganda . . . Kati, wano waliwo ba Willard babiri, leka nkozese omuntu omulala. Ssinga . . . Kkozi, erinnya lyo erisembayo ye ggwe ani? Crase) Singa agenda mu kkanisa y'Ow'oluganda Crase, Ow'oluganda Crase n'abaako ne ky'ayogera. N'ava mu Sellersburg n'agenda mu kkanisa y'Ow'oluganda Ruddell, Ow'oluganda Ruddell naye n'abaako ne ky'ayogera ekyawukana n'eky'oli. N'agenda mu kkanisa y'Ow'oluganda Junie, ate naye n'ayogera ekyawukana n'ebya bali, bombiriri. Agenda

okujja wano mu kkuŋŋaaniro, nga nawo boogera kya njawulo. Mukiraba? Kitabula abantu.

6 Kati, nga omuntu bw'ayinza okugamba nti, "Ha, ssikkiriza nti kikwetaagisa. . .ddala kikukakatako okufuna Omwoyo Omutukuvu. Ssirowooza nga kyetaagisa." Ka tugeze, nga, Ow'oluganda Crase y'agamba bw'atyo. N'ogenda e—ewa Ow'oluganda Ruddell, ate ye n'agamba nti, "Weewaawo, kikulu." Bw'ova eyo n'ogenda emmanga mu kkanisa ya Junie, ate ye n'agamba nti, "Naye, era tekirina kya maanyi kye kikyusa." Mukiraba? Singa fenna twali tusobola okukwatagana newankubadde. . .Singa twali tusobola okukuŋŋaanya awamu abaweereza b'omu Jeffersonville bonna (mu kitundu kino) ne tukwatagana ne tuba nga twogera ekintu kye kimu.

7 Kale olw'ensonga eyo, emirundi mingi, abadiikoni n'abayima, babeera balina okutegeera obuvunaanyizibwa bwabwe kye buli. Era akawungeezi kano ndaba nga wano tulinawo omuwanika w'ekkanisa n'alabirira ekkanisa n'okugirongoosa, kale tugenda kutegeera buli omu obuvunaanyizibwa bwe kye buli. Naye mu kino kyonna okusinga (wano) tubeera na bibuuzo ebisobola okubuuzibwa awantu wonna era ebisobola okuddibwamu awantu wonna. Bibeera bibuuzo byangu, okugeza nga obuvunaanyizibwa bw'abayima, obuvunaanyizibwa bw'a. . .Kati, bwe kiba kikwata ku buvunaanyizibwa bwabwe bwennyini obw'ebyo bye balina okukola, obwo ndowooza weebuli butimbiddwa wali eri ku lubaawo mu kaseera kano kennyini, obuvunaanyizibwa bw'omuyima ne by'alina okukola. Naye nalowoozezza nti ob'olyawo. . .

8 Naye waliwo ekyabuuziddwa ekyekuusa ku ekyo, era ndowooza nti tekiriimu kabi konna, nja kukyanukula eddako, Mukama bw'anaaba atusobozesezza okukituukako, kigamba nti:

> **Singa wabaawo obuzibu obw'engeri yonna, omudiikoni alina kukola ki? Kiki ky'a. . . Buvunaanyizibwa ki bw'alina okukola singa wabaawo obuzibu obw'engeri yonna? Alina kukola atya? Mukiraba? Oba omuyima alina kukola ki, oba omusumba alina okukola ki, mu mbeera bw'etyo, bwe wabaawo obuzibu obw'engeri yonna? Enkola eya bulijjo tugimanyi, naye watya singa wabaawo ekibaawo ekyawukana ku nkola eya bulijjo, okiraba, balina kukola batya mu mbeera eyo?**

9 Tubeere nga fenna tumanyi bulungi kye tulina okukola, nga bw'otendeka eggye, fenna tutegeere ebifo byaffe. Kati, ekibinja nga kino, tusobola okubeera wano okumala ekitundu ky'ekiro, ekyo tukimanyi, naye ki. . .Sirowooza nti kyetaagisa. Tugenda kubyanukula. Kati njagala buli kimu. . .

10 Kati, ebibuuzo bino tebiriiko mannya, ebimu biriko amannya, naye sa—ssandyagadde kusoma mannya ga bantu. Kubanga ekibuuzo ka—ka kibeere kya ngeri etya, nja kusomako kibuuzo kyokka. Ndowooza waliwo nga bibiri byokka ebiriko amannya. Naye, mulindeeko, nnandiba nga nninayo ekirala kye nzudde ekiriko erinnya. Ono mmanyi, ye muzeeyi Dokita Ingleman, nnalina okugenda mmulabe ku—ku ludda olw'ebugwanjuba, ku luguudo 4—426 ku ludda olw'ebugwanjuba. Lwe lunaku omusawo omukulu ddala mu myaka emmanga eno gye tubadde olunaku lwa leero, emmanga mu Georgetown, lwe yawonyezebwa, manyanga lwe yadda engulu oluvannyuma lw'okuzirika okumala ekiseera ekinene, ne—n'ebirala bwe bityo ebyaliwo. Kati, ndowooza kino kyabatabudde, kati tugenda kutandika ku bibuuzo byaffe ebisooka bye nnakolako okunoonyereza.

Kati, nja kubasaba tuyimirire.

11 Kitaffe ow'omu Ggulu, tukuŋŋaanye wano nga ekibinja ky'abasajja, abasajja Abakristaayo abakwagala, abakukkiririzaamu, era abawaddeyo obulamu bwaffe n'okuweereza kwaffe okukuweereza. Mu kifo kino waliwo abaweereza, abavubuka, n'abakuliridde mu myaka, balina amakanisa, balina obuvunaanyizibwa mu maaso ga Katonda. Mu kifo kino waliwo abadiikoni abalina obuvunaanyizibwa mu woofiisi zaabwe mu makanisa gano ag'enjawulo. Waliwo abayima, nabo balina obuvunaanyizibwa bwe balina. Abasumba, ababuulizi b'enjiri, n'abalala, ayi Mukama, fenna tulina obuvunaanyizibwa bwe tulina gy'Oli. Era eyo y'ensonga lwaki tujja wamu, ffenna tusobole okwogera ekintu kye kimu nga bwe twagambibwa mu Byawandiikibwa nti kye tuteekwa okukola. Ffenna tuteekwa kwogera kye kimu.

12 Era ayi Kitaffe, tulowooza, nti mu kibiina eky'engeri eno, tusobola okwesanga nga ob'olyawo abamu ku baganda baffe oba abamu ku ffe balina engeri ez'enjawulo ze bategeeramu ebintu, ate nga abamu babuuza kutegeerera ddala Amazima gennyini agakwata ku nsonga eyo ge galiwa. Era tukimanyi nti tetumanyi byonna, buli omu ku ffe. Singa mbaako omu ku b'oluganda bano gwe nsaba okujja ayanukule ebibuuzo bino, ob'olyawo yandibyanukudde nga nze sinakidindi n'okunsinga. Naye fenna wamu twesigamye ku kubikkulirwa Kwo, Otubikkulire okuyita mu Kigambo n'okuyita mu. . .ku bw'Omwoyo Wo, tulyoke. . .tusobole okuba n'eky'okwanukula eri buli kibuuzo. Emitima gyaffe gi. . .tusobole okujjuzibwa n'okwanukulwa era tusobole okugenda nga tuwulira nti tutendekeddwa bulungi ku lw'okukuweereza n'okuweereza mu wofiisi yaffe okusinga—okusinga bwe tuli kati. Ekyo ky'ekigendererwa ky'okubeera kwaffe wano, ayi Kitaffe. Kaakano tukusaba okikkirize.

13 Era oyanukule ebibuuzo byaffe, ayi Kitaffe, nga bwe tukulindiridde. Tusaba waleme kubaawo kutabulwatabulwa

kwonna mu birowoozo byaffe, wabula tulondoole ekibuuzo ekyo okutuusa nga kyanukuddwa mu bujjuvu era nga tumatidde n'Omwoyo, nga tukkiriziganya awatali kakunkuna olw'Okubeerawo Kwe. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

14 Njagala mbeeko Ekyawandiikibwa kye nnokola, kye mba ntandika nakyo. Nga Isaaya bwe yagamba, nnabbi yagamba nti:

O *mujje. . .tuteese, bw'ayogera* MUKAMA*:. . .*

15 Era ndowooza eyo y'ensonga lwaki tuli wano akawungeezi kano, kwe kugezaako okuteesa, okubaako bye tukubaganyaako ebirowoozo tubitegeere. Era kati ŋŋenda kutandika. . .kati nninawo wano ebintu ebimu bye nnawandiise okusinziira ku nnamba ez'enjawulo n'ebirala, bye nnasabye, Ow'oluganda Wood ono bye yazudde; nnina ebbaasa eno ejjuddemu okwanukulwa okw'enjawulo. Era kati njagala buli omu ku mmwe, baganda bange abaagalwa, akitegeere nti—nti eby'okuddamu bino bi—byanukulwa mu ngeri esingirayo ddala okuba entuufu gye mmanyi, era mu kutegeera kwange okusingayo.

16 Era okwanukulwa kuno si ky'ekyenkomeredde, mukiraba, kubanga Ebyawandiikibwa byokka bye birina eky'enkomeredde, naye okusinziira nga bwe mmanyi bikwatagana n'Ebyawandiikibwa. Ekyo nsuubira kirambulukufu. Era kati olutambi lugenda kuterekebwa kale singa wanaabaawo alwetaaze, weewaawo, asobola okulufuna. Naye kati, nkimanyi Ebyawandiikibwa ky'ekyenkomeredde naye eby'okuddamu byange si ky'ekyenkomeredde. Kale nkakasa nti ekyo buli omu akitegeera. Era nga bwe biri nti si—si ky'ekyenkomeredde, muli ba ddembe ob'olyawo okumbuuza essaawa yonna.

17 Bwe wabaawo ekibuuzo ky'omuntu omulala yenna, tekirina kuba kibuuzo kyo, naye bwe kiba kibuuzo nga kya muntu mulala, ob'olyawo obadde tokirowoozangako, naye kintu kye tuli wano okuyamba. Tuli wano o—okujja awamu kubanga tuli mu nnaku ez'enkomerero, era ennaku zino mbi, era—era twagala tutendekebwe, tuyigirizibwe.

18 Ow'oluganda Stricker, mujaasi; Ow'oluganda Goad emabega wali, naye mujaasi; era ndowooza n'Ow'oluganda Ruddell ono wano, naye yali mujaasi; Ow'oluganda Beeler; n'abalala ab'enjawulo a—abaali babaddeko mu magye; mutuula wamu, ne—ne muwaŋŋana amagezi, ne mutegeera olutalo bwe lunaabeera nga temunagenda wabweru kulwana, ne mutegeera obukodyo bw'omulabe bwonna bwe musobola okumanya, musobole okugenda mumweŋŋange gy'ali.

19 Bwe nnali nkyakuba ebikonde, baategeeranga gwe nnaavuganya naye, bw'anaabera, engeri gy'akasukamu eŋŋuumi ze, oba agikuba agisitula waggulu oba agikuba agiggya ku mukono gwa kkono oba agiwummuza n'omukono gwe ogwa ddyo, n'okumanya oba nga akozesa mukono gwa

ddyo oba gwa kkono, n'amaanyi g'alina, n'engeri gy'akyusaamu ebigere bye, n'engeri gy'akozesaamu amaaso ge, na ludda ki kw'asinziirira, n'obukodyo obw'enjawulo bwonna bwe twasobola okumumanyaako. Era baategeeranga kiki . . . a—abatendesi kye baali balabye ku musajja oyo bwe yali alwana. Olwo ne babaako omusajja gwe banteeka naye mu miguwa okuntendekera ddala ng'omusajja oli bw'alwana, nsobole o—okumanya ky'anaakola.

20 Era ekyo kye kituleese wano akawungeezi kano. Tumanyi engeri omulabe gy'alwanamu. Tumanyi obukodyo bwe. Era tuli wano akawungeezi kano n'Ebyawandiikibwa okumuzinduukiriza aleme kuseguka, kubanga omulabe ali ku buli ludda.

21 Ow'oluganda Roberson, nninga gwe nnengedde, emabega wali, mazima ddala ateekwa okuba amanyi kye kitegeeza okubeera omujaasi. Mazima ddala obujaasi yabumalamu ekiseera ekiwererako ddala! Bajaasi bameka abali wano, ka tubalabe, abaaliko abajaasi mu magye? Laba laba, mulaba, abajaasi muwerera ddala. Kale, kati, mmwe mumanyi kye kitegeeza. Era ekyo kye mutendekebwa, si bwe kiri, Ow'oluganda Roy, n'Ow'oluganda Beeler, nammwe abaazirwanako n'abalala? Kwe, kutegeera enkola y'omulabe, "Anaakola atya? Alwana atya?" ne mumanya engeri y'okumweŋŋanga.

22 Era ekyo kye kituleese wano, tutegeere engeri omulabe gy'alwanamu ne—n'engeri y'okumweŋŋanga, n'ekinaamumegga.

23 Era mujjukire, kino leka nkyogere, ab'oluganda, ekkanisa eno entono etandise okufuna ebirabo, mukiraba, watandise okubaawo ebirabo mu kkanisa. Naye oba waliwo ebirabo oba nedda, bwe watabangawo kirabo kyonna, muleke mbabuulire, ekirabo tekijja kuwangula mulabe bulijjo, naye Ekigambo kijja kumuwangula. Ekigambo kijja kumweŋŋanga ka wabe wa.

24 Era ekyo, Yesu bwe Yali ku nsi yakikakasa. Ye . . . Yali Katonda ayambadde omubiri. Naye teyakozesaako n'ekimu ku birabo Bye byonna ebirungi kukuba mulabe. Tukiraba mu Matayo e . . . ndowooza kiri mu ssuula ey'o 2 manyanga ey'o 3 eya Matayo, Yagamba . . . Nedda, kiri mu ssuula ey'o 2 eya Matayo, bwe Yeŋŋanga omulabe, Yemweŋŋanga yeesigamye ku Kigambo nti, "Kyawandiikibwa."

N'omulabe n'amwanukula n'amugamba nti, "Kyawandiikibwa."

25 Naye n'Amuddamu nti, "N'era kyawandiikibwa," bwe kityo, okutuusa lwe Yakuba omulabe. Era eyo y'ensonga etuleese wano, kwe kweŋŋanga omulabe n'ebintu Katonda bye yatuwa o—okukozesa okumweŋŋanga.

26 Kati wano nninawo ebibuuzo nga bina ebiri ku . . . biri ku lumu—biri ku lupapula lumu, era kati nnabiwadde ennamba

okuva ku: emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga . . . munaana, kkumi, n'okweyongerayo. Era bino olunaaba okubimalayo, nga ndyoka nkwata ku ebyo. Agamba nti:

**107. Ow'oluganda Branham, ebibuuzo bino bwe biba tebiri ku mulamwa osobola okubireka n'otabyanukula, era sijja kuwulira bubi nga tobyanukudde kubanga nja kutegeera nti tegwabadde mukono gwa Mukama.** Ekibuuzo nnamba emu: **Ow'oluganda Branham, nkuwulidde . . . nti kirina—kirina okudda mu . . . Nku—nku—nkuwulidde nga ogamba nti nsaanye nkomewo mu buweereza, era nange kennyini nkirowoozezzaako, naye nnindiridde okubaako ekigambo ekikakafu kye nfuna okuva gy'Ali ku nsonga eyo. Naye n'okutuusa leero tekinajja. Kaakati, nga bwe nkimanyi nti enkomerero eri kumpi nnyo, era nsigale nga nkyalindiridde Mukama waffe Yesu o—okwogera nange? Oba, kinaamusanyusa okukubuulira ky'oba oŋŋamba, nga bwe nkimanyi nti ggwe mwogezi we mu mulembe guno?**

27 Kale, kati, ow'oluganda, na . . . eky'okuddamu kyange ku nsonga eyo nnina wano we nakiwandiise. Katonda okuyita ow'oluganda ono, okuba nti aliko okuyitibwa mu bulamu bwe, kati, awo waliwo ekintu eky'amaanyi ennyo ddala kye tusobola okukwatako nga eky'okuyigirizaako ne tukibuulirako ekiro kyonna, mukiraba, ekintu ekyo ekimu ekigamba nti, "okuyitibwa." "Munyweze okuyitibwa kwammwe n'okulondewa kwammwe," mukiraba. Tetwagala kubeera awo nga twebuuza oba ddala twayitibwa. Oteekwa okuba nga wayitibwa ekitali ekyo ojja kuwangulwa, tulwana lutalo. Mukiraba? Era bw'oba okakasiza ddala, ow'oluganda, nti okuyitibwa kwo Katonda ye yakuyita, era Katonda yakuyita okubaako omulimu gw'okola . . .

28 Kati, awo waliwo akakodyo ak'amaanyi ennyo omulabe k'asobola okukozesa okukuzannyirako. Asobola okukuleetera okulowooza nti tewayitibwa ate nga wayitibwa, ate n'akyuka n'akuleetera okulowooza nti tewayitibwa; manya n'akuleetera okulowooza nti—wayitibwa ate nga tewayitibwa; mu ngeri y'emu, asobola okukuleetera okulowooza nti tewayitibwa ate nga wayitibwa. Kale ekyo olina okukyegendereza.

29 Kati, eno y'engeri y'okukikolamu. Sooka otegeere . . . Naye, kati, wano nkuwa buwi magezi, ekintu kyokka kye nsobola okukuwa ku nsonga eno kwe kukuwa amagezi. Okiraba? Naye kakasa nti okuyitibwa kwo kuva eri Katonda, oluvannyuma okebere ebigendererwa byo n'ebiruubirirwa byo. Okiraba? Kati, kye ntegeeza mu ekyo okimanyi. Ggwe okubuulira olina kigendererwa ki? Oyagala kubuulira lwakuba . . . Walowooza gwali mulimu mwanguko okusinga gw'olina? Awo byerabire, okwo tekwali kuyitibwa.

30 Okuyitibwa kwa Katonda kubugujja mu mutima n'otuuka okuba nga tosobola kuwummula emisana n'ekiro okutuusa nga

okukoze. Tosobola kukwewala, kubeera kukusindiikiriza buli kiseera.

31 Naye—naye bw'oba wagenda okubuulira. . . Nga ogamba, kale, kati, ekigendererwa ekirala kiri nti, "Nzikiriza, ku mulimu gwe nnina, singa nsobola okubeera omubuulizi w'enjiri alina obuwanguzi oba omusumba, ne mba n'omusaala omulungi ogumpeebwa, ne mba n'amaka gye nsobola okugenda n'ebirala, ne mbeerawo, ddala nzi—nzikiriza ekyo kiba kintu kirungi, era kyangu nnyo okusinga kye nkola kati. Era eky'amazima ndowooza nti kiba kijja. . . " Kati, okiraba, okusooka kwa byonna ekigendererwa kyo kikyamu. Okiraba, si kituufu. Okiraba? Mu ekyo oli—oli mukyamu.

32 Oba oyinza okugamba nti, "Naye, weesanga lwakuba ndi . . . ndowooza ob'olyawo abantu bajja kunnettanira mbeere wa ttutumu." Okiraba, ojja kukizuula nti ojja kuba oyolekedde okulemererwa okubi ennyo. Weewaawo, okiraba!

33 Naye, kati, ekigendererwa kyo bwe kiba nti "Sifaayo oba nnaalya bu bisikwiti ne nnywa amazzi g'oluzzi, mu buli ngeri nja kubuulira Enjiri." Nga waliwo ekikumazeeko emirembe munda mu ggwe nga ogamba nti, "Nteekwa okubuulira Enjiri ekitali ekyo nja kufa!" Okiraba? Kati awo o—osobola okubaako ne w'ogenda, kubanga Katonda y'abeera akolagana naawe. Katonda abeera Yeeyoleka gy'oli, kubanga Katonda y'aba akuleetedde obutatebenkera. Ate, emirundi egisinga, omusajja aba ayitiddwa Katonda aba tayagala kukikola. Ekyo mwali mukirowoozezzaako? Omusajja yenna . . .

34 Juuzi wano waliwo ab'oluganda abalungi abambuuza, nti, "Kaakati nga bwe tuzze mu Kkubo, Ow'oluganda Branham, kaakati nga bwe tuzudde Mukama ne tufuna n'Omwoyo Omutukuvu, kaakati tunoonye ebirabo obuweereza bwaffe bye bulina okukola."

35 Ne mbagamba nti, "Temugezanga ne mukikola." Mukiraba? Temugezanga okuwa abantu amagezi okukola ekintu bwe kityo, kubanga ebiseera ebisinga omuntu aba ayagala okukikola ye muntu aba ta—tasobola kukikola.

36 Omuntu oyo abeera agezaako okukidduka Katonda gw'akozesa. Mukiraba? Bw'aba agezaako okukidduka nga agamba nti, "Ha, ow'oluganda, nkubuulira, nze. . . weewaawo okuyitibwa nkuwulira mu nze naye nze. . . Wuuu! Bannange, ssaagalira ddala kukikola." Kati nno, ye ggwe, okiraba. Oyo—oyo agezaako okudduka.

37 Naye bw'aba—bw'aba awulira ayagala nnyo okukikola, okusooka kwa byonna yeesanga "muwaganyavu." Nga bw'oyinza okugamba nti, "Ayi Katonda, nkusaba Ompe amaanyi agasiguukulula ensozi, nkukakasa, nja kubaako ne kye nkukolera, Ggwe nzikiriza nsiguukulule ensozi." Nedda, oyo tajja kukikola, ye kennyini tasobola na kweteeka mu ndowooza

ntuufu, okiraba, kitegeeza ne Katonda tayinza kumukozesa kusiguukulula nsozi.

38 Twala eky'okulabirako, kya, Pawulo. Olowooza Pawulo yali asobola okudduka okuyitibwa kwe? O, ow'oluganda! Yali tasobola kukikola. Kwamusindiikiriza emisana n'ekiro okutuusa lwe yava mu kkanisa ye, n'aleka buli kimu n'a—n'agenda mu. . .nzikiriza mu Asiya, si bwe kyali? N'abeera eyo okumala emyaka esatu, nga bw'asoma Ebyawandiikibwa okubyekkaanya, okuzuula oba nga ddala Kyali kituufu oba nedda, mukiraba, okuzuula oba ddala Katonda yali amuyise.

39 N'olwekyo Katonda bw'aba akuyita, ow'oluganda, era ne kisigala nga kisima ku mutima gwo, awo nja kukugamba kimu nti "Teeka ku bbali buli buzito bwonna, n'ekibi ekyanguwa okukutega." Okiraba? Bwe. . .Naye bwe kiba tekikusima, awo bwe nandibadde ggwe sa—sa—sandikirowoozezzaako nnyo kiri awo. Kireke bulesi kituuke mu kifo kyakyo.

Kati, agambye, ow'oluganda ono agambye wano eno nti:

**Ow'oluganda Branham, nsaanye. . .Olowooza Katonda asobola okwogera. . .**(nange ne mmugamba.)

40 Nzikiriza Katonda asobola okwogera naye butereevu. Kubanga, omanyi, Katonda. . .Tetuli banene nnyo kutuuka kuba nti Tasobola kwogera naffe. Kale weewaawo, A—A—Ajja kwogera naffe. Mukiraba, kimu kyokka Ajja. . .Ajja kwogera naffe.

41 Kubanga mbabuulira, ssinga Aŋŋamba, kati awo ow'oluganda abeera asobola okugamba nti, "Kasita, Yagamba Ow'oluganda Branham kale, Katonda atenderezebwe!"

42 Naye, olaba, Ow'oluganda Branham si y'abeera akuwa okuyitibwa, wabula Mukama waffe Yesu y'abeera akuwa okuyitibwa. Okiraba? Era Mukama waffe Yesu bw'abeera nga y'akuwa okuyitibwa, Ajja kwogera naawe. Okiraba? Nze nsobola okwogera naawe mu matu go, naye Kristo bw'akuyita mu buweereza ajja kwogera naawe mu mutima gwo. Okiraba? Eyo mu mutima ekintu ekyo gye kirina okunywezebwa era tosobola kukyetakkuluzaako.

Kati, nzikiriza tugenda ku kibuuzo eky'okubiri. . .

43 Kati bwe wabaawo ekibuuzo kyonna ku ekyo, ekibuuzo kyonna ku kyo, mukiraba, nti okuyitibwa kw'omuntu kulina kubeera mu mutima gwe, nga kuva eri Katonda. Era—era ow'oluganda omulala. . .O, ekibuuzo kino eyakiwandiise mmumanyi. Mukiraba, eyakiwandiise mmumanyi, waaluganda ow'omuwendo, omwagalwa, ow'ekisa gwe nzikiriza ddala nti alina okuyitibwa kwa Katonda. Naye kati. . .ssandyagadde akikole nga yeesigamye ku bigambo byange (y'ensonga lwaki nkyanukudde mu ngeri gye nkyanukuddemu), mukiraba,

aleme kwesigama ku nze nga ŋŋamba nti; "Kale, weewaawo, Ow'oluganda *Gundi* asaanye agende mu buweereza." Mukiraba?

44 Kati osobola okugamba nti, "Ow'oluganda Branham ye yaŋŋamba nti nsaanye nkikole." Mukiraba, naye kati watya singa Ow'oluganda Branham wabaawo ekimutuukako, ne nzitibwa, oba ne nfa, oba—oba ne nvaawo? Kati awo, olaba, okuyitibwa kwo kuba kukomye. Naye Yesu bw'akuyita, ow'oluganda, kasita waba nga waliyo Obutaggwaawo okuyitibwa okwo kulisigala kuwulirwa mu mutima gwo. Okiraba? Era ojja kuba omanyi w'oyimiridde.

Kati ku ky'okubiri . . .

45 Manya ekibadde kigamba nti, "Nga bwe nkimanyi nti z'ennaku ez'enkomerero." Mazima ddala ow'oluganda mmusiima olw'ekyo. Mazima ddala ow'oluganda oyo mmusiima olw'ekyo olw'okukitegeera nti tuli mu nnaku ez'enkomerero, era mu bwesimbu bw'omutima gwe, n'ayagala abeeko ne ky'akolera Kristo.

Ekibuuzo ekiddako kigamba nti:

**108. Kati, singa Mukama waffe ow'omuwendo anzikiriza okubaako akantu akatono ke mmukolera, kinneetagisa okuddayo mu bitundu gye nnaweererezanga nga ekitundu ekimu . . . ndi mu nsobi (nga weewaawo nkyejjusa) . . .** ekyo yakitadde mu bulaketi . . . **ngezeeko okubabuulira Amazima? Omutima gwange guwulira—guwulira gubalumirirwa.**

46 Nedda, ow'oluganda, ssirowooza nga kikwetaagisa okuddayo mu kitundu kye kimu. Era nzikiriza, ow'oluganda omwagalwa, nti Mukama bw'akuyita Ayinza obutakuganya kuddayo mu kitundu gye wali, era ob'olyawo gye wayigiriza ebintu oba gye walina ebintu ebitaali . . . leero by'olaba mu ngeri ey'enjawulo, okiraba, by'oyinza okulaba mu ngeri ey'enjawulo ku gye wabirabangamu mu kiseera ekyo. Kati, kale Mukama, bw'Akuyita, Ayinza . . . okuyitibwa okwo singa akukakasa gy'oli, Yandikusindika awantu awala wonna. Okiraba? Oyinza obuteetaaga kubaako kitundu gundi nti gy'olina okugenda oba ekintu kyonna.

47 Bwe wali mu kitundu ekyo wali mwesimbu. Nga bwe ŋŋambye, ow'oluganda ono mmumanyi, eyawandiise ebibuuzo bino. Mu bwesimbu obusingirayo ddala, era nga Omukristaayo yennyini owa nnamaddala, wakola ekisingayo obulungi kye wali osobola okukola n'ebyo byonna bye wali omanyi okukola, era ekyo kyokka Katonda kye yeetaaga. Okiraba? Kati, singa Katonda akuyita oddeyo mu kitundu ekyo, singa mbadde ggwe nnandizzeeyo nate era. Naye bw'Atakuyita kuddayo, nzi— nzikiriza nnandigenze bugenzi awalala yonna gy'aba Antumye. Waliwo ekibuuzo?

Nnamba ssatu:

**109. Omuntu ategeera atya ekifo kye ekituufu mu Mubiri gwa Kristo?**

48 Ekyo kibuuzo kirungi, kirungi nnyo, "Omuntu ategeera atya. . ." Ekyo kye kyandibadde ekika ky'ekibuuzo mu bangi ku ffe abali wano akawungeezi kano, "Otegeera otya ekifo kyo ekituufu?" Kati, nteebereza nti ow'oluganda ono ayagala kumanya "Kifo ki, *kiki* mu Kristo, kitundu ki ekya Kristo kye nkola?"

49 Kati, eky'okulabirako, nnyinza kugamba bwenti, ow'oluganda, okukuwa eky'okuddamu ekisingayo obulungi kye mmanyi. Ekifo kyo kiri. . .mu Kristo kikubikkulirwa Mwoyo Mutukuvu. Era bw'oba oyagala okumanya oba nga Mwoyo Mutukuvu oba nedda, wekkaanye olabe oba awa omukisa by'okola, oba nedda. Bw'Abiwa omukisa, kitegeeza ye Ye. Bw'Atabiwa mukisa. . .

50 Kiringa omuntu omu bwe yaŋŋamba gye buvuddeko, nti, "Mukama yampita okubuulira."

Ne mmugamba nti, "Kati nno, buulira." Mukiraba? Bw'atyo n'a—n'a. . .

51 Muli ndowooza nti weewaawo kibaawo bwe kityo. . . Ssetaani, singa asobola okuleetera omuntu o—okweyisa bw'atyo ate oluvannyuma n'amulimbalimba, ekyo kyennyini ky'ayagala akole. Olwo ensi yonna bwe bava awo nga bamusongamu olunwe. Omuntu ayinza okulowooza nti alina ekirabo eky'okwogera mu nnimi n'okuzivvuunula; omulala nti alina ekirabo eky'okuwonya okw'Obwakatonda; omulala nti alina ebintu bino nga. . .Oluusi babeera bakyamu mu bintu ebyo, mukiraba. Ate oluusi balowooza tebabirina ate nga babirina. Kale kiba kya kwegendereza nnyo.

52 N'olwekyo bulijjo kino kye muba mukola ab'oluganda, buli lw'owulira nti waliwo ekintu ky'olina okukola, sooka ozuule oba nga kiri mu Byawandiikibwa ggwe okukikola (oba mwekiri mu Byawandiikibwa). Si kubeera nti waliwo awantu awamu we kiwandiikiddwa, naye ntegeeza okubeera nti kisangibwa mu Byawandiikibwa byonna okuyita mu Bayibuli ggwe okukikola, ekifo kyo, tugeze bw'oba oyagala kubeera mubuulizi wa njiri, oba omusumba, oba muyigiriza, oba nnabbi, kyonna Katonda ky'ayinza okuba nga yakuyitira okubeera. Okiraba? Oba nga olina ekirabo eky'okwogera mu nnimi, ekirabo eky'okuzivvuunula, ekirabo ekya—eky'engeri yonna ku birabo omwenda eby'omwoyo ebiri mu kkanisa, ne woofiisi z'ekkanisa ennya ez'omwoyo, n'ekifo kyonna, sooka olabe oba Katonda y'akuyita.

53 Kati, ebiseera ebisinga, engeri gye nkyekkaanyaamu, nga nze. . .bwenti bwe nkikola, nneetegereza obutonde bw'omuntu oyo ne ndaba n'ekika ky'ekirabo ky'agamba ky'alina. Mukiraba,

Katonda ajja kukolagana n'ekitonde Kye nga bwe yakikola. Mukiraba? Ajja kukola ekitonde. . .

54 Bw'olaba nga amala gatwalirizibwa na buli kimu n'amala gagenda atyo, ggwe. . .ate nga agamba mbu, "Mukama yampita kubeera *kino-na-kino*, kubeera musumba." Kati, omusumba tayinza kuba muntu amala gatwalirizibwa. Omusumba abeera munywevu, nga aggumidde. Mukiraba?

55 "Katonda yampita kubeera muyigiriza." Wekkaanye engeri gy'ataputamu Ekigambo. Okiraba? Bw'amala gakitabulatabula, awo osobola okumanya ky'ali. Okiraba?

56 Naye, kati, eky'okukola, ekifo kyo emirundi egisinga kimanyibwa ku kuba nti osobola okukikola oba nedda.

57 Kati, Katonda bwe yampita okubeera omubuulizi w'enjiri, nze nnali njagala kubeera musumba. Nga mpulira kijja kuba kirungi okusigala wano eka. Naye Mukama n'ampita. Era okukkakkana abantu bonna ne bakwatagana wamu. . .Tewali n'omu ku bo akyali mulamu akawungeezi kano, ne bakaaba ne bagenda ku luguudo lwa 1717 Spring Street. Waaliwo omukyala, Muky. Hawkins erudda wano, eyansisinkana n'aŋŋamba (nga bw'akaaba, mu kiseera ky'akatuubagiro k'eby'enfuna, mulirwaana omu we yafumbiranga ebijanjaalo ffenna ne tugenda ewuwe ne tulya ku ebyo), n'aŋŋamba nti, "Nja kusala ku mmere y'abaana bange gye balina okulya bw'oba onaazimba ekkuŋŋaaniro." Mukiraba?

58 Naye okuyitibwa kwange kwali kwa kubeera mubuulizi wa njiri. Lumu ku makya. . .Kye njogerako kiri munda wano wennyini mu jjinja lino ery'oku nsonda, singa tubadde tusobola okusima ne tukiggyayo akawungeezi kano, mwandirabye olupapula lwe nnayuza okuva mu Bayibuli yange we Yaŋŋambira okubeera omubuulizi w'enjiri. Mukiraba? Era ssaafuna buwanguzi nga omusumba, era siribufuna, kubanga sirina bugumiikiriza na kye kyetaagisa kubeera musumba. Mukiraba? Kale n'olwekyo ssinga ngezaako okusumba, ssaandikisobodde n'akatono mu ngeri y'emu nga omusumba bw'ayinza okugezaako okubeera omubuulizi w'enjiri.

59 Mulaba kye ntegeeza? Osobola okulaba engeri Mukama gy'akuyitamu, n'otegeera ekifo kyo kye kiri mu Mubiri. Waliwo ekibuuzo?

**110. Abantu bonna abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu boogera mu nnimi amangu ddala nga baakamufuna oba oluvannyuma lw'okumufuna?**

60 Ekyo ky'ekibuuzo ekisooka, "Abantu bonna abafuna Omwoyo Omutukuvu. . ." Kati, byonna biri mu kibuuzo kimu, okwanukulwa kw'ekibuuzo ekyo nnamba nnya nnina wano we nnakiwandiise. Naye ka—ka njogere kino okusooka, mukiraba:

**Abantu bonna abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu boogera mu nnimi amangu ddala nga baakamufuna oba oluvannyuma lw'okumufuna? Nnina we nnazuula Pawulo we yagamba nti "bonna mbasinga okwogera mu nnimi."**

Kale, ekyo ky'ekibuuzo nnamba nnya: **Bonna boogera ennimi nga bafuna. . .**Manyanga, nedda, kigamba nti: **Bonna boogera ennimi. . .**Nedda: **Abantu bonna abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu boogera mu nnimi amangu ddala nga baakamufuna oba oluvannyuma lw'okumufuna?**

61 Kati, ow'oluganda, nze. . .Kino kibuuzo kya buziba. Kati, awo, wandiba. . .Nnandiba n'eby'okuddamu eri ekibuuzo kino.

62 Omwoyo Omutukuvu, ekitundu ku Mwoyo Omutukuvu kwe kuggyibwako omusango. Awo w'otandikira. . .Katonda alina okukuyita ekitali ekyo toliyitibwa. Okiraba, tewali ky'oyinza kukola ku bubwo. "Tewali muntu yenna ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka." Si bwe kiri? N'olwekyo ekitundu ku kuggyibwako omusango ye Mwoyo Omutukuvu.

63 Mwampulira nga nyinyonnyola omusomesa oli Omuluzalaani luli ku bikwata ku musiri gwa kasooli? Mukiraba, "Kasooli, omusajja yagenda n'asimba bubiri. . . n'asimba omusiri gwe ogwa kasooli. Enkeera ku makya n'agendayo nga 'tewali kintu kyonna.' Bwe waayitawo akaseera n'asangayo obukoola bubiri nga bukukunuseeyo, n'agamba nti, 'Katonda atenderezebwe olw'omusiri gwange ogwa kasooli!'" Ne mmubuuza nti, "Yalina omusiri gwa kasooli?"

Omusomesa Omuluzalaani n'agamba nti, "Mu ngeri emu aba amulina."

64 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kituufu, mu ngeri emu yali amulina." Naye ne ŋŋamba nti, "Nga. . . " Ne ŋŋamba nti, "Obukoola obwo ye mmwe Abaluzalaani."

65 "Ebiseera gye byeyongera okuyita obukoola obwo bwakula ne bufuuka oluyange. Abo be Bamesodisiti. Omutendera ogw'okubiri ogwa kasooli, lwe luyange." (Ekyo ndowooza bwe kiri, eri mmwe ab'oluganda abava ku ffaamu.) "Oluyange kye lwava lutunuulira ekikoola ne lukigamba nti, 'Huh! Nze ndi luyange, ggwe oli kikoola bukoola! Olaba, sikyakwetaaga.' Naye ate oluyange. . .Empumbu ekongoka okuva ku luyange, n'eddamu n'efuuka ekikoola nate; ekikoola kirina okubaawo."

66 "Kati okuva mu ekyo n'essaako omunwe gwa kasooli. Nga be Bapentekoote, okuzzibwaawo kw'ebirabo nga ekyasigibwa mu kusooka, nga kikomezeddwaawo nga bwe kyali. Kati omunwe gwa kasooli bwe gwavaayo, ne gugamba nti, 'Sikweetaaga, luyange ggwe. Naawe kikoola ggwe, sikwetaaga.'"

67 Naye, mu ebyo byonna, obulamu bwe bumu obwali mu—mu kikoola kya kasooli bwe bwakola oluyange. Era obulamu obwali mu kikoola ne mu luyange bwe bwakola empeke. Kati Omwoyo Omutukuvu okwogera mu nnimi kye kiki? Gwe mutendera ogw'okuggyibwako omusango ogwa wagguluko. Mukiraba? Ekkanisa y'Abapentekoote kye kiki? Be Baluzalaani ku mutendera ogwa wagguluko. Mukiraba?

68 Naye kati omutendera ogwa wagguluko bwe gujja, ekibuuzo kibeera nti, "Olwo nsigale ku mutendera kwe mbadde?" Nedda! Nedda, kasooli abeera akuze. Okiraba? Ogenda mu maaso n'empeke. Tandika na—na Kigambo, empeke, Kijja kuvaamu okuggyibwako omusango. Era osigale mu kuggyibwako omusango okutuusa lwe Kinaavaamu okutukuzibwa. Osigale mu kutukuzibwa okutuusa lw'onoofuna Omwoyo Omutukuvu.

69 Kaakati bw'onoofuna Omwoyo Omutukuvu, Anaakola ki? Kiki. . .Ekibuuzo mukyakijjukira, si bwe kiri? Kale:

**111. Kitegeeza ki "okwogera mu nnimi"?**

70 Okwogera mu nnimi si kirala wabula kwe kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu eyakuggyako omusango era eyakutukuza. Kubeera kujjuzibwa nnyo! Kati, nabadde njagala. . .ekibuuzo kino nabadde nkyagala. Katonda akimanyi nti ssaakitegeddeko nti omusajja ono anaakibuuza, anaakyanukula. . .manya anaakibuuza.

71 Kati, ebbugumu lingi nnyo. . .ebbugumu bwe lisukka, mugguleewo oluggi olwo bwe muwulira nga mutandiikiriza okusumagira. Kino njagala mukifune bulungi nnyo ddala era mukitegeere. Kale kubanga e—ebbugumu lingi, lyandibaleetera okusumagira.

72 Kaakati mulabeeyo, mulabeeyo kino: okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

73 Kaakati mulabeeyo wano, kiikino. Leka mbawe ekifaananyi eky'okulabirako. Kati, nzuuno wano, ndi mwonoonyi, ntambula ŋŋenda ludda *eno*. Lumu, oluvannyuma lw'akaseera, wabaawo Ekintu ekyogera nange. Naye tewali kintu kyonna kiyinza kukyusa gye ndaga okuggyako Katonda. Si bwe kiri? *Lino* ly'ekkubo lye mbadde nkutte. Kaakati, bwe nkyuka, okwo kwe kuggyibwako omusango kwange. Si bwe kiri? Kaakati, ekifaananyi kye kintu kyange kye nduubirira okutuukako, mukiraba, ekifaananyi kya Kristo.

74 Kati njagala ekifo we nsobola okuwulira obulungi nga ndi w'Ali. Mukiraba, nzigyiddwaako omusango. Kati ntuuse ku mutendera guno *wano* we nsobola okwogera Naye, kubanga. . . Naye mpulira nswala. Nkyanywa sigala, nkyalimba, nkyakola obuntuntu obw'okwebbirira bwe sirina kukola, era buli kaseera mbeera *nsituka* bwe *ngwa*, *nsituka* bwe *ngwa*, naye njagala Annongoose anzigyemu ebintu ebyo byonna nsobole

okutuukira ddala w'Ali njogere Naye. Mukiraba? Kale, kuukuno nkutuuseeko, okutukuz-. . .omutendera ogw'okutukuzibwa. Kati, gukoze ki? Gunnongoosezza. Mukiraba?

75 Kati ŋŋenda kweyongerayo ntuuke ku Mwoyo Omutukuvu. Mukiraba? Era bwe nyingira munda *muno* mbeera mu Mwoyo Mutukuvu olw'okubatizibwa. Si bwe kiri? Omwoyo Omutukuvu akola ki? Ampa amaanyi. Amaanyi okubeera omubuulizi, amaanyi okubeera omuyimbi, amaanyi okwogera mu nnimi, amaanyi okuvvuunula ennimi. Ajjudde amaanyi, kubanga Omwoyo Omutukuvu ge maanyi ga Katonda. Ate era gaali maanyi ga Katonda ge gaankyusa okuva gye nnali ndaga. Gaali maanyi ga Katonda ge gantukuza. Kaakano maanyi ga Katonda ge ganzijudde.

76 Kati, lumu nnyinza okuba, nnyimiridde wano nga nnina kye ngezaako okwogera Amaanyi ga Katonda ne ganzikako mu ngeri ey'ekitalo ne ntuuka okuba nga sikyasobola kwogera. Mukiraba? Ne ntandika kunaanaagira bunaanaagizi. Tugeze mbadde ŋŋenda kugamba nti, "Ab'oluganda," nga nnyimiridde bwenti.

77 Kiri bwe kiti, ŋŋenda kukibalaga mu ngeri eno. Ŋŋenda kwogera nammwe ab'oluganda mukakase nti mukifuna. "O—o—oli otya, ow'oluganda?" Mukiraba, nkyaliko omusango. "Uh, ndi—ndi musanyufu nnyo okubeera o—omu ku mmwe. Ndi—ndi—ndi musanyufu nnyo, mukiraba." Kale. Kati, oluvannyuma lw'akaseera, kiki ekiddirira? Nkimanyi mubeera muntunuulira nga mukimanyi bulungi nti nkyakola ebintu, nkyakola ebintu ebirimu obucaafu bw'ensi.

78 Bwe wayitawo akaseera nga nnongoosebwa. Kati waliwo ekibaddewo, ntukuziddwa. Kati nsobola okubatunuula butereevu mu mmunye, ndi omu ku mmwe. Mukiraba? "Kale, ow'oluganda. Katonda atenderezebwe! Ndi musanyufu okubeera mu kibinja ky'Omwoyo Omutukuvu kino. Ndi musanyufu okubeera mu makkati gammwe ab'oluganda abatukuvu." Lwaki? Kati tokyasobola kubaako ky'onvunaana, nnongooseddwa. Naye kati Katonda agenda kunteeka mu buweereza. Kati, yee, ssebo!

79 "Ow'oluganda Branham, waggyibwako omusango?"

80 "Weewaawo! Nzijukira ekiseera lwe nnali ssisobola kukutunuulira mu mmunye. Ow'oluganda, kati nsobola okukutunuulira mu mmunye."

81 Mulaba, awo we tuli. Kaakati, ate kino ekirala kyo kiri kitya? Kati ŋŋenda. . .*Kino* kirongooseddwa ne kiteekebwa ku bbali okusobola okuweereza, ate *kino* kiyingira *mu* buweereza. Kati ffenna tukimanyi nti ekigambo *okutukuzibwa* kigambo eky'Oluyonaani, kigambo eky'Oluyonaani ekirina amakulu ga mirundi ebiri nga kitegeeza "okulongoosebwa, n'oteekebwa ku bbali olw'okuweereza." Ebibya byalongoosebwanga ku mabbali

g'ekyoto, ne bitukuzibwa ku kyoto ne biteekebwa ku bbali *olw*'okuweereza. Naye okubeera *mu* kuweereza kwe kujjuzibwa n'oteekebwa mu kuweereza.

82 Kati, bwe nneeyongerayo ne ntuuka wano eno awo mbeera nnyingidde *mu* kuweereza. Kati, Katonda ye yankyusa, nga aŋŋamba nti, "Mpuliriza. Mpuliriza! Mpuliriza!" N'agamba nti . . .

83 Mutegeera kye ntegeeza? Mukiraba? Ate wano eno, [Ow'oluganda Branham akolamu nga omuntu ayogera mu nnimi—Omuk.] . . .? . . . Mukiraba, wano, obeera ojjulidde ddala . . . Ky'ekyo. Kiikyo, okwo kwe kwogera mu nnimi.

84 Era kati kino kye nzikiriza: Ssikkiriza nti okwogera mu nnimi bwe bukakafu obw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu. Si bwe bwo! Kubanga nnali ndabye abasamize, abalogo, abakwata emisota, emizimu, n'ebirala byonna nga boogera mu nnimi, era tekibeera kikolwa kya Katonda ekituukiridde (bw'oyogera mu nnimi) ekikakasa nti ofunye Omwoyo Omutukuvu. Naye, mujjukire nti, Omwoyo Omutukuvu ayogera mu nnimi ate ne ssetaani asobola okuzigeegeenya.

85 E—obukakafu obulaga nti olina Omwoyo Omutukuvu bwe bulamu bw'otambuliramu, mukiraba, "Mulibategeerera ku bibala byabwe." Era ebibala by'Omwoyo si (tewali wantu wonna we kiri mu Byawandiikibwa) w'osanga kwogera mu nnimi. Ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, okukkiriza, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi, obuteefu, obukkakkamu, obugumiikiriza. Mukiraba, kati, ebyo by'ebibala. Ebyo by'osanga ku muti n'otegeera ekika ky'omuti ogwo. Mukiraba?

86 Ebyo abantu bye babanoonyaamu mmwe ababuulizi, nammwe abadiikoni, nammwe abayima, nammwe ababuulizi b'enjiri. Osobola okwogera mu nnimi ebweru wano ku luguudo luno olunaku lwonna, tebajja kukukkiriza. Naye ggwe tambulira mu bulamu bw'ebyo by'oyogerako, yolesa obukkakkamu, nga emirandira gyonna egy'obukaawu gyakuvaamu, awo abantu bajja kukitegeera nti waliwo eky'enjawulo.

87 "Okwogera mu nnimi." Kati, kino kye nzikiriza, nti obw'olumu, omuntu eyajjuzibwa Omwoyo atava ku kyoto kya Katonda ajja kwogera mu nnimi. Naye nnina bangi be ndabye boogera ennimi nga tebalina n'ekimu kye bamanyi ku Katonda. Mukiraba? Tebalina n'ekimu kye bamumanyiiko yadde, naye nga boogera ennimi. Buli kimu ku birabo ebyo kisobola okugeegeenyezebwa. Mukiraba?

88 Naye ebibala by'Omwoyo bikakasa Mwoyo nnabaki ali munda, bw'obala ebibala eby'obujulirwa bw'Obulamu bwa Yesu Kristo. Kubanga omuti gwa apo bwe gubaamu amasanda g'omuti gw'amatugunda, awatali kuwannaanya gujja kubala

matugunda. Bwe kiri. Mukiraba, kubanga obwo bwe bulamu bwe gubeera gulina munda mu ggwo.

89 Kati, ekyo kye kintu kye kimu ekiri wano. Naye kati, kino okusobola okukibalambululira mukitegeere mwenna, ffenna tutegeere ekintu kye kimu. Nzikiriza nti omuntu eyajjuzibwa Omwoyo . . . Kati omuntu oyo ayingira mu Kristo nga ayita mu kubatizibwa, ate nga . . . ekyo si kwe . . . Okwogera ennimi si bwe bukakafu obulaga nti obatiziddwa. Mukiraba?

90 Okubatizibwa, osobola okubatizibwa okuyingira mu maanyi ga ssetaani, n'oyogera mu nnimi n'okubatizibwa kw'omwoyo gwa ssetaani ogw'obulimba. Mirundi emeka gye tukirabye nga kikolebwa? Mirundi emeka gye nkirabye nga kikolebwa?

91 Nnina ne be mmanyi abanywa omusaayi nga bagunywera mu kawanga k'omuntu ne boogera ennimi.

92 Nnali ndabye abazina amazina nga beetoolozeddwaako emisota eyo mu ddungu bwe beezingirira omusota guno omunene ne beetooloola nga bwe boogera. Ne wavaayo omulogo, n'ayogera mu nnimi nga kw'ogasse n'okuzivvuunula.

93 Nnali mbaddeko mu nkambi zaabwe ez'abasamize gye bateeka wansi ekkalaamu bwe batyo, ne bateekaawo n'ekitabo bwe bati, ekkalaamu ne yeeyiringula nga bw'esituka waggulu bw'edda wansi ku mudumu ogufulumya omukka, ne bazannya akayimba ka, "*Shave and a haircut, two bits*," n'ewandiika mu nnimi ezitamanyiddwa, omulogo n'awa amakulu g'ebyo by'ewandiise n'ababuulira na kiki kyennyini ekibaddewo. Ekyo nkimanyi nze—nze kennyini. Mukiraba? N'olwekyo si . . . Mukiraba, tosobola . . .

94 Pawulo yagamba nti, "Awali ennimi, zirikoma. Awali obunnabbi, bulirememererwa. Awali ebirabo bino byonna, mu kiseera kitono ekijja mu maaso biriggwaawo." (Ekibuuzo ekyo tujja kukikwatako oluvannyuma.) "Naye ebyo ebituukiridde bwe birijja, eby'ekitundu birivaawo." Mukiraba? N'olwekyo twagala ekintu ekituukiridde, ab'oluganda. Mukiraba? Tulabye bingi nnyo eby'ekikwangala ne bituwa okuvvuunulwa okukyamu.

95 Ne tutafaayo kweŋŋanga muntu oyo naye—naye ne tukkiriza nti alina Omwoyo Omutukuvu kubanga ayogera mu nnimi. Mukiraba? Naye mulina kukkiriza nti alina Omwoyo Omutukuvu olw'ebibala by'abala, kubanga Yesu yagamba nti, "Mulibategeerera ku bibala byabwe." Mukiraba? Bwe kiri, "Ku bibala byabwe."

96 Kati, naye kati, ekyo leka nneme kukivaako kati, kubanga ssandyagadde kutyoboola kirabo eky'amaanyi Katonda kye yatuwa. Mukiraba? Era nzikiriza nti omusajja eyajjuzibwa Omwoyo oba omukazi, oba omwana, abeera wansi ku kyoto kya Katonda, tajja kubeerawo bbanga ddene nga tannayogera mu

nnimi. Mukiraba? Nzikiriza nti omusajja oyo ajja kuzoogera, oba omukazi.

97 Kati, osobola okufuna Omwoyo Omutukuvu naye oba oli awo n'otayogera mu nnimi nga omufunye. Mukiraba? Naye singa obeera awo mu maaso ga Katonda buli kiseera, nga bw'okkibwako okubatizibwa okw'omuddiriŋŋanwa, waliwo ekijja okubaawo. Okiraba? Lumu olijjula otuuke obutabaako kintu kirala kyonna ky'oyogera; okiraba, o—o—ogezeeko okubaako ne ky'oyogera, naye nga tosobola kukyogera, nga tosobola kukyogera. Era emirundi mingi singa ekyo abantu bakitegeera nti oyo abeera Mwoyo Omutukuvu bandigenze mu maaso ne bamuggulirawo emitima gyabwe ne bawa Katonda omwagaanya okwogera nabo.

98 Bayibuli egamba nti, "N'emimwa eginanaagira n'ennimi endala Ndyogera eri abantu bano." Isaaya 28, mukiraba, 28:18. Kati, "N'emimwa eginaagira n'ennimi endala Ndyogera."

99 "Okunanaagira" kye kiki? Ye muntu atasobola kwatula bulungi bigambo, abeera agamba, "Huh, uh, uh, huh, uh, huh, uh, huh." Obeera . . . onanaagira bunanaagizi, ogezaako okwogera, "Huh, uh, huh." Okiraba, nga ojjudde nnyo Omwoyo! Agezaako okugamba . . . Ka tugeze nga njagala kugamba nti, "Ow'oluganda Ja-Jack- . . . Ja- . . . Ow'oluga Jack- . . . Ow'oluganda Ja-Ja-Jack-Jack-Jackson." Mukiraba, bw'otyo, nga ogezaako okwogera, naye tosobola kukyogera. Mukiraba, okwo, kwe kubeera nga ojjudde nnyo Omwoyo! Ki . . .

100 Njagala mbeeko ne kye mbabuuza ab'oluganda, wali obaddeko awo n'owulira Omwoyo Omutukuvu nga akuyuuguumya okukamala n'otuuka okuba nga tolina kintu kyonna ky'osobola kwogera, oluusi n'otuula butuuzi wansi n'osiriikirira, n'otuula awo n'okaaba? Ekyo kyali kibabaddeko? Kati, oyo abeera Mwoyo Mutukuvu. Singa osobola oku . . . Ensonga lwaki abantu teboogera nnyo nnimi, eri nti tebamanyi bwe balina kwewaayo eri Mwoyo kale babaako ekintu kye banoonyeza ewala ate nga Ali ku bo bennyini. Mukiraba? Y'ensonga lwaki teba . . .

101 Ate abamu babaako enneewulira ey'engeri emu gye beeyingizaamu ne babaako ebigambo ebitaliimu makulu bye boogera, naye nga tebafunye Mwoyo Mutukuvu, ne bagezaako okugamba nti bamufunye kubanga boogedde mu nnimi. "Mulibategeerera ku bibala byabwe," mukiraba.

102 Kati, waliwo ekibuuzo? [Ow'oluganda Junior Jackson agamba nti, "Ow'oluganda Branham?"—Omuk.] Wangi, ow'oluganda. ["Ndi musanyufu okuba nti ekibuuzo ekyo kyabuuziddwa, kubanga nkakasa waliwo abamu ob'olyawo abayinza okwebuuza kye mbadde nzikiriza era kye njigirizza okumala ebbanga eddene. Naye nkikkiririza ddala nga bw'okiyigirizza."] Weebale, Ow'oluganda Jackson. ["Ne bwe

njogera ennimi okwenkana wa, oba ekintu kyonna, obulamu bwange bwe butakwatagana n'ebyo Bayibuli by'egamba siba na njawulo na mbwa engwagwa etambula ku luguudo."] Bwe kiri. ["Era ssaayogerako lulimi lutamanyiddwa okutuusa lwe waayitawo emyezi mukaaga nga mmaze okufuna okubatizibwa kwange."] Kyenkana nange bwe kyali, Ow'oluganda Jackson.

103 Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu nakufunira eri mu kasitoowa kange, mukiraba. Bwe waayitawo omwaka nga gumu, oba ekintu bwe kityo, ne—ne . . . ne njogera mu nnimi.

104 Era ne wayitawo omwaka nga gumu oba ebiri okuva ku olwo, era nnali mbuulira mu kkanisa, era nnali—nnali nnyimiridde waggulu ku katuuti bwenti, nga . . . Bwe nnali nkyali muto nga ssinnakakanyala magumba na kukaddiwa nga bwe ndi kati, nnatambulanga ne nneetawula awo wonna era nnabuulizanga maanyi. Nali nnyimiridde awo nga mbuulira ne mbuuka ne nnyimirira ku ntebe. Nnali mu kkanisa y'Ababaputisiti, eyitibwa Milltown Baptist church, ne nziruka ne ŋŋenda mu lukuubo, nga bwe mbuulira n'amaanyi gange gonna. Era olwali okulekera awo okubuulira nti, Ekintu ne kinnyambala ne nva mu kutegeera kwange ne njogera ebigambo ebiwerako, ebigambo nga bina oba bitaano, oba mukaaga, mu nnimi ezitamanyiddwa. Mba ssinnategeera kye nkola, ne nneewulira nga ŋŋamba nti "Olwazi mu nsi ekooye, Ekifo eky'okwekwekamu mu kiseera eky'omuyaga." Mukiraba?

105 Ate olulala nnali ntambula ku luguudo lw'eggaali y'omukka, nnali ku luguudo lw'eggaali y'omukka nga ntambula, ku ludda luno olwa Scottsburg, nga bwe ŋŋenda ntambulira ku luguudo lw'eggaali y'omukka, nga ndi mu kulawuna. Nga embuyaga bwe zikunta okukamala, ha bannange, nga oluguudo lwonna lukutte bbalaafu, ne nsala ne nzira ku ludda olulala nsobole okumalayo emitwalo gyange esatu mu enkumi essatu; enkaaga mu omukaaga nnazitambula nzira ludda luli, nga nninga agoberera oluguudo lw'eggaali y'omuka. Era nnali ku luguudo lw'eggaali y'omuka, amangu ago . . . nnali ntambulatambula bwentyo, nga bwe ŋŋenda nnyimba. Bulijjo nnayimbanga. Nnalina ebifo eby'enjawulo gye nnagendanga okusaba. Kale nnali ntambula, bwe ŋŋenda nnyimba, ŋŋenda okugira nti nga njogera mu nnimi, mukiraba, nga simanyi kye nkola.

106 Okwogera mu nnimi kujja n'amaanyi ag'ekitalo ennyo okutuusa nti omuntu oyo abeera azoogera abeera tamanyi na ky'akola, manya, by'ayogera abeera tabimanyi. N'okuzivvuunula bwe kutyo bwe kuli. Babeera tebamanyi bye bagenda kwogera. Babeera tebakimanyiiko yadde nti kye bagenda okwogera, kubanga kisukkulumye ku maanyi ag'obutonde. Mukiraba, kasita okitabikamu eky'omubiri tofuna . . . o—o—ofuna kya mubiri, mukiraba. Naye kibeera kintu ekikwambala ne kikukwata, ne weesanga nga okikola. Mukiraba?

107 [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nsobola okubaako ne kye njogera wano wennyini?"—Omuk.] Weewaawo, osobola, Ow'oluganda Neville. ["Kati, bw'oyogera bw'otyo, togezaako kugamba, mu ekyo, nti—nti ennimi zirina okugoberera enkola ennuŋŋamu mu lukuŋŋaana singa omuntu alemwa okuzifuga? Kubanga abeera . . . Omuntu alina ekirabo abeera alina okukifuga."] Weewaawo. Asobola okwefuga. Kiringa . . . ["Olina okuba nga otegeera ekimala okumanya nti anaatera okwogera mu nnimi"] weewaawo, ekyo kituufu ["bw'atakikola abeera avudde mu nkola ennuŋŋamu erina okugobererwa."] Ekyo kituufu, akiwulira. Mukiraba? Kati, nga Bayibuli bw'egamba nti, "Bwe—bwe wabaawo ayogera ennimi nga tewali azivvuunula, ayogera leka asirike." Kaakati, ekyo ddala bwe kiri.

108 Eky'okulabirako, ka tugeze, nnyimiridde wano, ne wabaawo omuntu, nga oli eyo weetegeka kuleekaana, kye kintu kye kimu. Wali owulidde amaanyi ga Katonda nga gakukkako bw'otandika okuleekaana? Ekyo bameka abaali bakiwulidde? Weewaawo, fenna twali tukiwulidde. Mukiraba? Obeera awo nga otudde, n'okiwulira nga kijja. Kaakati, ekyo waliwo ebiseera lw'osobola okukizikiza, mukiraba. Osobola okukizibiikiriza, mukiraba, si kituufu.

109 Watya ssinga obadde oyimiridde, oyogera ne—ne Pulezidenti w'Amerika, oba nga oyimiridde wano oyogera ne meeya w'ekibuga, mulina kye mwogerako, muli ku luguudo wano, mulina ekibinja ky'abantu be mwogera nabo, amangu ago n'obaguka nga owulira osobola n'okubuukabuuka, n'owoggana n'oleekaana nti "Ekitiibwa! Aleruuya!" n'osamba buli kimu kyonna n'odduka n'odda eno n'eri mu kkubo bw'otyo. Bandigambye nti oli mulalu. Mukiraba? Bandigambye nti, "Omusajja oyo mulalu." Okiraba?

110 Kati, okiraba, kati okimanyi bulungi nti tolina kweyisa ngeri eyo. Okizibiikiriza, newankubadde owulira nga kikusima munda muli nga owulira kizibu okukisiba. Oyinza okugamba nti, "Yee, ssebo. Yee, ssebo. Uh-huh. Uh-huh. Weewaawo. Yee, ssebo. Uh-huh." Nkukakasa, obeera owulira nga kikusima kikukutulamu obutundutundu naye obeera okimanyi nti olina okwefuga mu kaseera ako. Mukiraba?

111 Nga ekyali mu kkooti jjuuzi wano ebbanga si ddene eriyise, waaliyo Abapentekooti be baali bavunaana e—ekintu ekimu, ndowooza kwali kuleekaana nnyo oba ekintu bwe kityo, nga ate baali—baalina eddembe lyabwe mu mateeka okuleekaana, mukiraba, tekirina buzibu. Naye buli mulundi omulamuzi lwe yabanga agenda okwogera oba okubaako ky'ayogera, nga boogera mu nnimi. Mukiraba? Omulamuzi kye yava agamba nti, "Bano abalalu mubaggyeewo wano." Mukiraba?

112 Kati, ennimi ezo ssinga zavvuunulwa ne bagamba

omulamuzi nti “BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA,” ekintu *bwe kiti ne bwe kiti* ekyo kyandibadde kituufu, “BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA! Omulamuzi, lwaki oyimiridde wano okunsalira omusango nga ekiro ekikeesezza olwa leero wabadde ne malaaya? Erinnya lye Sally Jones, abeera mmanga eri ku luguudo mu kifo *bwe kiti ne bwe kiti*, bwe kityo. Lwaki onsalira omusango? Ekyo kiri BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA! Kati ekyo geza okyegaane ojja kutondoka oggwe wansi ofe.” Kati, ha, ow’oluganda! Awo wabaawo eky’enjawulo.

113 Naye bw’omala gayimirira n’oyogera, yagamba nti, “Ojoboja bujoboja.” Mukiraba? Kati, omanyi ddi lw’olina okwefuga ne ddi lw’otolina kwefuga. Okiraba? Kati, ekyo . . . Mukiraba. Ndi . . . Kati muntegeera bulungi, mutegeera kye ntegeeza. Mukiraba? Ky’ekyo. Weewaawo . . .

114 Ekibuuzo ekyo tukirina mu bikyali wano. Y’ensonga lwaki mbadde nkyanukula bwentyo, tukyalina ekibuuzo ku nsonga y’emu eyo nti, “Bateekeddwa okusirika?” Mukiraba? Y’ensonga lwaki bwe mbadde nkyanukula sikiruddeeko kusukka ku bye mwogedde. Naye ekyo ky’ekiseera, nkyanukule kati, okiraba, kati. Naye nakyo tujja kukituukako ku kibuuzo kino ekiri wano, era nja kukijulizaako. Ekibuuzo ekyo buli omu akitegedde bulungi?

> [Ow’oluganda Fred abuuza nti, **“Ow’oluganda Branham?”**—Omuk.] Wangi, Ow’oluganda Fred. **[“O—omuntu ayogera mu—mu Mwoyo, asobola okwogera (ka tugeze nga Muzungu n’ayogera Olungereza) nga Omwoyo y’amukozesa okwogera?”]**

115 Mazima ddala. Yee, ssebo. Olaba, kubanga Omwoyo Omutukuvu ayogera mu buli lulimi. Mukiraba? Ku Lunaku lwa Pentekoote abantu aba buli lulimi wansi w’Eggulu baali bakuŋŋaanye wamu, okiraba. Okwogera mu Lungereza . . . Kati, kino kye mmanyi, Ow’oluganda Freddie, nze kennyini, nti nze . . . bwe wabaawo obubaka bwe nnali mbuulidde obuliko amafuta, yali Mwoyo nga y’ayogerera mu nze, okiraba. Abeera . . . Okiraba? N’olwekyo olwo lwandibadde lulimi olutamanyiddwa eri omuntu atategeera Lungereza. Naye ate . . .

116 Kiringa bwe tugamba nti olulimi olutamanyiddwa naye terubeera lulimi “olutamanyiddwa,” lubeera . . . waliwo omuntu omu awantu awamu . . . Nga ku Lunaku lwa Pentekooti, baagamba, aboonoonyi bano bonna, baagamba nti, “Kijja kitya okuba nga tuwulira buli muntu mu lulimi lw’ewaffe? Kijja kitya okuba nga *tuwulira* Abagaliraaya bano nga boogera mu lulimi lw’ewaffe?” Tewaaliwo kyali “kitamanyiddwa” ku ebyo byonna ebyali byogerwa. Tewaali kintu nga nnimi “ezitamanyiddwa” ku Pentekooti. Kati, mukiraba, ekyo tekiri mu Byawandiikibwa n’akatono. Mukiraba? Tewaali kitamanyiddwa . . . terwali lulimi olutamanyiddwa, lwali lulimi

abantu lwe boogera. "Kijja kitya okuba nga tuwulira buli muntu mu lulimi lw'ewaffe gye twazaalibwa?" Terwali lulimi olutamanyiddwa. Mukiraba? Ekyo...kati waliwo ekibuuzo kyonna ku ekyo, nga tetunnakivaako? "Kijja kitya okuba nga tuwulira buli muntu mu lulimi lw'ewaffe?" Mukiraba?

117 [Ow'oluganda agamba nti, "Awo—awo we wali ensobi entonotono olw'obunafu bw'abantu, era abantu bwe—bwe balemwa okukkiriza ekintu kyonna, ne bagamba kimu nti, 'Sijja kukikkiriza mu ngeri ndala yonna, okuggyako nga bwe kyali mu Bikolwa by'Abatume 2:4.'"—Omuk.] Eky'amazima, singa babadde n'ekyali mu Bikolwa by'Abatume 2:4 mazima ddala tebandyogedde mu lulimi olutamanyiddwa. ["Nedda, lwandibadde lulimi abantu lwe boogera."] Uh-huh. Bandibadde balina okwogera mu—mu lulimi abantu lwe basobola okuwulira by'oyogera, okiraba, kubanga "buli muntu yawulira mu lulimi lw'ewaabwe."

118 Kati, ssinga nfuna Omwoyo Omutukuvu mu kaseera kano, okusinziira ku...ne ŋŋamba nti...Nzikiriza wano waliwo ow'oluganda omu anoonya Omwoyo Omutukuvu, nga ye—ye Ow'oluganda Wood. Si bwe kiri, Ow'oluganda Wood? Ssigenderedde kukwatuukiriza, naye ffenna...wano tuli baaluganda fekka kale kino twagala tukyogereko. Era anoonya okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Kati, Ow'oluganda Banks singa afuna Omwoyo Omutukuvu, mu ngeri entuufu, singa amufuna nga bwe baamufuna mu Bayibuli, ajja kusituka awo w'atudde, ayogere, ajja kwogera mu Lungereza, agambe nti, "Yesu Kristo Omwana wa Katonda yazuukira," nga bw'abyogera mu ngeri ey'obunnabbi n'amaanyi nga bw'akirangirira. "Nkimanyi nti Yazuukira, kubanga Yaakajja mu mutima gwange. Ye Mwana wa Katonda! Ebibi byange binzigyiddwaako, waliwo ekintuuseeko." Mukiraba? Kiikyo. Okwo kwe kwogera mu...

"Kijja kitya okuba nga tuwulira buli muntu mu lulimi lw'ewaffe?"

119 Ka tugeze, watya singa ffe abantu b'omu Indiana tubadde twogera olulimi olw'enjawulo ku lw'abantu b'omu Kentucky lwe boogera, nga Ow'oluganda Banks nzaalwa y'e Kentucky? Nga boogera olulimi lwa njawulo ku lwaffe, era nga wano tukimanyi nti tasobola kwogera lulimi lw'e Indiana. Naye ate bw'asituka awo n'atanula okwogera n'ayogera mu—mu lulimi lw'e Indiana, ate nga tukimanyi nti talumanyi. Mukiraba? Ne tumuwulira mu lulimi lw'e Indiana, nga ye alowooza ayogera lulimi lw'e Kentucky. Nga bw'awa obujulizi bw'agamba nti, "Katonda atenderezebwe! Yesu yazuukira okuva mu bafu. Aleruuya!" naye nga ffe tumuwulira mu lulimi lw'e Indiana.

120 Bwe kityo bwe kyali ku Lunaku lwa Pentekoote. Mukiraba? "Kijja kitya okuba nga tuwulira buli muntu," mukiraba,

"laba, bano aboogera bonna si Bagaliraaya," mukiraba, si b'e Kentucky? "Kati kijja kitya okuba nti ffe ab'e Indiana, Ohio, ne Illinois, ne Maine, ne Massachusetts, ne California, tuwulira by'ayogera mu lulimi lwaffe mwe twazaalibwa?" Mukitegeera? Mulaba, kubeera kuzimbibwa. Mulaba, kubeera kuzimbibwa gye bali okuwulira, kubeera kuzimbibwa gye bali.

121 Mukiraba, obubaka . . . ensonga eri nti, buba bujulizi bwa kuzuukira kwa Yesu Kristo. Mulaba, ekyo kituufu. Kati, Katonda bw'atayolesa Bulamu obwo mu ggwe, ne bw'ojulira otya nti wamufuna, obeera tewamufuna. Mukiraba? Ddala bwe kiri. K'okole otya . . .

122 Kati waliyo ekibuuzo ekirala? [Ow'oluganda Roy Roberson agamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, ekyo ndowooza twakiraba nga kibaawo mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, ku muwala oli Omusipeyini."—Omuk.] Weewaawo. Kirungi nnyo, Ow'oluganda Roy. Kyali—kyali mu kifo kyennyini gye ŋŋenda kati, mu Beaumont—Beaumont. Yali Beaumont? Yee, ssebo.

123 Kati, olunyiriri lw'ab'okusabirwa lwali luyimiriziddwa. Ne wabaawo omuwala omuto Omusipeyini eyalinnya waggulu ku kadaala. Kati, weewaawo, nzikiriza nze nnali nvaawo, si bwe kyali? Howard yali anzigyawo, era—era kino . . . Nna—nna—nnawulira omuntu akaaba, yali muwala omuto Omusipeyini, oh, nga wa myaka nga kkumi n'etaano, kkumi na mukaaga, awo . . . nga akyali mwana muto. Ne—ne ntunulayo, era ye kaadi y'okusabirwa eyali eddako singa nnali ŋŋenze mu maaso. Waaliwo abantu abawerako be nnali mpiseeyo, kati ye yalina kaadi eyali eddako. Kye nnava mbagamba nti, "Mumulinnyise waggulu." Bwe batyo ne bamulinnyisa waggulu. Nnina olukuŋŋaana olulala lwe nnali ŋŋendamu, ne mbagamba nti, "Mumulinnyise waggulu."

124 Kale, ŋŋenda okukizuula, namugamba ekintu nga kino nti, "Kati, onakkiriza? Singa Yesu anannyamba n'ambuulira ekikutawaanya, onakkiriza nti—nti Anaakuwonya?" N'asigala nga akotese omutwe gwe. Muli ne ndowooza nti ateekwa okuba nga kiggala era kasiru. Mukiraba?

125 Kati bwe nnaddamu ne mmutunuulira, ne ŋŋamba nti, "Nedda, kiri lwakuba tasobola kwogera Lungereza." Ne bafuna omuvvuunuzi n'ajja mu maaso, ne ŋŋamba nti, "Onakkiriza?" N'akola akabonero ak'okwanukula . . . Kati awo weewaawo, n'ategeera bye njogera okuyita mu muvvuunuzi. Mukiraba?

126 Kati, kye nnava mmugamba . . . Ne ntunula ne ndaba okwolesebwa. Ne mmugamba nti, "Nkulaba ng'otudde ku mabbali g'ekyoto kiri eky'enkola enkadde nga waliwo ebbinika eyeewuuba, nga ejjudde eminwe gya kasooli owa kyenvu. Oli a- . . ." Ekyo okijjukira Ow'oluganda Roy? Ne mmugamba nti, "Walya kasooli mungi nnyo. Era ekyava mu ekyo, walwala bubi nnyo maama wo n'akuteeka ku kitanda n'otandika

okwesansabaga nga agudde ensimbu." Ne mmugamba nti, "Okuva olwo obadde ogwa ensimbu."

127 Kye yava akyukira omuvvuunuzi n'amugamba ng'ayita mu lulimi lwe nti, "Mbadde ndowooza tasobola kwogera Lungereza. . . manya tasobola kwogera Lusipeyini!"

128 Omuvvuunuzi kye yava akyuka n'adda gyendi n'aŋŋamba nti, "Toyogedde Lusipeyini, si bwe kiri?"

129 Ne mmugamba nti, "Nedda." Kye twava tukebera akuuma akakwata amaloboozi, ne tuyimiriza obuuma obukwata amaloboozi, nga Lungereza lwennyini.

130 Naye omuvvuunuzi kye yava amugamba nti, "Kati ggwe mbuulira by'ayogedde." Mulaba, kati ate ye yalina okufuna okuvuunulwa kw'ebyo bye njogedde. N'amugamba nti, "Kati ggwe mbuulira by'ayogedde." Omuwala n'ayogera ebigambo byennyininnyini n'abimugamba, omuvvuunuzi n'addamu n'abyogera.

131 Kati, yampulira mu lulimi lwe mwe yazaalibwa, ate nga nnali njogera Lungereza. Yakiwulira mu Lusipeyini. "Kijja kitya okuba nga tuwulira buli muntu mu lulimi lw'ewaffe gye twazaalibwa?" Era omwana yawonyezebwa. Mukiraba, ky'ekyo, mirimu gya Katonda egyewuunyisa.

[Waliwo ow'oluganda abuuza nti, **"Kati kitegeeza ekibya ekirimu Omwoyo Omutukuvu tekijja. . . kijja kubeera kibya bubya, olwo Oyo akijjuza asobole okukijjuza n'ekyo ky'A. . . ?"**—Omuk.]

132 Kyonna ky'Ayagala, ekyo kituufu. Kituufu ddala. Kati oluvannyuma wekkaanye ekiba kijjuziddwa mu kibya ekyo, awo, lw'ojja okutegeera oba wafuna Omwoyo Omutukuvu oba nedda. Mukiraba? Wekkaanye olabe kye kijjuziddwa. Ekibya bwe—bwe kiba kijjuddemu bucaafu, kitegeeza si kibya kya Katonda. Naye bwe kiba kijjuddemu bulongoofu, kitegeeza kibya kya Katonda. Mulaba kye ntegeeza? [Ow'oluganda agamba nti, "Kati ekibya, waliwo ebiseera ekibya lwe kinaakozesebwa ne kitamanya, ne kitamanya mu kiseera ekyo, nti kikozeseddwa?"—Omuk.] O, mazima. [Ow'oluganda awa obujulizi.] Uh-huh. Uh-huh. Ekyo kituufu ddala, bwe kiri. Oh, ekyo ffenna, tukiraba. Ekyo nkirabye emirundi mingi. Yee, ssebo. Yee, ssebo. Fenna tu. . . Ebintu ebyo tubimanyi.

Nzikiriza ekyo kibadde nnamba nnya: **Abantu bonna—bonna abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu boogera mu nnimi amangu ddala nga baakamufuna oba oluvannyuma lw'okumufuna? Nnina we nnazuula Pawulo we yagamba nti "bonna mbasinga okwogera mu nnimi."**

Kati, kye ndowooza kaakano, okuwumbawumba ekibuuzo ky'ow'oluganda:

**Pawulo, okubasinga bonna okwogera mu nnimi.**

133 Pawulo yali musajja mugezi, ye nga ye, yali amanyi ennimi nnyingi. Mukiraba, yali asobola okwogera . . . ya . . . Mujjukire lwe yali awozesebwa, yali asobola okwogera olulimi luno oba olulimi luli, oba olulimi lwonna. Ate ezo si nnimi abantu ze batamanyi, naye ezo yali tazoogera lwa kuluŋŋamizibwa. Okwo kwali kwogera nnimi za bantu ze boogera, mukiraba. Naye . . . era . . .

134 Naye nzikiriza nti omuntu eyajjuzibwa Omwoyo abeera awo ku kyoto kya Katonda, awatali kubuusabuusa, amangu ddala oba oluvannyuma lw'ekiseera, ajja kufuna obumanyirivu obw'okwogera mu nnimi, kubanga ekyo kye kimu ku bintu ebya wansi era ebitono ennyo okusinziira ku nnyinyonnyola ya Pawulo. Bw'obisengeka nga bwe birina okuba, kye kintu ekisembayo wansi mu birabo, mukiraba, kwe kwogera n'ennimi.

135 Naye kati, okusooka, obatizibwa . . . Mulabeeyo wano, buli omu ku mmwe mwenna muli birabo. Nze ndi wabweru. Kati, "Okuyita mu Luggi lumu, Omwoyo omu," oluggi luli lumu oluyingira mu kisenge *kino*. Si bwe kiri? Kati, siyinza kuyingira nga mpita ludda *luli*, siyinza kuyingira nga mpita ludda *luno* era siyinza kuyingira nga mpita ludda *olwo*. Mukiraba? Kati nnyingira ntya munda *wano*? Mpita mu Waaluganda Roberson? Nedda, ssebo. Nnyingira kuyita mu, kale, ka tugambe, mu Waaluganda Leo? Ka tukitwale nti ye kirabo eky'okwogera ennimi, mukiraba, nnyingira kuyita mu Leo? Nedda, ssebo. Huh-uh. Kati, nyingira ntya? "Okuyita mu Luggi lumu, ku bw'Omwoyo omu." Omwoyo si kwogera mu nnimi kyokka. Nedda. Mukiraba? Mukiraba, "Ku bw'Omwoyo omu mbatizibwa okuyingira mu Mubiri guno."

136 Kati, *guno* wano gwe Mwoyo, *mmwe* mwenna muli birabo. Oyinza okugamba nti, "Abange, Katonda atenderezebwe!" Nja kugenda wali eri, ka tugambe, waliwo—waliwo Ow'oluganda Wood, ye byamagero. Mukiraba? "Ha, nnakoze ekyamagero. Kati nkimanyi nnafuna Omwoyo Omutukuvu kubanga nnakoze ekyamagero." Tekigamba nti ku "bw'ekyamagero" kimu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri.

137 Ŋŋende ewa Ow'oluganda Junie, ye kumanya, "Bannange, kati, mmanyi Bayibuli! Nze, nkubuulira, olw'ekyo nkakasa nnafuna Omwoyo Omutukuvu." Nedda, era eyo si y'engeri y'okuyingiramu.

138 Kale. Toyingira kuyita mu Waaluganda Leo, toyingira kuyita mu Waaluganda Wood, to—toyingira kuyita mu Waaluganda Junie. Mukiraba? Nedda. Naye ku bwa ki ekimu? [Ekibiina kiddamu nti, "Omwoyo!"—Omuk.] Kale. Mbatiziddwa okuyingira mu Mubiri guno, kati nguyingiddemu, kati Kitaffe wa w'agenda okunkozesa? Mukiraba? Kati Leo asangiddwa yatudde kumpi n'oluggi; era nkakasa kino kye kimu ku bintu ebyandisoose okubaawo. Naye kiyinza obutaba

bwe kityo. Nsobola okuyingira buziba nnyo mu Mwoyo, ne mbuuka ne ŋŋenda erudda wano ewa Ow'oluganda Wood, biri ebirala byonna ne mbibuuka. Kati toyinza kuŋŋamba nti sirina Mwoyo Mutukuvu, kubanga ndi munda mu Mubiri guno olw'okubatizibwa. Naye Katonda teyannyingiza munda wano kugamba nti, "Kale, Katonda atenderezebwe, ndowooza kati nsobola okutuulako wansi, ne 'mpummulamu, kuba ŋŋenda mu Ggulu." Huh! Mulaba kye ntegeeza?

139 Naye era nsobola okubuuka ne nva ku kino wano, ne nzirayo butereevu wali. Mulaba kye ntegeeza? Nsobola okuva awasemberayo ddala ku ludda olumu ne ŋŋenda ku lulala, oba nsobola okugenda wakati, oba awalala wonna. Naye waliwo ekijja okubaawo, wateekwa okubaawo ekibaawo. Era kye kiki ekyo? Olw'okubatizibwa n'Omwoyo kundaga nti ndi mu Mubiri, "Ku bw'Omwoyo omu." Ekyo okifunye, ow'oluganda, ali wano? Okifunye! Bwe kiri? Kale.

**112. Ennimi n'obunnabbi birina kugoberera nkola ki okukozesebwa mu kiseera nga olukuŋŋaana lugenda mu maaso** (Tebirina kukozesebwa n'akatono mu kiseera nga olukuŋŋaana lugenda mu maaso! Mukiraba?) **okugulumiza Katonda** (Tebirina kukozesebwa yadde!), **n'okuzimba ekkanisa? Nkimanyi abantu bagamba nti omwoyo wa nnabbi—nkimanyi a—nkimanyi a—nki—nkimanyi a. . .** (a-. . .Kino kirabika. . .Nedda, munsaasire, kibadde "Bayibuli," B-a-y-i-b-u-l-i. Kye mbadde nsomye nga a-b-a-n-t-u oba ekintu bwe kityo. Nedda.) **ba—Bayibuli egamba nti, "Omwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi."** (Ddala bwe kiri.)

140 Okwogera mu nnimi okw'omwoyo n'okuwa obunnabbi bibeera bya kuzimba kkanisa, naye birina olukuŋŋaana olwabyo. Mukiraba? Tebirina kutaataaganya kasita nnabbi w'ekkanisa abeera nga. . .olukuŋŋaana bwe luba lugenda mu maaso. Mukiraba? Tebirina kutaataaganya lukuŋŋaana.

141 Kaakati, mulabeeyo, "emyoyo gya bannabbi." Kati tu—tulina ekibuuzo ekirala, ekyo ka tugira tukireka. Mulaba, engeri yennyini entuufu eya bino. . .ey'okukozesaamu ebirabo bino. . . Kino kyanukula ebibuuzo bingi ebikwata ku birabo, mukiraba. Bwe tunaabituukako tujja kugamba nti twabyanukudde mu kino ekyasoose, omuntu ono kye yabuuzizza ku kino wano. Mukiraba? Ekyo ky'eky'okutaano:

> **Ennimi n'obunnabbi bisaanye okukozesebwa mu kiseera nga olukuŋŋaana lugenda mu maaso okugulumiza Katonda?**

142 Mulaba, kati, omuweereza. . .omuweereza bw'aba nga Katonda yamufukako amafuta, nga n'ekkanisa yaluŋŋamizibwa mu nkola ennuŋŋamu gy'erina okugoberera, kati, engeri entuufu. . .Bangi ku mmwe mumanyi bwe—bwe njogedde

nammwe ku butya bwe mulina “okugiruŋŋamya mu nkola ennuŋŋamu gy’erina okugoberera.” Ebirabo bino birina . . . Kati, kino kye tujja okukola mu kkuŋŋaaniro, Mukama bw’anaaba ayagadde. Kati, nnekkaanya ebigenda mu maaso, nnina kye ndaba, nga ndekawo Ow’oluganda Neville n’ab’oluganda bano abalala abali wano nga baluŋŋamiziddwa mu nkola ennuŋŋamu gye balina okugoberera. Kati muli . . . Kubanga bangi ku b’oluganda bano baaluganda abakyali abato.

143 Kati, mwenna—mwenna mba—mbasinga ku bumanyirivu mu Kkubo lino. Ekkubo Lino nnaakalimalamu emyaka amakumi asatu mu gumu. Waakayita emyaka nga amakumi asatu kasookedde nsimba jjinja eryo awo. Nsisinkanye buli kimu kye musobola okusisinkana, kale nammwe, mulina okuba nga mwekakasa kye mwogerako, bwe kituuka ku nsonga eyo. Temulina kukoma ku kukimanya bumanya, naye Katonda alina okubaawo okukikakasa bwe mutuuka—bwe mutuuka okukikwatako.

144 Kati, engeri esingayo mu zonna e—ey’okukolamu kino kati, musobola okubeera n’olukuŋŋaana olw’enjawulo. Nzikiriza ekyo kye baakola mu Abakkolinso Ekisooka 14 awagamba nti, “Bwe wabaawo ekibikkulirwa eri omu, leka oli omulala asirike.” Nzikiriza lwali “lukuŋŋaana olw’enjawulo olw’ebirabo,” nga kyandibadde kintu kirungi. Bwe baagala babeere n’olukuŋŋaana olw’enjawulo abantu bonna abalina ebirabo mwe basisinkanira awamu omulundi gumu mu wiiki, abo abalina ebirabo, bajje mu kkanisa, ekyo kirungi. Olukuŋŋaana olwo leka babeere nalwo, tewali . . . teruliimu kubuulira, lwa birabo eby’Omwoyo.

145 Si lwa bantu abatalina birabo n’abatakkiriza. Bayinza okujja, ne batuula wansi, ne beebuuza . . . Omu ayinza okusituka n’agamba, “ah-ah,” n’ayogera mu nnimi; omulala n’agamba nti, “wha-ah.” “Kiki ekigenda mu maaso!” Bayinza okujja ne beebuuza nti, “Okuyimba kuliwa? Biri ebirala biri wa?” Mukiraba?

146 Naye, kati, bano aboogera mu nnimi, bangi ku bo (n’okuzivvuunula, n’ebirala) bawere mu Njiri. Mukiraba? Te—temubeesittaza, mubaleke—mubaleke bakule okutuusa ekirabo ekyo . . . Abamu ku bo, osobola okulaba engeri Ssetaani gy’agezaako okubasenseramu. Weewaawo, ffe abalina ku bumanyirivu obw’ebbanga eddene, ekyo tu—tu—tukiraba. Mukiraba, ekyo tusobola okukikwata, era nammwe mujja kukiraba.

147 Jjuuzi wano ebbanga si ddene eriyise waliwo omuweereza omu, atudde wano mu kaseera kano kennyini, yajja gyendi n’abaako ne by’antegeeza n’annyaniriza ne mu maka ge, ow’oluganda ow’omuwendo ennyo.

148 Ekyo sikyogera kubanga atudde wano, naye mwenna muli baaluganda *ba muwendo*. Bwe mba bwentyo si bwe

nkulowoozaako, nja kukugamba nti, "Nze naawe leka tugonjoole ensonga eno, okusooka." Mukiraba? Bwe kiri. Mukiraba? Mwenna mbaagala, era ndi wano mu mwoyo ogw'okugumiikirizigana okusinziira ku Bayibuli, mukiraba, ku—okuyamba. Mukiraba?

149 Ow'oluganda ono yannyaniriza ewuwe mbeeko. . . omukazi gwe mpuliriza, era omukazi oyo yali mukyamu. Era kino. . . omukazi simulabangako naye namuwulira ku lutambi, nga avvuunula ennimi, era nga aliko by'ayogera. Wali osobola okukirabirawo awo wennyini.

150 Lumu, tuba tuli n'omuweereza omulala, nange, ku muntu y'omu oyo, twali tutudde ku ndoddo y'omuti, bwe twali tuyigga bukaamuje, ne tukyogerako. Era abaweereza abo bombi, nga weebali wano kati, ekyo bamanyi bwe kyakomekkereza. Mukiraba, ggwe, wekkaanye bwekkaanya.

151 Mmwe abaweereza bwe mubaako omuntu gwe mugolola ku bikwata ku kirabo, nga mumugolola, nga mumugolola okusinziira ku Byawandiikibwa, naye n'anyiiga, mujjukire nti, oyo tabeera Mwoyo wa Katonda, kubanga Omwoyo wa Katonda Ekigambo Kye tekisobola kumunyiiza. Ajja eri Ekigambo Kye. Mukiraba, bulijjo abeera mwetegefu. Omutukuvu wa Katonda yennyini abeera ayagala okukola ebintu mu ngeri yennyini entuufu. Yee, ssebo.

152 Njagala ngololwe. Njagala Omwoyo Omutukuvu angolole mu bintu bye mba nkoze mu bukyamu. Saagala kintu kyonna ekitali kiri kyennyini ekyannamaddala. Nja—njagala kintu kyennyini ekya nnamaddala bwe kitaba ekyo ka nneme kuba nakyo, ndeka, to—tobaako na ky'ompa kyonna. Mukiraba? Kubanga waakiri nkola ekyo okusinga okuleeta ekivume ku Kristo.

153 Era ssandyagadde kuyigiriza kintu kyonna era ssandyagadde kwogera kintu kyonna okuggyako nga kiri mu Byawandiikibwa. . .

154 Era singa wabaawo ow'oluganda, ow'oluganda Omukristaayo andaba nga njigiriza ekintu ekikyamu, nnandyagadde onzize ku bbali nga olukuŋŋaana luwedde, oŋŋambe nti, "Ow'oluganda Branham, nandyagadde okujjako mu wofiisi yo njogereko naawe, waliwo ensobi gy'okola." Mukiraba? Ekyo nki—nkisiima nnyo, ow'oluganda, kubanga njagala kubeera mutuufu. Nkyagala.

155 Kati, ffenna twagala kubeera batuufu, y'ensonga lwaki twagala—twagala twogere ku bintu bino. Ate birina kujja kuyita mu Byawandiikibwa, mukiraba, okusobola okuleetera Ebyawandiikibwa okukwatagana.

156 Kati, eky'okwogera mu nnimi kirina kuba. . . Kati, mu kaseera katono okuva kati. . . Kati, mu kiseera kino, mugira mukireka kigende mu maaso. Mukiraba, mbawa amagezi mugira

mukireka kigende mu maaso. Kati kino kigenda eri mmwe abaweereza, mmwe abasumba, mugira mukireka kigende mu maaso okutuusa nga abaana bano abawere basuumuseemu. Kati, weesanga, nti oluliba olwo, bw'aba mulabe nga y'agezaako okulimba omuntu oyo, kijja kweyoleka. Tetuli bakakafu bulungi.

157 Kati, bwe muva wano, kino nga temunnakitandika, musooke mufune omwoyo ogw'amagezi mu birabo ebyo, okutegeera n'okwawula emyoyo, mukiraba, okusobola okuzuula. Era, ekinaddirira, mujja kutandika okukiraba nti waliwo atandise okulaba nti waliwo akantu akamu akatali katuufu, okwo kwe kwawula emyoyo. Kati, ekyo nakyo mukigumiikirize okumala ekiseera. Mukiraba? Naye bwe mulaba nga okwawula emyoyo okwo kugenda kukyama, awo mukugolole. Era ekintu ekyo bwe kiba. . . bwe kiba kya Katonda, omuntu oyo ajja kukkiriza okugololwa n'Ekigambo. Mukiraba?

158 Leka, tugeze, ŋŋenda kugamba nti twayogedde mu nnimi, omuntu omu, tuli. . . bano ba—basajja abalina ebirabo. Era Leo yasituse n'ayogera mu nnimi; bwe yamaze, ow'oluganda ono wano, Willard, n'awa okuvvuunulwa kw'ebyayogeddwa. Kale. Kati, ka ngeze nti Ow'oluganda Neville n'Ow'oluganda Junie n'Ow'oluganda Willard Collins be baabadde baawula emyoyo, mukiraba. Kati, kubanga Leo yayogedde. . . Kati, tulinga abali mu lukuŋŋaana lw'abatukuvu olutonotono, olukuŋŋaana lw'abalina ebirabo, era Leo yayogedde bwe yamalirizza Willard n'awa okuvvuunulwa kw'ebyo bye yayogedde, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! 'Ku Lwokusatu akawungeezi wajja kujja omukazi ayingire wano era ajja—ajja kuba tataambaalikika. Mugambe Ow'oluganda Branham obutamunenya, kubanga mutabufu wa mutwe. Naye mumugambe amutwale mu nsonda, kubanga mu nsonda bwe watyo lumu we yakolera ekintu ekibi ne wabaawo ekyamubaako.'" Mukiraba? Ekyo kiwulikika nga ddala kituufu, si bwe kiri? Mukiraba? Kale.

159 Kaakati, naye ekisooka, nga bwe mumanyi, mu Byawandiikibwa eby'endagaano Enkadde, nnabbi ne bwe yayogeranga ki oba omuntu omulala yenna n'abaako ne ky'ayogera, kyalina okugezesebwanga nga bakozesa Ulimu Sumimu, okusooka. Mukiraba, kyagezesebwanga n'Ekigambo. Era ebimyanso ebyo bwe bitaamyansanga, tebaakitwalanga. Mukiraba?

160 Era, kati ekisooka, leka tukizzeeyo ku Kigambo. Kati, omusajja *ono* yayogedde mu nnimi, ne kiwulikika nga ddala kituufu. *Ono* n'awa okuvvuunulwa, nakwo ne kuwulikika nga ddala kutuufu. Naye Ekigambo kigamba nti, "Leka kiramulwe abalamuzi babiri oba basatu, okusooka." Mukitwale ku Ulimu Suminu.

161 Kati, ekisooka, Willard Collins nga agamba nti, "Kivudde

wa Mukama." Junie nga agamba nti, "Kivudde wa Mukama—Mukama." Abo babiri ku basatu. Kale, nga kiwandiikibwa ku lupapula, nga kisomebwa mu lwatu wano mu kkanisa eno. Kati abantu bwe bakiraba nga kisomebwa nga tekinnabaawo, ate oluvannyuma ne bakiraba nga kituukirira, nga bagamba nti, "Ow'oluganda, oyo Katonda! Okiraba, oyo Katonda!"

162 Naye watya singa tekibaawo, olwo kiki ekiddirira? Mukiraba? (Kati tugenda kubaako ekintu ekirala kye tutuukako kye nnyinza okukoonako wano wennyini, "Obunnabbi bwonna bubeera...okuvvuunula kwonna n'obubaka bwonna bubeera bunnabbi?") Kati, musooke mulindeko. Kati, watya singa tekibaawo? Kiba kitegeeza *Leo* yakozesebwa mwoyo mukyamu gwe gwamwogererako; *n'ono* n'awa okuvuunulwa okw'obulimba; *nammwe* ne muwa okulamula okw'obulimba. Kati ekintu ekyo mukyeggyeemu. Temukyetaaga. Ekyo kiba kya bulimba. Mukyesonyiwe. Oyo abeera ssetaani. Mukiraba? [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] "*Nze* siri mubuulizi, naye ndi—ndi muvvuunuzi. Okiraba, ndi muvvuunuzi, ayi Mukama, siri—siri mubuulizi. Ndi..." Ow'oluganda *Leo* agambe nti, "Mukama, nze siri mubuulizi, naye nni—nnina ekirabo eky'okwogera ennimi naye ssetaani yantegera mu kirabo ekyo. Ayi Katonda, nzigyaako ekintu ekyo." *Ggwe* ogambe nti, "Ayi Mukama, Ggwe wampa omwoyo w'okwawula emyoyo, era nkulabye nga Okikola emirundi mingi nnyo, naye kino kyabaawo kitya? Ayi Kitange, kinzigyeemu! Kiki ekyabaawo?" Mukiraba, bwe kityo bwe kirina okukolebwa, kati awo mubeera mulina ekintu ekya nnamaddala.

163 Mukiraba, olwo lwali lukuŋŋaana olw'abatukuvu olwa bulijjo. Ndowooza ekyo kye kyali mu Bayibuli, kubanga Pawulo yagamba nti, "Omu bw'awa obunnabbi nga waliwo ekiragulwa, ne wabaawo eki...ne wabaawo ekibikkulibwa eri omulala; leka oli asirike okutuusa nga ono amalirizza okwogera, bw'amaliriza naye alyoke ayogere. Era *mwenna* muyinza okulagula omu ku omu." Kati, mukimanyi bulungi, nti ekyo tekiyinza kuba mu lukuŋŋaana olwa bulijjo, buli omu tayinza kuwa bunnabbi.

164 Kati, okukakasa nti bwa Katonda, mulabeeyo, kubanga bwe buba busirusiru bwereere kitegeeza tebuvudde eri Katonda. Bwe butatuukirira, kitegeeza si bwa Katonda. Mukiraba? Bulina okutuukirira. Era—era kati awo mu makanisa gaffe, okiraba, ow'oluganda, awo tubeera n'ekkanisa ennywevu, mukiraba, nga tewali muntu yenna ayinza kugamba nti waliwo ekintu kyonna ekyayogerwa oba ekyakolebwa...

165 Mulabe okusoomoozebwa kwe kindeetera, bwe mbeera mu lujjudde lw'abantu. Mukulabe! Watya singa kyalimu ensobi yonna? Mukiraba? Kubanga mmwesiga. Mukiraba? Mmwesiga. Omuntu omu ayinza okumbuuza nti, "Otya okukola ensobi, Ow'oluganda Branham?" Nedda, nedda, uh-huh, sitya kukola

nsobi. Mmukkiriza. Ye Bukuumi bwange. Nnayawulibwa kukola kino era nja kusigala awo wennyini.

166 Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'akwawulidde okukola, kitegeeza Ye bukuumi bwo. Okiraba, Ajja kkukuuma. Bw'aba Yakutuma, Ajja kukakasa ekigambo kyo. Kitegeeza oli mubaka. *Ggwe* oli mubaka alina ekirabo eky'okwogera ennimi; *ggwe* oli mubaka alina ekirabo eky'okuvvuunula ennimi; *ggwe* oli mubaka alina ekirabo eky'okwawula emyoyo; mwenna abasatu. Mulaba kye ntegeeza? Kaakati awo kiki ky'obeera olina? Obeera olina ekkanisa ennywevu. Toyinza kutya. Nnali nnyimiridde wano, jjuuzi wano, eggulolimu . . .

167 Wano, nnali mu lukuŋŋaana emmanga wano. Waaliwo omuvubuka omuto Omungereza okuva e Bungereza eyajja wano, eyali agezaako okwetta. Ow'oluganda Banks yajja n'aŋŋamba nti, "Emmanga eyo amazeeyo ennaku nga nnya oba ttaano." Nnalina bingi eby'okukola, naye n'aŋŋamba nti, "Omulenzi agenda kwetta." Ab'oku Wooteeri ya Waterview emmanga eyo bantegeeza ku mbeera y'omuvubuka oyo.

168 Ne nnyingira mu kisenge okumusabira. Ne nvaayo ne ŋŋamba nti, "Kati, Ow'oluganda Banks, omusajja oyo simulabangako era ssirina kye mmumanyiiko yadde, naye ŋŋenda kukubuulira ekimutawaanya nga tetunnagendayo." Si bwe kyali, Ow'oluganda Banks? Era bwe twatuukayo, Omwoyo Omutukuvu n'akka wansi n'amutegeeza kwe kyava n'ebimukwatako byonna, na buli wamu gye yali abadde n'ebikwata ku bulamu bwe byonna. Katono, agweewo ekigwo.

169 "Otya okukola ensobi, Ow'oluganda Branham, nga ogamba omuntu ekintu bwe kityo?" Ate bwe njogerera ku kituuti, ne ŋŋamba omusajja nti si mwesigwa eri mukyala we, era yazaala omwana mu mukazi omulala? Abeera wa kukukasuka mu kkomera. Olina okukakasa nti oli mutuufu! Mukiraba? Mukiraba? Naye totya, bw'aba Katonda. Naye bw'oba totya . . . Bw'oba—bw'oba tomanyi oba nga ddala Katonda, sirika okutuusa nga okakasizza nti ddala Katonda. Kitegeerekese? Kakasa nti oli mutuufu olwo ogende mu maaso.

170 Kati, kuno kuyigiriza okukalubo, ow'oluganda, naye muli baganda bange. Mmwe—mmwe—mmwe baweereza abato abajja, nze ndi musajja mukadde, lumu ku nnaku zino nja kuba nvaawo. Mukiraba? N'olwekyo mukakase nti—nti ddala kituufu.

171 Bwe nnafuluma ekisenge kya . . . Kati kino ob'olyawo nnaakikwatako oluvannyuma wano eno. Omuvubuka . . . Naye, mu kaseera kano leka mbeeko ekitundu ku kyo kye mbanyumiza. Eggulo, nze n'Ow'oluganda Banks, twabadde n'eby'okukola bingi nnyo ddala, nnabadde (ha, bannange) nnabadde nkola nnyo, era leka—leka mbabuulire kye nnabadde ŋŋenda okukola ku lukuŋŋaana luno. Leo ne Gene naffe abalala twabadde ba kugenda eruuyi eri, wamu n'ab'oluganda, tugambe nti

tugenda kuyigga mbizzi, kuyigga enjiri. Balinayo ennaku ttaano ez'okuyigga enjiri, mu Arizona, nga olukuŋŋaana luwedde, olukuŋŋaana lwaffe bwe lunaaba luwedde. Tugende mu Phoenix tumaleyo olunaku lumu, ate tulinde okumala ennaku ttaano nga tetunnaba na lukuŋŋaana lulala, manyanga ennaku nnya nga tebannaba na lukuŋŋaana lulala walala wonna. Tujja kubeera mu Arizona mwennyini. Kale, kyakwataganye n'ekiseera ky'ekimu ekyo eky'okuyigga enjiri we kitandikira.

172 Kale nnali njagala kugenda kugezesa mmundu yange, kulaba oba ekola bulungi. Banks yali agenda nange. Ne tusimbula tufulume ggeeti, ne tusimbula tufulume ggeeti. Ne wajja omusajja nga atambula adda gye tuva, nga ayisizza akapande kali we kali (mukiraba, mu nze ne ŋŋamba nti, "Bambi togamba nti oyagala kulaba Waaluganda Branham").

173 Mulabeeyo, ensonga lwaki ekyo bakikola. . . tebakikola lwa balwadde. Bannange, ate ku nnyumba, mmwe mubuuze Banks, muliranwa wange. Abantu bajja, emisana n'ekiro ne wonna we baba baagalidde, nga balina abaana abalwadde, n'abalala aba buli ngeri. Tetulina muntu ali mu mbeera nga eyo gwe twali tugobye. Naye. . .

174 Era bampita, Leo ne banne, okuva ku kyana ky'eggaali y'omukka, ne Jim ne banne ne baŋŋamba nti, "Wano waliwo omuntu alina omwana omulwadde. Waliwo n'omusajja omulwadde wa kookolo." Buli kimu ne tukiteeka buteesi ku bbali ne tujja okusisinkana omuntu oyo.

175 Ekiro bampise mbeeko akasenge k'eddwaliro mwe ŋŋenda omwababadde omuntu eyantumizza, naye ate bwe nnatuseeyo omusajja teyaŋŋannyizza na kuyingira. Mukiraba, yabadde muntu mulala eyabadde akyamuukiridde obukyamuukirizi. Naye ekyo tekirina buzibu, era ŋŋendayo. Mukiraba? Kubanga buvunaanyizibwa bwange okugendayo, mukiraba, ngezeeko okubaako omuntu gwe nnyamba.

176 Kale, kati ekyo si ky'ekigendererwa ky'akapande ako. Naye omusajja ono, twali tuyingira tuti emmotoka, era Ow'oluganda Banks akimanyi nti nnalina oku. . . Nalindira mu nnyumba eyo okumala akabanga. Waliwo eyayingirayo okulaba Ow'oluganda Banks eyamulwisaawo. Nange olwali okutuukawo, ne mbeera awo. Naye olwali okukwata tuti emmundu yaffe tugende mu mmotoka, ne wajja omusajja n'atambula n'ayingira. N'atambula n'asembera.

177 Era nnabadde nneetegeka okumugamba afulume akube ennamba y'essimu eyo eri wabweru awo (akube BUtler 2-1519) eri ku kapande. [Ennamba y'essimu yakyusibwa.—Omuk.] Ne mmugamba nti, "Tuli mu bwangu."

Ne mmugamba nti, "Ndowooza oli mu bwangu, ssebo."

Ne ŋŋamba nti, "Erinnya lyange nze. . . "

178 Okusooka nnasembedde waali, kye yavudde ambuuza nti, “Oli otya?” Ne nkitegeera nti tammanyi.

Ne mmugamba nti, “Erinnya lyange nze Branham.”

N’ambuuza nti, “Ye ggwe Ow’oluganda Branham?”

Ne mmugamba nti, “Ye nze.”

179 N’aŋŋamba nti, “Mba—mbadde. . . Njagala kukusisinkana, Ow’oluganda Branham.” N’agamba nti, “Ndaba weetegeka kuvaawo.”

Ne ŋŋamba nti, “Yee, ssebo, nneetegeka kuvaawo.”

N’agamba nti, “Nkimanyi oli mu bwangu.”

Ne mmugamba nti, “Ndi mu bwangu mu kaseera kano, ssebo.”

180 Kye yavudde aŋŋamba nti, “Naye, mbadde njagala kwogerako naawe eddakiika ntono.”

181 Kati nabadde ŋŋenda nti okumwanukula; naye Omwoyo Omutukuvu n’aŋŋamba nti, “Mutwale mu kasenge, osobola okumuyamba.” Kaakati, awo, ekyo kikyusa buli kimu. Emmundu nnagiwummuzza buwummuza ku mabbali, n’ebirala byonna, omulimu gwa Katonda gwe gusooka. Mukiraba? Kye yavudde aŋŋamba . . .

182 Ne mmugamba nti, “Jangu, tugende.” Ne ŋŋamba nti, “Ka nkomewo, Ow’oluganda Banks.”

Omusajja n’aŋŋamba nti, “Ensonga ekwata ku mmeeme yange, Ow’oluganda Branham.”

Ne mmugamba nti, “Kale, yingira.”

Ne tuyita mu ddiiro, Meda kwe kumbuuza nti, “Obwedda tonnagenda?”

183 Ne mmugamba nti, “Nedda, nedda, nedda, waliwo wano omuntu azze.” Ne mmugamba nti, “Abaana bagambe bagende mu kisenge kiri ekirala.” Ne mmutwala mu kasenge gye nneeyawulira, ne tutuula wansi. Olwali okutuula tuti . . .

184 Omusajja oyo yabaddewo wano mu kkanisa ekiro kya jjo. Oba yakomyewo, Banks? Wa . . . Weewaawo, kale, yabadde wa kukomawo ekiro kya jjo. Yabadde . . .

185 Ekyazzeeko, Omwoyo Omutukuvu yatandise na kumubuulira linnya lye, bye yakola, ebyamubaako mu bulamu bwe bwonna, buli kimu kyonna, mukiraba, byonna byonna, buli kimu n’akimugamba. Banks mujulizi yabaddewo. Teyayasamizza na kamwa ke kwogera nange yadde ebigambo ebiwera ebibiri; naye Yasse n’atandika okumubuulira buli kimu, n’amugamba nti, “Obadde mmomboze, awatuufu obeera mu Madison. Naye kati ova mu Evansville, mu Indiana. Gy’obadde mu ssomero lino erya Bayibuli, gye wasanga eddiini ey’obulimba, n’ekutabulatabula wenna. Obadde waakajja mu

Louisville eddakiika ntono ezaakayita. Era waliwo omusajja, era omusajja oyo y'akugambye (gw'otudde n'olya naye emmeere), y'akugambye ojje wano ondabe era akugambye nti 'ajja kukutaasa okuva mu buzibu bw'olimu.'" Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA!"

186 Nga omusajja ali awo atudde, bw'atemereza amaaso ge, kye yavudde anziramu nti, "Yee, ssebo!"

Ne mmugamba nti, "Kikuwuniikirizza, si bwe kiri?"

N'agamba nti, "Mazima ddala."

Kye nnavudde mmubuuza nti, "Okkiriza Omwoyo Omutukuvu?"

N'agamba nti, "Nnandyagadde okumukkiriza, ssebo."

187 Kwe kumubuuza nti, "Wandyagadde nkubuulire ky'olowooza?"

188 N'agamba nti, "Yee, ssebo." Ne nkimubuulira. N'agamba nti, "Weewaawo, ow'oluganda, ky'ekyo ddala kyennyini."

Kye nnavudde mmugamba nti, "Kyusa ebirowoozo byo."

N'agamba nti, "Kale, mbikyusizza."

Ne mmugamba nti, "*Kino* ky'olowoozaako."

N'agamba nti, "Ky'ekyo kyennyini! Ky'ekyo kyennyini!"

189 Ne mmugamba nti, "Kati, tewetaaga kwolesebwa, weetaaga kugololwa." Ne mbaako ne kye nnamugambye awo kye mutandyagadde njogere. Singa ggwe gwe kibadde kikwatako, tewandyagadde nkyogere. Kyabadde kintu ekibi eky'entiisa, kale tewandyagadde nkyogere singa ggwe gwe kibadde kikwatako. Era Mukama by'andaga ku bantu sibyogera. Kale nnamugambye kimu nti, "Kale, onaakikola?"

N'agamba nti, "Nja kukikola."

Ne mmugamba nti, "Genda makubo go."

190 Twamazeeyo eddakiika nga kkumi n'obutawera, si bwe kiri, Ow'oluganda Banks? Wakati, w'eddakiika musanvu n'ekkumi. Ne tufuluma, ne tukomawo ku luguudo, ne tutandika olugendo, nze n'omusajja oyo ne Banks ne katabani kange, ka Joe, nzikiriza bwe twabadde, nga tuvuga, nga tweyongerayo mu lugendo lwaffe. N'akyuka gyendi, n'aŋŋamba nti, "Ssebo, nnina ekibuuzo kye nnandyagadde okukubuuza."

Ne ŋŋamba nti, "Kale."

191 N'agamba nti, "Ntabuddwa." N'agamba nti, "Wategedde otya ebintu ebyo byonna ebinkwatako?" Mukiraba? Banks yabadde atudde ludda.

192 Kye nnavudde mmubuuza nti, "Ssebo, wali owulidde ku buweereza bwange n'okwolesebwa kwe ndaba?"

193 N'agamba nti, "N'erinnya lyo nabadde ssirimanyi okutuusa essaawa nga emu emabega. Waliwo eyaliŋŋambye, yaŋŋambye kimu nti obeera mu Louisville, n'aŋŋamba nzije wano, nange kwe kusala olutindo ne nzija." Si bwe kyabadde, Banks? N'agamba nti, "N'erinnya lyo nabadde ssirimanyi, nga sikumanyi na kukumanya."

194 Kye nnavudde mmugamba nti, "Mu buweereza bwange, kirabo kya Katonda kye Yatuma."

195 N'agamba nti, "Kaakati ekyo—ekyo bwe kiba nga bwe kityo bwe kiri," n'agamba nti, "kati ŋŋenda . . . " N'agamba nti, "Kati ebyange . . . Kati ndi bulungi," n'agamba nti, "buli kimu kigenze." Mukiraba? N'agamba nti, "Ekyo kitegeeza, nti oyo abadde Katonda y'abadde akwogerereramu nga ayogera nange."

Ne ŋŋamba nti, "Ddala bwe kiri."

196 N'agamba nti, "Kati, nkimanyiiko nti mu Bayibuli nti . . . Lumu nnina we nnasoma mu Bayibuli, nga wagamba nti, Yesu yayogera eri abayigirizwa Be," nga yabadde ategeeza "bantu," mukiraba. N'agamba nti, "Yayogera eri abayigirizwa Be n'Abagamba ebintu bye baali balowooza." Mukiraba, "okutegeera ebirowoozo byabwe" kye yali ategeeza. N'agamba nti, "Yesu n'abagamba nti yali Kitaawe ye yali amwogerereramu."

Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kituufu."

197 N'agamba nti, "Kati, kati, kitegeeza Kitaffe akukozesezza bukozesa okukwogerereramu okwogera gyendi, okuntegeeza ebintu bino, okundeetera okukkiriza nti by'oŋŋambye ge mazima."

Ne mmubuuza nti, "Gabadde mazima?"

N'agamba nti, "Weewaawo." Ne mmugamba nti, "Kitegeeza abadde Katonda."

198 Kye nnavudde mmugamba nti, "Ow'oluganda, ekyo kati okitegeera nnyo " (nze ne Banks bwe twali twogera) "okusinga abamu abamaze emyaka kkumi nga bajja mu lukuŋŋaana nga n'okutuusa kati tebakitegeeranga." Kaakati ebyo—ebyo by'eby'omusajja oyo! Kati, ekyo kye kiri. Mukiraba?

**Era Omwoyo (mu nkola ennuŋŋamu) bw'ayogera ennimi nga bunnabbi zisaanye zikozesebwe mu kiseera nga olukuŋŋaana lugenda mu maaso?**

199 Nedda. Zirina kukozesebwa mu ngeri *eno*, oluvannyuma obubaka ne *butegeezebwa* mu lukuŋŋaana. Naye mu kiseera kino, mu kiseera kino kye tulimu, mubaleke boogere. Kati, bwe ziwaba ne ziba nga tezikyafugika, ezo tezibeera zzo, ekyo mubeera mulina okukyekkaanya. Kati, oluusi asobola okuba Katonda. Nga abantu abo abazoogera, balinga omwana omuto agezaako okutambula, kati, bw'agwa wansi emirundi nga ena oba etaano . . . Kati, kino nzize nkiraba ebbanga lye mmaze wano mu kkanisa, naye—naye, ne, mmala ga—gakirekerayo

bwentyo. Mukiraba? Era, naye, mulaba, naye kati ku nsonga eyo, muyinza okumbuuza nti, "Ow'oluganda Branham, kino kyo lwaki tewakigolola?" Nedda, nedda.

200 Billy Paul emabega eri bwe yali atandika okutambula, yasitukanga ate n'agwa, era yagwa emirundi mingi okusinga gye yasitukanga. Naye yali tamanyi kutambula. Naye nzikiriza yalina ekirabo ky'okutambula. Mukiraba? Namulekanga n'atambula okumala akabanga. Naye kati bwe yeekoona ebigere bye nga mukulu, kati nsobola okumunenya. Mulaba kye ntegeeza? Mukiraba? Bw'agenda amantaala nga alina ky'atunuulidde n'abaako ne kye yeekoonako, mmugamba nti, "Gundi, situkawo. Obadde otunudde wa?" Mukiraba? Kaakati, eyo—eyo y'enjawulo eriwo, mukiraba.

201 Kati, mubaleke—mubaleke beesittale era mubaleke bagira beekoona. Kati, bwe kikwetaagisa okubagolola, okugololwa okwo bwe bakugaana awo tegeera ggwe kennyini nti tekibadde kya Katonda. Kubanga Omwoyo wa Katonda afugibwa. Nga bwe mwakirabye wano gye buvuddeko katono nti, "Omwoyo w'obunnabbi afugibwa nnabbi." Mukiraba? Bwe kiri.

> [Ow'oluganda Stricker agamba nti, "**Ow'oluganda Branham, nnina kye nnandyagadde okuluŋŋamizibwamu.**"—Omuk.] Genda mu maaso, ow'oluganda. **["Emirundi mingi mbaddenga mu nkuŋŋaana ne mpulira nga boogera mu nnimi n'okuzivvuunula, naye emirundi egisinga obungi kibaddenga kimpisa bubi nnyo. Ne nzirayo eka ne mbeera nga eyeenenya olutata. Kyabaawo lwakuba nti nnali mpulira nti ennimi ezo si za Katonda, oba lwakuba zaali tezaagoberera nkola nnuŋŋamu?"]**

202 Kisoboka, ow'oluganda, kisoboka okuba ekimu ku ebyo. Okiraba? Nnyinza okugamba nti . . . Kati, ono—ono William Branham y'ayogera, okiraba; okutuusa lwe nnaayingira mu Byawandiikibwa, naye kati, ono nze, okiraba. Kati, kino nnyinza okukugamba, Ow'oluganda Stricker, nti kisoboka okuba ekimu ku ebyo. Kisoboka okuba nti zaali tezigoberedde nkola nnuŋŋamu; kisoboka okuba nti ggwe waliko ekikyamu; kisoboka okuba nti omuntu oyo ye yaliko ekikyamu; oba nga obubaka obwaweebwa bwe bwaliko ekikyamu; oba ekintu ekirala kyonna kisobola okukuleetera *okuwulira* obubi.

203 Kati, kati, leka mbeeko ne kye nkuyambamukko, wano, Ow'oluganda Stricker. Olaba? Bulijjo . . . Tolamulanga kintu kyonna nga osinziira ku nneewulira ze kireese, okiraba. Kiramule okusinziira ku ebyo ebikivaamu, okiraba; ebibala bye kibala, okiraba. Kubanga oluusi . . .

204 Weewaawo, tukimanyi bulungi nti waliwo ebintu by'owulira, nga biriko enneewulira eyo etategeerekeka. Enneewulira eyo nange kennyini ngifuna, era, nkukakasa, nneesegula mu bwangu

nnyo—nnyo ne nvaawo, nga bwe mumanyi. Naye soogera kintu kyonna. Nkireka bulesi kubanga mbeera simanyi kiki kye kiyinza kuba, mukiraba, okutuusa lwe *ntegeera* kye kiri.

205 Kati, nga abantu bangi bwe bagamba nti, "Wuuu! Ow'oluganda, mmanyi nnina Omwoyo Omutukuvu! Aleruuya! Katonda atenderezebwe!" Naye era nga tebalina Mwoyo Mutukuvu. Basobola okwogera ennimi, n'ebirala byonna, ne baleekaana ne bazinira mu Mwoyo, naye era nga tebalina Mwoyo Mutukuvu. Kubanga enkuba etonnya ku batuukirivu n'abatali batuukirivu. Okuba naye tekisinziira ku nneewulira, wabula kisinziira ku *bibala* byabwe.

206 Ka tugeze waliwo . . . Mujjukira okwolesebwa kwe nnafuna okukwata ku nsonga eyo? Engeri ekyo . . . Abaebbulaniya 6, mukiraba awagamba nti, "Enkuba etonnya ku nsi emirundi emingi okugifukirira, okubala enva ezibasaanira abo b'erimirwa, naye bw'ebala amaggwa n'omwennyango ebinaatera okugaanibwa nga enkomerero yaabyo kwokebwa."

207 Munsonyiwemu, ŋŋenda kuggulawokko tufune ku mpewo, nkimanyi mwenna mutandise okusumagira n'okukoowa. Kale kati, mulindeemu, bino kigenda kunneetagisa okubiyitamu mu bwangu bwe kitaba ekyo sijja kubikwatako. Kino kirina . . . Wano tukyali ku musingi gwa—bino byonna, bino ebiri wano eno. Naye bijja . . . Mulaba, e . . .

208 Kati tulina wano e—essamba y'eŋŋaano. Era mu ssamba eyo mulimu amaduudu, ebikwatandiga, n'ebiddoddo ebirala, ebya buli ngeri. Era, waliwo ekyeya. Kati, amaduudu n'ekikwatandiga tebiyontawalira mazzi ng'eŋŋaano bw'egayontawalira? Era enkuba ya ngeri ki . . . waliwo enkuba ey'enjawulo etonnya ku ŋŋaano n'enkuba ey'enjawulo etonnya ku kikwatandiga? Bwe kiri? Nedda, byombi bifuna enkuba y'emu. Si bwe kiri? Omwoyo y'omu akka ku munnanfuusi y'akka ne ku Mukristaayo, ekintu kye kimu. Naye ku "bibala" byabwe! Ekyo kinnyikidde, ab'oluganda?

209 Obukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu by'ebibala by'Omwoyo Omutukuvu, ebibala by'Omwoyo. Kale, ki . . . Kale, kati, oyinza okugamba nti, "Naye ndi kikolo, ndi kikwatandiga. Ndi kikolo era nga n'eŋŋaano eyo bw'eri ekikolo." Naye bulamu bwa ngeri ki obukulimu? Obulamu obukirimu bujjudde maggwa, lubeerera bubeera mu kuyomba na kusaagirira, na, "kuboggoka," bujjudde ettima n'obutayagaliza, na buli kimu kyonna. Mulaba kye ntegeeza? Malala, mukiraba, ebyo si by'ebibala by'Omwoyo. Ebibala by'Omwoyo bwe buteefu, obugumiikiriza, obuwombeefu, mukiraba, ebyo byonna. Mukiraba?

210 Asobola okugamba nti, "Naye, nange nsobola okuleekaanira waggulu ddala nga ggwe. Katonda yeebazibwe, nange Omwoyo Omutukuvu anzikako!" Ekyo kisobola okuba nga ddala

kituufu, naye obulamu bw'atambuliramu tebukwatagana na ky'ayogerako. Mukiraba? Yali muddo, yali muddo okusooka kwa byonna.

211 Kati, awo we tutuukira ku kibuuzo ekinene, mukiraba, ekikwata ku *kulondebwa*, mukiraba. Kati ekyo ky'e. . .Ekyo ky'oli. Ekyo mukitegeera.

212 *Baali* kikwatandiga okusooka kwa byonna; ate *ye* yali ŋŋaano okusooka kwa byonna. Kati waaliwo ekyeya; era enkuba bwe yatonnya n'etonnya ku batuukirivu n'abatali batuukirivu. Kati, kitegeerekese?

[Waliwo ow'oluganda abuuza nti, **"Ate ebibala by'omubuulizi, abeera a. . .abuulira Ekigambo?"**—Omuk.]

213 Oyo, omubuulizi, era kye kimu, ne bw'ayimirira awo n'abuulira Ekigambo nga Ssaabamalayika, mukiraba, nga yategeera bulungi ebyama bya Bayibuli, n'afuuka omusumba omulungi ennyo, n'agenda n'akyalira abantu n'akola ebiringa ebyo byonna, era akyasobola okubula. Mukiraba? Ebibala by'abala lubeerera bye byoleka ky'ali, ow'oluganda. Okiraba? Ye, k'abeere mulungi okwenkana wa oba kyonna ky'ali, ateekwa okuba n'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwe. Okiraba?

214 Kati, Yesu teyagamba nti, "Bangi balijja Gyendi ku lunaku luli nga bagamba nti, 'Mukama wange, ssaalagula (ssaabuulira) mu Linnya Lyo, ne nkola n'ebyamagero mu Linnya Lyo?'" Yali yayogera mu nnimi, yali yakola ebyamagero, yavvuunula ennimi, amanyi ebintu bya Katonda ebikusike, n'ebintu ebyo byonna awo; Yabagamba kimu nti, "Muve wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu, ssibamanyangako." Mulaba kye ntegeeza?

[Ow'oluganda Taylor abuuza nti, **"Ate omusajja aleeta o—obubaka obukyamu? Kubanga, ye—ye abeera alowooza mutuufu naye nga by'abuulira bikyamu."**—Ed.]

215 Kati, nzikiriza omusajja oyo bw'aba mwesimbu, nga ow'oluganda atudde wano eyabadde ayagala okuddayo gye. . .abeeko ebintu bino by'atereeza. Omusajja oyo bw'aba mulonde wa Katonda, lumu n'asisinkana Amazima, ajja—ajja kugategeera. Okiraba, "Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange." Okitegeera-. . .Olaba kye ntegeeza, Ow'oluganda Taylor? Ekyo ky'oyogerako? Okiraba?

216 Kati, eky'okulabirako, ka tugeze Ow'oluganda Crase—Crase—Crase, ka tugambe yali mubuulizi Omubaputisiti nga talina ky'amanyi ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, era nga talina n'ekimu ky'amanyi ku bintu bino, ebirabo eby'Omwoyo, naye nga mubuulizi mulungi, nga mubuulizi Omubaputisiti omwesigwa. Mukiraba? Naye lumu, n'asisinkana Amazima gano. Era nzikiriza nti buli mwana wa Katonda ajja kuba. . .buli mulembe gujja kukasuka akatimba kaagwo okutuusa lw'Anaamufuna. Obwakabaka tebusobola kujja okutuusa ng'Okwagala kwa Katonda kukoleddwa. Bwe kiri.

Era tewali n'omu ajja kuzikirira, mukiraba. Kati, mukiraba, bwe kityo bwe kiri.

217 Era Obwakabaka obw'omu Ggulu bufaanaanyizibwa n'omuntu eyasuula akatimba mu nnyanja n'akasikayo. Bwe yakasikaayo, yakwasa ebintu ebya buli ngeri. Ebyennyanja n'abisigaza, enfudu n'obufudu ne biddayo mu mazzi. N'addamu n'akakasukayo, era n'akwasaayo ebirala, ob'olyawo n'afunamu ekyennyanja kimu. Naye Yagenda mu maaso nga akasukayo akatimba okutuusa byonna lwe byakwasibwa. Kati olaba kye ntegeeza?

218 Naye ekyennyanja ekyo kyasangibwa kyenyanja okuviira dddala ku lubereberye. Kyateekebwa buteekebwa mu mikono gya Mukama asobole okukikozesa by'ayagala, kye kyokka, n'abaako ekidiba ekirala mwe yakiteeka omwali amazzi amalungi, era agatangaala. Naye era Yasigala akyakasuka akatimba mu kidiba ky'ebikere kino okutuusa lwe yakwasa empuuta zonna n'azimalamu. Olaba kye ntegeeza? Otegeera kye ntegeeza, Ow'oluganda Taylor. Oteekwa okuba nga okitegeera okusinziira ku kidiba kyo ewammwe eyo.

Kale, kati:

**113. Oyo a . . . Oyo ayogera ennimi buli mulundi abeera n'obuyinza ku Mwoyo ddi lw'alina okuzoogera na ngeri ki gy'alina okweyisaamu?**

219 Yee, ssebo. Yee, ssebo, Omwoyo Omutukuvu y'afuga. Yee, ssebo. Y'akufuga era naawe omufuga, era Talikuleetera kukola kintu kyonna kikontana na Byawandiikibwa. Ajja kukola . . . "Omwoyo teyeyisa mu ngeri etasaana." Bwe kiri. Kale.

220 "Okuva eri oyo akwagala . . ." Weewaawo, ekyo—ekyo kiri mu kifo kino. Kale, kati tugenda kubuuka tubeeko ekirala wano kye tukwatako tulabe wa we tuli.

221 Kati, ndowooza ekyo kibadde n'omusingi. Kati—kati, nga bwe ŋŋenda ku bino ebirala, bwe wabaawo ekibuuzo kyonna . . . Waliyo ekibuuzo ekirala ku nsonga eno? Ffenna tukitegedde? Kati tutegedde engeri gye tumukkirizaamu?

222 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Nninayo ekibuuzo kimu."—Omuk.] Genda mu maaso. Kikwata ku kino? Kale. ["Weewaawo, kikwata ku ekyo. Mbadde nkirese, naye . . ."] Tokireka, kuno ku—kuno ku . . . ["Obadde oyogera ku musajja oyo abuulira, n'ogamba nti bw'aba tabuulira Bubaka Kristo bwe yaleeta, ka kibeere kiki kyonna ekibaawo mu buweereza bwe. Kaakati singa asisinkana Amazima naye ate n'agagaana, olwo kiki ekiddirira?"] Abeera abuze. Nnindaamukko katono . . . ["Ekyo nkibuuzizza nga nkikwanaganya ne kiri eky'okuteekerwateekerwa oba okwawulibwa nga ensi tennatondebwa."] Ekyo kituufu. Ekyo kituufu. Okiraba? ["Kati, ekyo kiba kitegeeza nti, teyalina kuba bw'atyo?"] Teyalina kuba

bw'atyo okuva ku ntandikwa, okiraba. "Baatuvaamu kubanga tebaali kitundu ku ffe."

223 Okugeza, kiri bwe kiti, kye kintu kye kimu n'ekiri mu Abaebbulaniya 6. Okiraba? Ekyawandiikibwa ekyo abantu bakitaputa bubi nnyo, balowooza nti "tekiyinzika." Yagamba nti, "Tekiyinzika eri abo abaamala edda okwakirwa ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu, singa bagwa okubivaamu." Mukiraba, Omwoyo Omutukuvu tebamutegeera. Agamba nti, "Tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu, singa bagwa okubivaamu tekiyinzika bo okwezza obuggya olw'okwenenya, kuba babeera bakomeredde Omwana wa Katonda omulundi ogw'okubiri bo bennyini ne bamukwasa ensonyi mu lwatu; ne batwala Omusaayi gw'endagaano ogwayiika bwe Yakomererwa okuba 'ekintu ekitali kitukuvu,' ne bagirira ekyejo emirimu egy'ekisa."

224 Kati, nze gyendi, kubikkulirwa. Mazima ddala. Kiringa Ebikolwa by'Abatume 2:38, n'Ebikolwa by'Abatume . . . ne Matayo 28:19. Olina kufuna kubikkulirwa kwa Kyo, okiraba.

225 Kaakati labayo, kiikino, kintu kye kimu. Kale, kati, ayogera eri Abaebbulaniya. Okiraba? Kati soma okkirire wansi omaleyo essuula yonna, okutuukira ddala w'agamba nti, "Kubanga kigambo kya ntiisa okugwa mu—okugwa mu mikono gya Katonda omulamu." Kati, wuuno wano omusajja era nga omukkiriza oli ow'oku nsalosalo. Wano, wano waliwo e . . . Wano, waaliwo ekintu kye kimu, eky'okulabirako ekirungi ddala kye nnina mu birowoozo byange.

226 Katonda yayita Isiraeri okufuluma Misiri. Ne wavaayo abantu bano bonna, bonna ne basumululwa, ne basomoka Ennyanja Emmyufu ne bayingira mu ddungu. Si bwe kyali? Ennyanja Emmyufu . . . Bwe beetegeka, ne bawuliriza obubaka bwa Musa, baatandika okukumba, (okuggyibwako omusango) ne bakyuka, ne boolekera erudda wano.

227 Ne batuuka ku Nnyanja Emmyufu, (Omusaayi), ne basomoka Ennyanja Emmyufu, nga emabega waabwe abaali babakozesa bonna bagudde ku ttaka, nga bafudde. Mu kiseera ekyo baali babuzaayo ennaku nga ssatu zokka okutuuka mu nsi ensuubize. Mukiraba? Ze zokka ze baali babuzaayo, baali tebaweza mayiro makumi ana, mukiraba. Kati awo we baali, ennaku nga bbiri zokka zaali zibamala okutuukayo.

228 Ekyo kye nduubirira okubuulirako mu Phoenix mu nnaku ntono okuva kati, mu lukuŋŋaana lw'Abasajja Abasuubuzi, *Okusigala ku Lusozi luno*. Naye Yababeezaayo okumala emyaka amakumi ana kubanga ba . . . Uh-huh! Mukiraba?

229 Kati baatuuka wano ne batunula emabega, (nga batukuziddwa), "O, aleruuya! Katonda atenderezebwe! Ekitiibwa kibe eri Katonda. Aleruuya! Kiikyo ekintu

ekyantawaanyanga, kaakano kifu. Sigala gwe nnanywanga kaakano sikyamunywa. Omwenge gwe nnanywanga kati gwonna guli mu nnyanja emmyufu ey'Omusaayi gwa Yesu Kristo. O ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya!"

230 Nga kati bonna bali ludda eno emitala, kati boolekedde Kanani, bamaze okusomoka Yoludaani. Kati, n'aggyayo omukiise omu okuva mu buli kika. Si bwe kyali? N'abasindika emitala. Naye, abamu ku bo ne bagamba nti, "Ah, ah, ah, tetusobola kugirya. Nedda, ki—ki . . . Mazima, tulinga bwacaaka bwe twegeraageranya nabo!" Mukiraba?

231 "Kati, nnaabulira kkanisa ya bantu benkana wa bwe nnaayigiriza eby'Omwoyo Omutukuvu n'ebiringa ebyo? Eky'amazima, nja kusigaza butebe bwereere. Abantu bange Abamesodisiti bajja kugenda, n'abantu bange Ababaputisiti, n'abantu bange Abapulesibiteriyani." Oba bagenda baleke bagende. Baali mbuzi okusooka kwa byonna! Ggwe oyagala ndiga, okiraba. Okiraba? Tosumba mbuzi. Osumba ndiga! Kigasa ki okusumba embuzi nga . . . ? . . . nga waliwo endiga ezirina okusumbibwa? Mukiraba? Era muli—muli wano, mukiraba. Bulijjo ŋŋamba nti waakiri mbuulira enkondo ennya naye nga mbuulira Mazima, nga mbuulira Kkanisa. Yee, ssebo, mujje wano eno.

232 Naye kati mulaba, kye yakola? Baakomawo, naye Yoswa ne Kalebu, ebitundu bibiri ku kikumi, oba ebyo biba bitundu . . . babiri ku . . . babiri ku kkumi n'ababiri abaagenda, babiri ku kkumi n'ababiri. Kubanga, baali kkumi na babiri, kitegeeza babiri ku kkumi n'ababiri, babiri ku kkumi n'ababiri abaagenda baakikkiriza. Baagenda bukkolokkolo ne beesogga ensi ensuubize, ne bagamba nti, "Bannaaye, kino kifo kirungi nnyo okubeeramu." Bwana Yoswa ne Kalebu, nkubuulira, baali beesiga Ekigambo; Katonda yali yagibawa, yabagamba nti "eyo yammwe." Ne basomoka ne bagendayo, ne banogayo ekirimba ky'ezzabbibu, ne bakomawo nga bakisitudde *bwe bati*. "Mujje bannange! Kino kifo kirungi nnyo! Mulyeko," mukiraba, emizabbibu egyenkana nga *awo* obunene.

233 Era, ha, bali, ne babalaba, ne bagamba nti, "Nedda, tetusobola kugirya." Bwe baddayo, ne bagamba nti, "Nedda ow'oluganda, ono Musa ye yatuleeta wano eno mu ddungu," Omwoyo Omutukuvu ono, mukiraba, gwe yali akiikirira, "ye yatuleeta wano eno mu ddungu. Era kati tuutuno, obuweereza bwaffe bwayonooneka, kale tetuyinza kukola kintu nga ekyo."

234 "Tuddeyo," mukiraba, "abo abaamala okwakirwa, abaggyibwako omusango olw'okukkiriza, ne batukuzibwa." Mukiraba, baatuuka ku kyoto kino eky'okubiri ne balengera emitala mu nsi ensuubize. "Abo abaamala okwakirwa ne ba . . . ne balega ku birabo eby'omu Ggulu." Mukiraba, "abaalega" ku Mwoyo Omutukuvu. Baakomawo n'ebibala ebyo. "Weewaawo

tukiraba nti Omwoyo Omutukuvu mutuufu. Eky'amazima Omwoyo Omutukuvu tumulaba." "Abaalega ku birabo eby'omu Ggulu, ne bafuuka abassa ekimu mu Kintu kino, mukiraba, Omwoyo Omutukuvu ono, baamulegako."

235 "Ekyo kirungi, bannaaye, laba o—omusajja oli. Eky'amazima, nkimanyi yali muzibe, naye kati alaba. Laba gundi oli. . .Bannaaye, kiki ekyamutuukako? Ani yali amanyi nti omwana oyo atalina buyigirize bwonna. . .naye kati wuuli agenda atalaaga ensi yonna n'Omuliro." Mukiraba? Mukiraba? Mukiraba?

236 Naye ne bagwa okubivaamu, mulaba, ne. . .bo okwezza obuggya, okuddayo nate mu kwenenya, baddeyo mu kubuulira okwenenya mu kifo ky'ekyo kye Yasooka okwogera, nga ateekawo. . .leka tu. . .Mumanyi, ku by'okuddamu okuteekawo nate omusingi ogw'ebikolwa ebifu eri okwenenya, n'ebirala. Ebyo tunaabikola, nga Katonda ayagadde, mukiraba. Mukiraba, ebyo tujja kubikola. Tujja kuddayo emabega tuddemu tuteekewo omusingi guno, naye bo okuddayo okwenenya, okukyenenya okuba nti baaliko waggulu eri. "Munsonyiwe nnaliko waggulu eri," n'atwala Omusaayi gw'endagaano ogwamutukuza okuba Ekintu "ekitali kitukuvu," n'agirira ekyejo ebikolwa eby'ekisa. Ebibye biba bikomye, ow'oluganda! Tewali kirala. Aba akomye. Mukiraba?

237 Naye, kati, mukiraba, eri omwana omulonde ekyo tayinza kukikola. Tayinza kukikola. "Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange." Bwe ziyitibwa okugenda e Kanani oba awalala wonna, zigenda. Mukiraba? "Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange."

[Waliwo ow'oluganda abuuza nti, **"Era balina okukkiriza ne, Ebikolwa by'Abatume 2:38, si bwe kiri?"**—Omuk.]

238 Abo ekyo bakikkiriza, buli kitundu ky'Ebyawandiikibwa, byonna babikkiriza mu bujjuvu bwa Byo. Ekyo ddala bwe kiri, ow'oluganda.

**114. Waliwo bibiri, wa—waliwo ebika by'ennimi za Bayibuli eby'enjawulo bibiri? Waliwo enjawulo wakati w'ennimi ezoogerwa mu kusaba okw'omu kyama, n'ezo ezoogerwa mu kkanisa ezeetaaga okuvvuunulwa? Ku Lunaku lwa Pentekooti ennimi ezaayogerwa zaategeerebwa abantu okuva mu mawanga ag'enjawulo; naye mu Abakkolinso Ekisooka 14:2, ennimi ezitamanyiddwa zaayogerwa eri Katonda, so si eri bantu. Abakkolinso Ekisooka 13:1 walaga nti ezo nnimi za bantu**. . .(A-b-a, ndowooza ekyo kiri Abakkolinso 13, kino ki. . .). . .**nnimi za bantu ate ziri endala nnimi za bamalayika.**

239 O, weewaawo. Mukiraba? Kati, ki. . .Kati, ow'oluganda, oba yenna eyabuuzizza ekibuuzo kino, we—weyanukudde wano. Okiraba? Okiraba:

**Waliwo ennimi bbiri ez'enjawulo?** (Waliwo ennimi ez'enjawulo nnyingi. Mukiraba?) **Waliwo ennimi bbiri ez'enjawulo mu Bayibuli, ennimi ebbiri ez'enjawulo?**

240 Ku Lunaku lwa Pentekoote buli ggwanga wansi w'Eggulu lyakiikiririrwa mu nnimi ezaayogerwa. Mukiraba? Kale.

**Era waliwo enjawulo wakati w'ennimi ezoogerwa mu kusaba okw'omu kyama n'ezoogerwa mu makanisa ezeetaaga okuvvuunulwa?** Yee.

241 Ne Pawulo yazoogerako wano eno mu Bakkolinso we mwabadde mubuuza wano, n'agamba nti, "Waliwo ennimi za bamalayika n'ennimi z'abantu." Kati, ennimi za bamalayika z'ezo omuntu z'ayogera mu kusaba nga—nga ali ne Katonda, yekka. Naye bw'aba ayogera lu—lulimi olwogerwa, lulina okuvvuunulwa mu kkanisa, olw'okuzimba ekkanisa. "Ayogera mu lulimi olutamanyiddwa yeezimba yekka; naye oyo ayogera. . .oyo awa obunnabbi azimba ekkanisa." Kale n'agamba nti, "Waakiri njogera ebigambo bitaano n'amagezi gange okusinga ebigambo mutwalo mu lulimi olutamanyiddwa, okuggyako, mpozzi nga bivvuunuddwa." Kati awo—awo bibeera byogeddwa kuyita mu bunnabbi obuzimba. Mulaba kye ntegeeza?

242 Kati, e. . .Kati, waliwo ennimi bbiri ez'enjawulo, ez'abantu n'eza bamalayika. Mukiraba? Era Pawulo agamba nti, "Ne bwe njogera mu nnimi ez'abantu n'eza bamalayika," mukiraba, ez'abantu n'eza bamalayika, ennimi ezo zombi, ezo ezitasobola. . .

243 Kati, awo Abapentekoote, abantu abatwala ennimi okuba nti bwe bukakafu abagamba nti, baŋŋamba, oli yaŋŋamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, wabitabula."

244 Nnamugamba, ne ŋŋamba nti, "Kati, bw'ozifuna okusinziira ku Bikolwa by'Abatume 2:4, kitegeeza buli muntu aba yakuwulira ng'oyogera mu lulimi mwe yazaalibwa."

N'agamba nti, "Ha!" N'agamba nti "Nedda! Nedda!"

Ne mmugamba nti, "Weewaawo. Yee, ssebo."

245 N'aŋŋamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, wabitabula." N'agamba nti, "Oyogera ku. . ." N'agamba nti, "Waliwo ennimi za 'bamalayika.' Oyo ye malayika Omwoyo Omutukuvu akka wansi n'akwogereramu."

246 Kati, kiwulikika bulungi, mukiraba, kiwulikika nga ekirimu amazima agawera, naye si ge Mazima gonna amajjuvu. Ssetaani bwe yagamba Kaawa nti, "mazima ddala temulifa," ago gaali. . . yamugamba amazima agawerera ddala, naye ago si ge gaali Amazima. Mukiraba?

247 Kati, n'aŋŋamba nti, "'Abantu ne bamalayika,' era malayika gwe yali ayogerako yali. . ."

248 Kati, leka tulabe bwe kitakkiriziganye na Byawandiikibwa. Mukiraba? Kati, tekijja "kukwatagana," kye mbadde ntegeeza. Munsonyiwe, sigenderedde kugamba nti "butakkiriziganya" na Byawandiikibwa. Ntegeeza "kukwatagana" na Byawandiikibwa, oba "okugoberera, okukwatagana" n'Ebyawandiikibwa kye kigambo ekisinga obulungi.

249 "Kati, omuntu okwogera ennimi za bamalayika," yagamba nti, "ezo z'ennimi z'Omwoyo Omutukuvu nti" n'agamba nti, "kati, ggwe bw'o, ffe bwe, baafuna Omwoyo Omutukuvu."

Kye nnava mmubuuza nti, "Wa...Wamufuna ddi, wamufunira wa?"

250 Kale, n'aŋŋamba ekifo kyennyini, n'eddakiika n'essaawa. Era sibuusabuusa nti yamufuna. Mukiraba? Sirina...Si nze mulamuzi we. Mukiraba? N'agamba nti, "Awo we nnazoogerera." Yali amanyi n'ekifo kyennyini. N'agamba nti, "Waliwo eky'enjawulo ekyantuukako."

251 Ne mmugamba nti, "Nkikkiriza. Okiraba? Naye era obwo si bwe bwali obukakafu nti ofunye Omwoyo Omutukuvu, mutabani."

"Ha, weewaawo!" N'agamba nti, "Bwe, bwe bwo bwennyini!"

Kko nze, "Nedda."

N'aŋŋamba nti, "Kaakati, labayo, waliwo kye njagala okukubuulira, ow'oluganda."

252 Ne mmubuuza nti, "Abantu b'omu kibiina kyo, ab'omu kkanisa eyo mu Indianapolis gy'ogamba gye wamufunira, abantu abo baakuwulirako ng'oyogera mu Lungereza nga obabuulira ku kuzuukira n'amaanyi ga Katonda n'ebirala?"

N'agamba nti, "Nga lwaki, nedda! Nze nnayogera mu—mu nnimi ezitamanyiddwa."

253 Ne mmugamba nti, "Kitegeeza tewazifuna kusinziira ku Bikolwa by'Abatume 2:4, kubanga buli...tewaali kigambo kitamanyiddwa yadde n'ekimu. 'Tuwulira buli muntu mu lulimi lwaffe gye twazaalibwa."

254 "Ha," n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekikutabula nkirabye." N'agamba nti, "Olaba," n'agamba nti, "waliwo ennimi nga zo nnimi za bamalayika, bw'ofuna Omwoyo Omutukuvu," n'agamba nti, "oyogera mu nnimi nga tewali muntu yenna alina kuzivvuunula kati, oyo—oyo abeera Mwoyo Mutukuvu nga y'ayogera. Okiraba? Naye ate n'obeera n'ekirabo eky'okwogera ennimi, kati ezo ze zirina okuvvuunulwa."

255 Ne mmugamba nti, "Kati kitegeeza wakulembeza kigaali mu kifo ky'embalaasi. Ku Lunaku kwa Pentekoote baakulembeza kigaali mu kifo ky'embalaasi. Baasooka kwogera nnimi

ezitegeerekeka, nga tebannafuna nnimi za Mwoyo Mutukuvu, ezitamanyiddwa.” Okiraba? Kale ddala ki . . .

256 Waliwo ennimi bbiri ez’enjawulo. Ennimi za bamalayika, z’ezo omuntu z’ayogera nga alina w’ali yekka mu kusaba okw’omu kyama ng’ayogera ne Katonda, ng’ayogera ne Katonda mu nnimi za bamalayika. Nnandibadde mbaako eky’okulabirako kye mbajjukiza mu kiseera kino, naye sirina budde bumala. Mujjukira omukazi bwe yayingira mu kizimbe, mu kitundu kiri Dokita Alexander Dowie gy’ava, mu Zion. Mujjukira lwe nnagendayo? Billy bwe yajja okunkima wansi eyo antwale mu lukuŋŋaana, ne mmugamba nti, “Billy, ddayo.” Ne . . .

N’ambuuza nti, “Okaabira ki? Waliwo abadde wano?”

257 Ne mmugamba nti, “Nedda, ssebo. Ddayo, ogambe Ow’oluganda Baxter y’aba abuulira akawungeezi ka leero.”

258 Ne nfukamira wansi ne ŋŋamba nti, “Mukama, nnina buzibu ki?”

259 Amangu ago ne mpulira Omuntu ku mulyango, ng’ayogera mu nnimi endala. Muli ne ndowooza . . . Lwali Lugirimaani. Mu nze ne ŋŋamba nti, “Kati nno, oyo alabika azze kukima . . . ” Bwentyo, ne ndekera awo, okusaba, ne mmuwuliriza ng’ayimiridde awo bw’ati. Muli ne nneebuuza nti, “Naye, ebyo omusajja oyo anaabitegeera atya?” Kubanga omusajja eyali addukanya ekisulo ekyo nnali mmumanyi, kyali mayiro nga ttaano awo bwe watyo, okuva mu kibuga. Nnalina okugenda eyo (waaliwo abantu bangi nnyo), ate nga kabuga katono. Ne ŋŋamba nti, “Naye, ekyo kyewuunyisa. Uh.” Kye nnava ŋŋamba nti, “Eyo . . . Naye, kati, wali owulidde . . . kiki . . . Omusajja oyo, kyenkana abadde n’okussa tassa.” Mukiraba, mu ekyo nnali ndowooza, ku ngeri gye yali ayogeza amaanyi! Naye, kye nnava ŋŋamba nti, “Naye, kati, oyo abadde nze!” Ne nsiriikirira ddala, olaba, nga soogera kintu kyonna . . . ne nsirika be cce. Bwe waayitawo akaseera n’Alekera awo okwogera, era, bwe Yalekera awo, nnawulira nga asobola okudduka ne mpaguza ne mpita wakati mu ggye ne mbuuka n’ekisenge.

260 Ne nfuluma era Billy yali afuluma ekikomera ne mmuleekaanira ne mmugamba nti, “Lindako katono!”

261 N’akomawo, yali ava kunywa sooda. Kye yava ambuuza nti, “Taata, mutawaana ki?”

262 Ne mmugamba nti, “Lindako katono, lindako katono, ŋŋenda naawe.”

263 Mangu nnyo ne nnaaba amaaso. N’ambuuza nti, “Mutawaana ki?” Yeegendereza obutamala googera nange, nga ŋŋenda mu lukuŋŋaana. Kye yava ambuuza nti, “Mutawaana ki?”

264 Ne mmugamba nti, "Tewali, tewali, tewali, kintu kyonna. Leka tugende mu lukuŋŋaana."

265 Ne tugenda mu lukuŋŋaana, Ow'oluganda Baxter yali atudde awo nga akuba oluyimba olugamba nti, "*Tewali kintu kyonna wakati w'emmeeme yange n'Omulokozi*." N'ayingira, n'agamba nti, "Wuuu! Mbadde ndowooza togenda kujja!"

Ne mmugamba nti, "Sh." Ne ŋŋenda mu maaso ne ntandika okubuulira.

266 Bwe nnamaliriza, mu kiseera we nnamalirir iza okubuulira, bannaaye, ekyali wali, waaliwo omuntu eyali acankalannyizza oludda lw'ekizimbe olw'emabega, emabega eri mu kizimbe mwe twali. Ne batwalayo akazindaalo akalina waya empanvu, nga waliwo omukazi emabega eyo ng'atambula bw'adda eno n'eri mu lukuubo, nga bw'aleekaanira waggulu okukamala.

267 Tugenda okukizuula, nga yalina akafuba, era yali avudde mu Twin Cities, mu Saint Paul, ambyulensi yagaana okumuleeta kubanga baali batya nti amawuggwe ge gasobola okwabika. Omusawo yagamba nti, "Akantu konna, amawuggwe ge gaali nga bisenge bya njuki," yagamba nti, "singa gaabika ajja kufa bufi. Tewali kirala." Naye waaliwo abatukuvu abamu abaakwata emmotoka enkadde ey'ekika kya Chevrolet ey'omwaka gw'a '38, ne bagiggyamu entebe y'emabega ne bagitereeza, ne bamuteekamu era baali bamuleeta. Ne babaako akagulumu ke baatomera oba akantu bwe katyo nga bajja, n'atandika okuvaamu omusaayi, n'atandika okufuuwa omusaayi, era ya . . . yali avaamu omusaayi mu nnyindo na buli wamu wonna. Ne yeeyongera okunafuwa n'anafuyira ddala, era okukkakkana . . . Yali tayagala kufiira mu mmotoka, kye yava abagamba bayimirize emmotoka bamuggyemu bamugalamize wansi mu busubi.

268 Ne bamuggyamu. Era bonna baali bamwetoolodde, nga basaba, amangu ago n'agamba nti waliwo ekyamukkako n'asituka. Era n'asituka n'atambula, nga bw'agenda aleekaana mu kkubo, nga aleekanira waggulu n'amaanyi ge gonna nga bwe yali asobola. Era wano yali ku kkanisa, ng'atambula bw'adda eno n'eri mu lukuubo.

269 Kye nnava mmubuuza nti, "Mwannyinaze, ekyo kyabaddewo ssaawa mmeka?" Mu kiseera kyennyininnyini Omwoyo Omutukuvu mwe yali anjogereramu. Kyali kiki? Birabo.

270 Kyali kiki ekyo—ekyo ekyaleeta ka oposaamu kali kagalamire awo ku mulyango kasabirwe? Akasolo akatalina kye kamanyi, akatalina na mmeeme, akatayawula kituufu na kikyamu; mukiraba, tekalina mmeeme, (kalina omwoyo), naye tekalina mmeeme.

271 Kyali kiki? Yali Mwoyo Mutukuvu nga yeegayirira. Katonda yasindika ekirabo ku nsi, era Omwoyo Omutukuvu yali takyasobola kugenda mu maaso kulinda kye yava Ankwata

n'atandika okunjogereramu bw'atyo, nga y'Ayogera, nga yeegayirira Ye mwene. Era bwe twakebera obudde, ku ddakiika y'emu yennyini gye ya . . . gye baamufulumya emmotoka okumugalamiza wansi, baali baagala kulaba . . . Kubanga baali bamanyi agenda kufa, kale baali baalina okutegeeza essaawa ze yafiiriddeko. Y'eddakiika y'emu yennyini Omwoyo Omutukuvu gye yanzikako erudda eri ne ntandika okwegayirira, ne njogera, ebigambo, bye sitegeera, mukiraba, ne mbeera bwe ntyo, nga njogera. Oyo yali Mwoyo Mutukuvu ye yali ayogera.

272 Bye nnayogera kyali tekinneetaagisa kubimanya. Mukiraba, kyali tekinneetaagisa kubimanya. Oyo yali . . . ob'olyawo yali malayika we. Ekyo mu ddakiika ntono tugenda kukituukako, mukiraba, oyo eyajja gyendi n'ampa obubaka obwo, mukiraba.

273 Kati—kati, ekyo—ekyo bwe kiri. Waliwo ennimi bbiri ez'enjawulo, olumu ku zo kwe kubeera . . .

274 Waliyo ekibuuzo? Kale, kubeera kugezaako kutegeera Katonda ky'agamba, mukiraba. Kati, ku ekyo, nnyinza—nnyinza kwogera bwenti, Ow'oluganda Stricker, ku nsonga eyo, ekyo gezaako obutakirowoozaako, okiraba. Leka Omwoyo y'aba ayogera nga Ye. Togezaako kukitegeera, okiraba, kubanga ggwe weeweeyo bwewi eri Omwoyo. Okiraba? Kubanga obeera nga agezaako o—o—okumubuuza nti, "Owaaye ggwe, biki by'oyogera?" Okiraba? "Owaaye ggwe, oyogera nange? Huh?" Okiraba, ye . . . okiraba, agezaako.

115. Kati. **Kituufu omuntu okwogera mu nnimi ng'asabira abalala ku wolutaali** [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] **nga tewali kuvvuunula?** [Ebbanga ejjereere ku lutambi.]

275 Leka ndabe kye nnawandiise wano eno ku nsonga eyo, nnina okukeberako wano. Bwe watabaawo muvvuunuzi, leka asirike. Kiri mu Abakkolinso Ekisooka, essuula 1 . . . essuula ey'e 14 n'olunyiriri olwa 28. Ani alina Bayibuli? [Waliwo ow'oluganda asoma Abakkolinso Ekisooka 14:28—Omuk.]

[. . . *bwe watabaawo muvvuunuzi, leka asirikenga mu kkanisa;* . . . ]

276 Kale. Kati, bwe watabaawo muvvuunuzi, ka kibeere kiseera ki kyonna mu kkanisa, ka wabeere wa wonna mu kkanisa, sirika bwe waba tewaliiwo muvvuunuzi.

277 Ku wolutaali, ekintu kyokka omuntu ky'a . . . Emirundi mingi muwulira abantu nga bagenda ku wolutaali. Nnina ow'oluganda omwagalwa gwe nnawulira jjuuzi wano ku wolutaali, eyagenda n'abaako omuntu gwe yanyeenya ku mugongo, nga bw'ayogera mu nnimi ye kennyini, nga azoogera alinga agezaako okumulaga eky'okukola. Mukiraba, okwo kubanga (kugezaako) kukaniikirira kuleeta Mwoyo Mutukuvu eri bantu. Ekyo temukikola. Mukiraba? Ky'olina okukola kwe kuleka omuntu oyo. Leka ayimuse emikono gye okutuusa

Omwoyo Omutukuvu lw'anajja n'amuyingiramu, okiraba. Mukiraba? N'olwekyo ki—ki—kikyamu. Nedda, omuntu oyo alina okusirika mu kkanisa, mukiraba.

278 [Waliwo ow'oluganda abuuza nti, "Ow'oluganda Branham?"—Omuk.] Wangi, ow'oluganda. ["Ka tugeze omuntu ali mu lukuŋŋaana era—era ku nkomerero y'olukuŋŋaana, ebiseera ebisinga obubaka we butera okujjira, omuntu oyo alina ekirabo, anaasobola okwawula, manya asobola okwawula enjawulo wakati wa—wa malayika. . . olulimi lwa malayika oba obubaka obubeera bwogerwa mu lulimi olwo?"]

279 Kaakati, leka tulabe. Kati. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]. . . olwayingiranga bati nga obubaka obwo babuwandiika, nga babuteeka ku mmeeza yange. Mukiraba? Nga nange mbubasomerawo awo wennyini bwenti. Naye kasita nnayingiranga mu kisenge ekyo, ow'oluganda, ebyo byonna byakomanga awo. Mukiraba?

280 Era bwe baabanga tebannayingira munda wano, baayimiriranga erudda wano eno nga buli muntu asirise be cce. Era mwannyinaffe yabeerangawo awo, Mwannyinaffe Irene, yabeeranga awo ku—ku wolutaali, ng'akuba, ng'akuba oluyimba olwo olugamba nti *Wansi ku Musaalaba*. Tetwa. . . Abakebezi baabeeranga bayitaayitamu. Nga bwe balabayo omuntu yenna ayogera, nga bamugamba nti, "Sh, sh, sh." Mukiraba? Era abaana bwe baabanga. . . Baabatuuzanga wansi mu kwagala ne babagamba nti, "Tuli mu nnyumba ya Mukama, mukwano. Tolina kweyisa bw'otyo. Kati olina okweyisa obulungi mu nnyumba ya Mukama."

281 Ate omusajja n'omukyala, n'abalala, ne babalaga aw'okuwanika amakooti gaabwe n'ebirala ng'ebyo. Nga waliwo ali erudda wano eno ku mulyango okubaaniriza amangu ddala nga oluggi lugguddwaawo. E. . . n'okutegeka buli kimu mu kifo kyakyo, nga bwe mumanyi, okutegeka obulungi ekkanisa. Buli omu ne bamufunira akatebe era ne bakakasa nti afunye w'atuula.

282 Era nnabeeranga mu kisenge, nga nsaba, nga nnayingiddeyo okuva ku ssaawa nga munaana oba mwenda ez'olweggulo olwo. Nga tewali antaataaganya. Mu kkuŋŋaaniro nnayingirangayo na bubaka bwange.

283 Era akaseera ak'okutandika bwe kaatuukanga, nga omukulembeze w'ennyimba atandika oluyimba nga agamba nti, "Leka tubikkule oluyimba nnamba *gundi*," tugeze, *Wansi ku Musaalaba Omulokozi wange we yafiira*, n'endala bw'atyo, nga bwe mumanyi, ng'agenda mu maaso bw'atyo n'okuyimba. Kati bwe mwayimbangayo ennyimba nga bbiri ez'enjawulo. . . Okuyimba tetwakuwanga nnyo budde bungi; obudde obungi twabuwanga Kigambo. Bwe babaanga ab'okuyimba ennyimba, ekyo kye bakolanga mu kitundu ky'olukuŋŋaana kino

eky'okuyimba. Eri ffe—eri ffe. . .Ekigambo y'ensonga enkulu ereeta abantu, eno nnyumba ya kugololwa.

284 Era ob'olyawo ayamba ku musumba, tugeze Ow'oluganda George, Ow'oluganda George DeArk, n'akulemberamu essaala. Olwo ne tubaayo n'oluyimba olw'enjawulo, nga waliwo ayimba yekka oba oluyimba bwe lutyo. Era ekiseera bwe kyatuukanga, nga wabaawo ajja okuntegeeza nti ky'ekiseera okuvaayo. Bwe kyabanga kituuse, kale, nga nvaayo nga ndi musu wansi w'amafuta. Mukiraba?

285 Kati, ob'olyawo nga wiiki eyo balina awantu awamu wano mu kkanisa we baasisinkanidde, ne babeerako bokka. Ob'olyawo nga olukuŋŋaana bwe lwabadde terunnatandika ku olwo akawungeezi, nga baasisinkanye bokka. Era nga nnina obubaka obwavudde mu kusisinkana kwabwe. . .Nga mbulina wano, ne mbusoma ne ŋŋamba nti, "Kiwandiikidwa wano ku lupapula luno wano nti wajja kuyita omuyaga mu kitundu kino wiiki ejja," oba ekintu bwe kityo, ekintu, nga bwe mumanyi, wajja kubaawo ekintu bwe kityo. "Kyawandiikiddwa, kyayogeddwa mu nnimi, ne kivvuunulwa abatukuvu babiri okuva mu kkanisa eno wano, Ow'oluganda *Gundi* n'Ow'oluganda *Gundi*. Abajulizi babiri be baakikakasizza wano, baataddeko amannya gaabwe, nti obubaka buno bwakakasiddwa nti 'bwavudde eri Katonda,' era abajulizi abo ye *gundi* ne *gundi*." Ekyo ky'ekitundu kyange ekisooka.

286 Oluvannyuma ne ŋŋamba nti, "Kale, kino tugenda kukyetegekera, buli omu beera mu kusaba. Mukiraba? Kati waliwo omuntu yenna, alina ekyetaago eky'enjawulo?" Nga bwe mumanyi. "Leka tusabe." Nga bayimirira nga tusaba. Nga tugenda butereevu mu Kigambo, nga tuyingira mu Kigambo.

287 Era olukuŋŋaana olwabanga okugwa luti, nga twaniriza abaagala okulokoka. Mukiraba? Okuyita abaagala okulokoka kwe twassangako ennyo essira, abaagala okulokoka, okuyita abantu okujja mu maaso ku wolutaali. Era okuyita abaagala okulokoka bwe kwabanga kuwedde, olwo ob'olyawo nga nsabira abalwadde, mukiraba, oba ekintu bwe kityo.

288 Olukuŋŋaana lwonna lwatambulanga bulungi kubanga omwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi.

289 Ekyo kye nnali ndowoozaako. . .Mujjukira ekiro lwe nnalaba okwolesebwa malayika lwe yajja gyendi ng'atambula? Nnali awo mu kisenge nga ntudde, nga ndowooza. Ku ssaawa nga, ha, mu kiro eyo, nga nneebuuza nti, "'Omwoyo wa bannabbi a. . .' Ekyo kisoboka kitya?" Ne ndaba Ekitangaala ekyo nga kimyansa, wuuyo n'Ajja ng'atambula n'ayingira n'atuuka we nnali. Mukiraba? Ku olwo lwe Yantuma ku olwo lwennyini, mukiraba, okujja mu nkuŋŋaana zino.

290 Kati, nedda, abeera muntu oyo a—abeera awa obubaka. Ekyo, nzikiriza, ky'ekibuuzo kyo nti, "Omuntu awa obubaka,

asobola...o—omuntu awa obubaka, akitegeera nti abadde malayika wa Mukama oba nedda?"

291 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Kati, ekibuuzo kibadde kigamba nti, ogambye waliwo ennimi za bamalayika..." Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Sirowooza nga asobola okukitegeera. Kati, eyo y'engeri gye tukikolamu mu kaseera kano. Naye, mulaba, bwe tunaakikola nga bwe tulina okukikola, we basisinkanira awamu olw'ensonga eyo, ne...

292 Mulaba, buli kimu ku birabo ebyo buweereza. Ka tugeze, *ggwe* oyogera mu nnimi, *ono* azivvuunula, *ono* ayogera mu nnimi, *ono* awa bunnabbi; mwenna muli kitundu ku kibiina ky'abakkiriza ba wano, mu kkanisa, naye ate mulina obuweereza era waliwo ekintu kye mulina. Mugezaako okuyamba Obwakabaka bwa Katonda, okubaako ne kye bukolera ekibiina, mukiraba, n'olwekyo mmwe ab'oluganda mulina okusisinkana wamu. Y'ensonga lwaki abasumba, nga bwe tuli wano, tusisinkana wamu, tulina ekitugatta kye tufaanaganya. Nammwe ab'oluganda mulina okusisinkana awamu, ne muyiga Ebyawandiikibwa, ne mwogera mu nnimi ne muzivvuunula, ne muwa obubaka, mukiraba.

293 Naye, kati, omusajja ono singa, kati, bw'akitegeera... Abaddenga ajja mu lukuŋŋaana, naye alina ekirabo eky'okwogera ennimi. Naye, bw'ajja mu lukuŋŋaana, ayogera ennimi naye tewabaawo kuvvuunula kwonna, omuvvuunuzi tategeera by'ayogera.

> [Waliwo ow'oluganda abuuza nti, **"Kaakati ky'otegeeza abantu abo be bazimba Omubiri, naye woofiisi nga ey'abasumba, abayigiriza, n'endala bwe zityo, ze zituukiriza Omubiri?"**—Ed.]

294 Weewaawo, ky'ekyo kye balina okukola, kutuukiriza. Mukiraba? Bano baweebwa lwa kutuukiriza, okiraba. Nzikiriza, e—e—Emyoyo giweebwa kutuukiriza, kutuukiriza kkanisa.

295 Kati, bano, abantu bano aboogera, awatali kubuusabuusa, bajjuzibwa Omwoyo. Kati, wuuno wano omusajja, ob'olyawo n'ayogerera wano mu lukuŋŋaana, n'awa...Kati, ali mu maaso g'abavvuunuzi wennyini, mukiraba, naye ne watabaawo afuna kuvvuunulwa kw'ebyo by'ayogedde, eky'amazima wabaawo ekikyamu. Ekyo n'omuvvuunuzi aba tasobola kukyebeera, mukiraba. A—alina kuvvuunula nga aluŋŋamiziddwa mu ngeri y'emu nga n'oli ayogera. Ayinza n'okuba nga alina ekirabo ekya nnamaddala eky'okwogera mu nnimi, naye nga talina kirabo kya nnimi, olulimi olwogerwa. Mukiraba, a...

296 Era kati ky'alina okukola kiri nti, bw'akozesa olulimi luno, n'alaba...Kati, ky'a—aba tagezaako...Bw'agezaako okwekulumbaza, ajja kukomekkerezanga awaganyadde. Tabeera...Okusooka kwa byonna a—abeera mukyamu, mukiraba, talina ky'ajja kutuukako. Mukiraba, bw'olowooza

nti, "Weewaawo, Katonda atenderezebwe, naye omusajja oyo tayagala bwagazi kuvvuunula nnimi zange. Kye kyokka." Kati, mukiraba, abeera mukyamu okusooka kwa byonna. Ekyo kyennyini kiraga nti alina—alina ekigendererwa ekikyamu, ekiruubirirwa ekikyamu. Mukiraba?

297 Naye bw'aba n'okwagala era nga mwetowaze, ajja kugamba nti, "Kale, ob'olyawo Mukama teyayagadde kunkozesa mu buweereza Bwe. Naye era ni . . . Emmeeme yange Agiwa omukisa. Ayagala kunzimba, nkitegeere nti mmusemberedde kumpi bwe njogera mu nnimi. N'olwekyo nja kugenda mu musiri gwa apo ŋŋambe nti, 'Ayi Katonda!' Amaanyi ganzikeko ntandike okwogera mu nnimi. Nkomewo nga nziziddwa buggya, okiraba." "O, Olaba, Oyogera nange, Mukama, Ogezaako kungolola okuyita mu kundeetera okwogera mu nnimi." Mukiraba? "Kati, ayi Mukama, olwa leero mbadde nnina okwogera n'omusajja oyo. Nsonyiwa olw'obutakikola, ayi Mukama. Nna—nna—nnabuusizza amaaso ekintu kye nnabadde sirina kubuusa maaso. Kitaffe, nkwegayiridde nsonyiwa." Era, butereevu, nga atandikirawo okwogera mu nnimi. "Ah, wuuu, kati mpulira bulungi!"

298 Mukiraba, ekyo kirungi. Okiraba, ekirabo kyo—kyo tekirina kukozesebwa mu kkanisa, naye kya kukuzimba nga ggwe. "Ayogera mu lulimi olutamanyiddwa (olutamanyiddwa) yeezimba yekka." Mukiraba? Kati, bwe watabaawo muvvuunuzi, kitegeeza . . . Mulaba kye ntegeeza? Mukiraba, ky'ekyo. N'olwekyo ye ku bubwe tayinza kuzaawula. Ye akola kimu ku . . . Naye ajja kukimanya nga ali wamu n'abalala.

Kati, mu kaseera kano byonna mulina okubireka ne bikolera wamu, mukiraba, ekyo ky'ekintu kyokka kye musobola okukola okutuusa lwe munaaba nabyo nga byeyawuddemu. Eyo y'ensonga lwaki ndowooza nti . . .

**116. Nnyonnyola Abakkolinso Ekisooka 14:5.**

299 Ani akifunye amangu ennyo? Waliwo omuntu yenna akifunye? [Ebbanga ejjereere ku lutambi. Waliwo ow'oluganda asoma Abakkolinso Ekisooka 14:5—Ed.]

> [. . . *mwenna mwogerenga ennimi, naye waakiri muwenga obunnabbi: kubanga awa obunnabbi y'asinga obukulu ayogera ennimi, wabula ng'ategeeza, ekkanisa eryoke ezimbibwe.*]

300 Kale. "Nnandyagadde waakiri . . . nnandyagadde mwenna mwogerenga ennimi." Pawulo yali agezaako kugamba . . . Nga ekkanisa, kati ye mmwe—ye mmwe kkanisa yange. Agamu ku makanisa ga Pawulo tegaalina bammemba nga bano bonna be tulina wano. Bwe kiri, oluusi gaabangamu abantu nga kkumi oba kkumi na babiri. Mukiraba? Mukiraba? Kati, kaakati agambye nti, "Nnandyagadde mwenna mwogere ennimi." Ekyo kibeewunyisizza?

301 Mukiraba, e—e—ekkanisa e. . .mu Bikolwa by'Abatume 19, nzikiriza yalimu bammemba nga kkumi na babiri. Mukiraba? Baali, bantu batono nnyo, mukiraba. N'olwekyo bulijjo babaddenga batono, mukiraba. Era nzikiriza kigamba nti nga erimu, abasajja n'abakazi nga kkumi na babiri, mukiraba, mu yo.

302 Kati, bw'oba—bwe weetegereza wano, agambye nti, "Nnandyagadde mwenna mwogere ennimi. Nna—nnandyagadde mwenna mwogere, mwenna mwogere ennimi, mujjule nnyo Omwoyo Omutukuvu mutuuke n'okwogera mu nnimi. Naye" n'agamba nti "nnandyagadde waakiri muwenga obunnabbi; okuggyako nga ennimi ezo zivvuunuddwa, nga waliwo okuzivvuunula."

303 Kisoma kitya awo? Ani. . .Okirina awo, we. . .?. . .Leka tuddemu tukisome. Kati muwulirize:

304 [Waliwo ow'oluganda asoma Abakkolinso Ekisooka 14:5—Omuk.]

[*Kale mbaagala mwenna mwogerenga ennimi,*. . .]

Kati sooka okome awo, "Nnandyagadde mwenna mwogere ennimi."

[. . .*naye waakiri muwenga obunnabbi:*. . .]

"Nnandyagadde waakiri mwenna muwenga obunnabbi."

[. . .*kubanga awa obunnabbi y'asinga obukulu ayogera ennimi,*. . .]

Kati sooka okome awo.

305 Kati, ekyo kitegeeza ki nti, "Asinga obukulu y'oyo awa obunnabbi"? Ku ekyo kw'obadde oyagala nkome? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Mbadde ŋŋamba nti, 'Ekyo kyali kya njawulo. . .?. . .'"—Omuk.] Weewaawo. Mukiraba? Weewaawo. Mukiraba? Kati, wano we. . .

306 Kati, oyinza okugamba ka tugeze, kati, tulina wano abasajja babiri abatalina kye bamanyi ku by'omwoyo mu makkati gaffe akawungeezi kano. Bino tebabitegeera, ne nzija ne mbasanga nga mwenna muli. . .ne tutandikira wano mu lukuŋŋaana luno, ne—ne mutandika okwogera mu nnimi, buli omu ku mmwe n'ayogera mu nnimi, ne mwogera mu nnimi, ne mwogera mu nnimi, ne mwogera mu nnimi. Naye, kati, ekyo kiba kiki? Mukiraba, omuntu atategeera bya mwoyo, ajja kugamba nti, "Uh! Bonna bazoole!" Mukiraba? Naye bwe wabaawo awa obunnabbi, mukiraba, abeera ayogera ekintu ky'asobola okutegeera.

307 Kati, genda mu maaso osome ekitundu ekisigaddeyo. [Ow'oluganda agenda mu maaso n'okusoma—Omuk.]

[. . .*wabula nga ategeeza,*. . .]

Kiikyo. Kati agambye nti, “wabula,” mukiraba. Nna—nnandyagadde. . . A—awa obunnabbi asinga oyo ayogera mu nnimi *okuggyako* nga ono ategeezezza amakulu g’ennimi z’ayogedde. Kaakati, genda mu maaso, mukiraba.

[. . . *ekkanisa eryoke ezimbibwe*.]

Kiikyo, mukiraba, ekkanisa ezimbiddwa.

308 Kati, amakulu mu kyo, nti, ekkanisa, omusajja ono. Tulina—tulina wano eno abantu *bano* abatali ba mwoyo, muli mu makkati gaffe akawungeezi kano; tulina olukuŋŋaana luno. Ffenna tuli wano tunoonya. . . twagala kumanya bikwata ku Mukama waffe, mwenna ne mutandika okwogera mu nnimi. Nga tewali ayogedde kintu kyonna, naye ne mutandika okwogera mu nnimi. “Njagala mwenna. . . nnandyagadde. . . Ekyo kyandibadde kirungi,” Pawulo bwe yagamba. “Nnandyagadde mwenna mwogere mu nnimi, kyandibadde kirungi.” Naye watya singa wabaawo abamu ku mmwe abawa obunnabbi, oli n’asituka n’agamba nti, “BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA, ‘Waliwo omusajja atudde wano era mugenyi mu makkati gaffe. Erinnya lye ye *Gundi*. Ava mu kifo *bwe kiti ne bwe kiti*. Aleseeyo mukyala we n’abaana bana. Ali wano akawungeezi ka leero kubanga anoonya kuyambibwa. Yabaddeko n’omusawo olwa leero mu kibuga Memphis mu Tennessee. Era yagambye nti. . . Omusawo yamugambye nti alina kookolo w’amawuggwe. Afa’”?

309 Yagamba nti, “Mwenna bwe munaayogera mu nnimi ne wabaawo atategeera bya mwoyo n’ajja mu makkati gammwe, ajja kugamba. . . t’agambe nti, ‘Mwenna muli balalu oba batabufu ba mitwe?’ Naye bwe wabaawo awa obunnabbi n’abikkula ekyama ekiri mu mutima, awo ajja kugwa wansi, agambe nti, ‘Mazima ddala Katonda ali nammwe!’” Awo mukiraba?

310 Kale, kati, wano. Kati oyogera mu nnimi, naye ne wabaawo omulala n’awa okuvvuunulwa n’agamba nti, “BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA,” wansi w’okuvvuunulwa n’agamba nti, “‘Waliwo omusajja atudde mu makkati gaffe, yalese mukyala we, yabadde mu Nashville olwa leero,’” oba Memphis, oba yonna gye yabadde, “‘alina kookolo w’amawuggwe. Yazze wano, era erinnya lye ye *John Doe*,’” *Kino-na-kino* bw’atyo. Mukiraba?

311 “Okuggyako nga zivvuunuddwa,” oba, mukiraba, awo lwe zizimba. Mukiraba? Kati awo bajja kugamba. . . Omusajja oyo ajja kufuluma, agambe nti, “Leka mbeeko ne kye nkubuulira, togeza n’oŋŋamba nti Katonda tali na bantu bali eri. Ddala ali nabo! Abantu abo baabadde tebammanyi yadde.” Mukiraba?

312 N’olwekyo twagala ebirabo eby’obunnabbi nga *kw’ogasse* n’ebirabo eby’okwogera mu nnimi. Naye, mu kwogera ennimi, mukiraba, ziteekwa okuvvuunulwa. Era, bwe zivvuunulwa, buba bunnabbi. Mukiraba? Buba bunnabbi. Kati, ekibuuzo ekyo nkirina wano, mu kaseeera katono, kale nja—nja kukikwatako

mu bwangu ddala nga bwe kisoboka. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

**117. Matayo 18:10.**

[Waliwo ow'oluganda asoma Matayo 18:10—Omuk.]

[. . .*nga temunyoomanga omu ku abo abato bano; kubanga mbagamba, Nti mu ggulu bamalayika—bamalayika baabwe batunuulira ennaku zonna amaaso ga Kitange ali mu ggulu.*]

313 Kale. Kati, ow'oluganda, oba kyonna ky'oli, kubanga tekuliiko mannya, bupapula bwokka, mukiraba, eyabuuzizza kino. Nkakasa nni . . .

314 Kati, ku ekyo osobola okutwala engeri bbiri, okiraba. Naye ndowooza nti entaputa yaakyo, singa obadde ombuuzizza nti, "Nnyonnyola kino," eno y'engeri gye nnandikitapuseemu.

315 Kati, wabeewo, abikkula mu Abakkolinso Eky'okubiri, 5:1, wagamba nti, "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa . . . " Mumanyi bwe kigamba, mukiraba. "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulinayo endala," nga bwe mumanyi, "etulindiridde." Kale.

316 Kati, kati Yandi . . . Bwe weetegereza obulungi, mu Matayo 18:10, Yali ayogera ku bwe yasitula "abaana" abato. Baali baana bato, abato ddala, ab'emyaka nga esatu oba ena, be yasitula. "Ne bamuleetera abaana, omwana." *Abaana* kiva mu kigambo "omwana." Omwana abeera muto—muto, tabeera muwere naye abeera wakati w'ekigera ekyo n'emyaka egy'ekitiini. Mukiraba? Abeera tannatuuka myaka gya kwanukulira by'akola.

317 Kati, Yagamba nti, "Mwegendereze muleme *kunyooma*." Singa onoonyereza amakulu g'ekigambo ekyo, kitegeeza "kuyisa bubi." Mukiraba, "Okuyisa obubi omu ku abo." Okuyisa obubi omwana, tolina kukikola. Baana bato, tebalina kye bamanyi. Mukiraba?

318 Era kati mulabeeyo, agambye nti, "Kubanga ba . . . bamalayika baabwe batunuulira ennaku zonna amaaso ga Kitange ali mu ggulu," mukiraba. Nga kitegeeza nti, "Bamalayika baabwe, ababaka baabwe—baabwe, emibiri gyabwe, emibiri gya bamalayika gye bayingira singa bafa, ennaku zonna giri mu maaso ga Kitange mu Ggulu." Mukiraba?

319 Kati, "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde." Si bwe kiri? Ogwo mubiri.

320 Mulabeeyo wano. Bino singa mbadde n'obudde obumala okubiyitamu! Weewaawo, nkimanyi si—sigenda kubufuna. Naye, kati, leka mmale gakibawa kibeere ku lutambi, mulikitegeera.

321 Mulabeeyo, lumu ekiro Peetero yali mu kkomera. Baalina olukuŋŋaana olw'okusaba emmanga mu nnyumba ya John

Mark, mukiraba. Malayika wa Mukama n'ajja n'ayingira, Empagi y'Omuliro eyo, Ekitangaala ne kikka wansi, era Peetero yalowooza nti yali aloota bwe yalaba Ekitangaala kino nga kijja gy'ali. Bayibuli egamba nti, "Yali Kitangaala." Mukiraba? Era nzikiriza nti y'Emu eri naffe, mukiraba, Yakka wansi. Singa naffe tugwa mu buzibu bwe bumu, ob'olyawo ekintu kye kimu kiba kijja kubaawo. Mukiraba? Bw'atyo n'ayingira munda eyo, n'Agamba nti, "Jangu, ongoberere."

322 Kati Peetero n'alowooza nti, "Kati nno ndoota, naye ka ndabe ekirooto kino kye kitegeeza." Bw'atyo n'atambula n'ayita ku bakuumi, muli n'agamba nti, "Uh-huh. Kati abo tubayiseeko, oluggi lweguddewo lwokka." N'atuuka ku luggi oluddako, ne lweggulawo lwokka. N'atuuka ku luggi oluyitibwamu okutuuka mu kibuga, ne lweggulawo lwokka. Era yali akyalowooza nti aloota. Naye bwe yayimirira ebweru awo, kye yava agamba nti, "Kati, ndi wa ddembe, kati leka ŋŋende ewa John Mark tubeere n'okussa ekimu."

323 Baali eyo nga basaba bagamba nti, "Ayi Mukama, weereza Malayika Wo anunule Peetero."

324 Mu kaseera ako ne wabaawo ekyakonkona [Ow'oluganda Branham akonkona—Omuk.]. Akawala akato ne kajja ku luggi ne kabuuza nti, "Ani oyo?" Ne kawenjula akaggi akatono, ne kagamba nti, "Banaaye, ye Petero!" Ne kaddayo, ne kabagamba nti, "Abaaye mmwe, kati mu—musobola okulekera awo okusaba, Peetero azze."

Omu n'agamba nti, "Ha, bannange! Wamma mugende mu maaso," n'agamba nti, "ggwe—ggwe—ggwe oli . . . " Mukiraba?

325 [Ow'oluganda Branham addamu n'akonkona—Omuk.] N'agamba nti, "Mugguléwo! Nnyingire." Mukiraba? N'agamba . . .

Bambi ne kaddayo, ne kabagamba nti, "Nedda, Peetero ya—y'ali ku luggi."

326 Ne bagamba nti, "Bannaaye, baamaze dda okumutemako omutwe, oyo malayika we y'ali ku luggi. Mukiraba, weema ye ey'omu Ggulu, yali amaze okugifuna, kubanga eno ey'oku nsi yali ewedde okwabizibwa, kubanga yali mu Ggulu nga emulindiridde okujja."

327 Kye nnalaba luli mu kwolesebwa kuli, kwe mumanyi, bwe nnagenda emitala. "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulina endala."

328 Bwe batyo n'abato bano abatannaba kukola kibi kyonna, mukiraba . . . Mukiraba?

329 Omwana bw'aba—omwana bw'aba atondebwa mu lubuto lwa nnyina, oluba okuteekebwamu ati . . . Mukiraba? Mukiraba? Naye ekisooka abeera mwoyo. Era omwoyo ogwo ne gutandika okwambala omubiri, akaweke akatono ak'obulamu katandika

okwambala omubiri, era oluba okutonnyamu guti okuva mu. . . Kati, mu lubuto, bubeera bufumbi, bwe bubeera bukankana, nga bwesika. Ekyo tukimanyi. Bubeera butoffaali. Nga bw'okwata oluviiri lw'embalaasi n'oluteeka mu mazzi, lujja kwenyoola era lutambule, ate bw'onaalukwatako lubuuke. N'omwana bw'atyo bw'abeera.

330 Naye omwana oyo oluba okuzaalibwa ati n'ajja mu nsi muno n'assa omukka gwe ogusooka, afuuka emmeeme ennamu. Mukiraba? Kubanga omubiri ogw'oku nsi oluba okuzaalibwa mu nsi, wabaawo omubiri ogw'omu ggulu, manyanga omubiri ogw'omwoyo, ogw'okuguyingiramu. Era n'omubiri guno ogw'obutonde oluba okwambulwa, wabaawo weema ey'omu Ggulu ebeera egulindiridde. "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, waliyo ensiisira ey'omu Ggulu egulindiridde." Amangu ddala nga—nga omwana yaakatonnya ku nsi mu mubiri, wabaawo omubiri ogw'omwoyo oguba gumulindiridde okumwaniriza. N'omubiri ogw'omwoyo oluba. . .omubiri ogw'obutonde oluba okubumbulukuka wabaawo omubiri ogw'omwoyo oguba gulindiridde emitala w'eri. Mukiraba? Tuguyita "tewofaniya," mukiraba, tewofaniya.

> [Waliwo ow'oluganda abuuza nti, **"Kale, kati, kitegeeza omubiri ogwo gubeera gwa. . .gwa kaseera buseera, nga bwe balindirira okuzuukira kw'omubiri guno?"**—Ed.] Weewaawo. Okiraba? Weewaawo. O, weewaawo. **["Eyo y'embeera mwe tulibeera okutuusa o—okuzuukira?"]** Bwe kiri. Mukiraba? Mukiraba?

331 Tekinnabikkulirwa baana ba bantu. Nzikiriza. . .Nze—nze mmanyi nnakiraba. Mukiraba? Naye simanyi mubiri gwa ngeri ki, naye nnali nsobola okubakomako ne mpulira nti mbakomyeko mu ngeri y'emu nga bwe mpulira nti nkukutte mu ngalo oba ekintu ekirala kyonna. Weewaawo, bino bikwatibwa ku lutambi era ob'olyawo muliba muluzannya oluvannyuma lw'emyaka n'emyaka bwe ndiba ŋŋenze. Mukiraba? Naye. . . Era ekyo, kyonna kye kyali, mulaba, abantu bali nna—nnabakomako ne mbakwatako, era kyali kya buliwo ddala nga—nga bwe muliwo mu buliwo, ate nga tekyali. . .Tebalya wadde okunywa. Tewaaliyo lwa jjo wadde olw'enkya. Mukiraba, bwali Butaggwaawo.

332 Era kati weema eyo bwe. . .eri baavaayo mu mubiri ogwo, ne bakomawo ku nsi, era mu mubiri ogwo ogw'ekika ekyo baali bambadde obutafa. E—enfuufu y'ensi yakuŋŋaanyizibwa mu tewofaniya eyo ey'engeri emu ne baddamu ne bafuuka abantu, nga balina okulya nga bwe baakolanga mu lusuku Adeni. Mukiraba? "Naye ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde."

333 N'olwekyo abaana bano abato abataalina kibi, mukiraba, abaali batannakola kibi kyonna, *bamalayika* baabwe, "emibiri"

gyabwe (nga ogwo Peetero gwe yali aggiddemu. . .) mukiraba, gyali gibalindiridde. “Batunuulira amaaso ga Kitange, mu Ggulu,” ennaku zonna giri mu maaso Ge; “bakimanyi.” Ky’ekyo.

334 [Waliwo ow’oluganda agamba nti, “Naye kyali kikalubomukko awo Yesu we yagambira, mu kitundu ekyasooka nga Amaze okuzuukira, Yagamba nti, ‘Tonkwatako,’ Yali tannaba kulinnya waggulu. Naye ate bwe Yajja mu kisenge Tomasi mwe yali, n’Amugamba nti, ‘Jangu osonseke olunwe lwo mu mbiriizi Zange; sonsekamu olugalo lwo.’”—Omuk.] Bwe kiri, Yali tannaba kulinnya waggulu. [“Era e—enjawulo y’ebibiri, awamu we Ya—Yabagambira obutamukwatako, ate awalala n’Agamba Tomasi ajje amukwateko.”] Yali tannaba kulinnya waggulu, okiraba. Ya. . .[“‘Kubanga Ssinnaba kulinnya mu ggulu eri Kitange.’”]

335 Ekyo kituufu, olaba, Teyalina kukwatibwako okutuusa nga A. . .oluvannyuma lw’okuzuukira Kwe. Mu ttaka Yali avuddeyo, okiraba. Mu ttaka Yali avuddeyo era yali atambulatambula mu bantu, naye Yali tannaba kulinnya waggulu. Yagamba. . . Yagamba Maliyamu, Yamugamba nti, “Tonkwatako.”

Maliyamu n’agamba nti, “Labooni.”

336 N’amugamba nti, “Kwata. . .Tonkwatako, kubanga sinnaba kulinnya waggulu eri Kitange. Naye Nninnya mu ggulu eri Katonda Wange era Katonda wammwe, eri Kitange era Kitammwe.”

337 Era ekiro ekyo, bwe Yali amaze okulinnya waggulu mu maaso ga Katonda, oluvannyuma lw’okuzuukira mu bafu, yalinnya waggulu mu maaso ga Katonda. Bw’akomawo, n’alyoka Ayaniriza Tomasi okujja akwate mu mbiriizi Ze. Okiraba, Yali amaze okulinnya waggulu mu maaso ga Katonda. Ekyo bwe kiri. Kale.

**118.** Kati. **Mu Abakkolinso Ekisooka 14 wagamba nti, “Mugobererenga—mugobererenga okwagala, era mwegombenga ebirabo eby’omwoyo, naye ekisinga** mubuulirenga.**” Webster, agamba nti, “okuwa obunnabbi: kitegeeza okulagula ebigenda okubaawo mu biseera eby’omu maaso, naddala nga oluŋŋamizibwa Katonda.” Obubaka busobola. . .**Kati aba. . .ekyo—ekyo Webster ky’agamba era ow’oluganda ky’a—ky’abuuza. **Obubaka busobola okuyitibwa “obunabbi” nga tebulagula bya mu maaso?**

Nedda ssebo. *Okuwa obunnabbi* kuba “kulagula.” Okiraba? Kale.

**119.** Kati. **Abakkolinso Ekisooka 14:27, nzikiriza nti obubaka bwonna bulina okuvvuunulwa era nti tewalina kubaawo bubaka busukka busatu buweebwa mu nnimi mu lukuŋŋaana lumu bwe luti.**

338 Bwe kityo Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Nkirina wano eno nnakiwandiise. Weewaawo, tetuli . . . Ekyo bwe kiri era ekyo tukimanyi, mukiraba. Ekyo . . . Yee, ssebo, kiri . . . balina kuba mu mpalo za bantu basatu bokka. Ekyo, nakyo kiri mu Abakkolinso Ekisooka 14. Mukiraba? Bwe kiri, "mpalo za bantu basatu." Kaakati ekyo mukyekkaanye mu nkuŋŋaana zammwe, ab'oluganda. Kati, ekyo mujja—mujja kulaba nga kibaawo, mujja kukizuula nti abantu bangi bakyamuukirira. Naye kati, temugamba nti tebalina Mwoyo Mutukuvu. Naye, mulaba, Pawulo yagendayo okuluŋŋamya ekkanisa y'e Kkolinso mu nkola ennuŋŋamu gy'erina okugoberera. Ekyo fenna tukimanyi, si bwe kiri? Yalina okugiruŋŋamya mu nkola ennuŋŋamu gy'erina okugoberera. Era yagamba nti, "Ebintu byonna bikolebwenga nga bwe kisaana era mu mpisa ennungi."

339 Kati, bwe mwetegereza, Pawulo, bwe yali agendayo, bulijjo yafunanga obuzibu n'ekkanisa y'e Kkolinso. Tolina w'omulaba mu ngeri eyo nga . . . Talina kintu kyonna kye yayogera ku nsonga eyo eri kkanisa ya Efeso, yali asobola okubayigiriza obukuumi Obutaggwaawo. Tewali kintu kyonna kikwata ku bukuumi Obutaggwaawo mu—mu kkanisa y'Abakkolinso. Bulijjo beeyisanga nga baana bato, nga bagezaako okugamba nti, "Omu alina olulimi, omulala alina zabbuli." Si bwe kiri? Mukiraba? Era bw'oleka ekibiina kyo okutandika okugoberera engeri eyo . . .

340 Nga Martin Luther, yajjuzibwa nnyo Omwoyo okutuusa lwe yayogera mu nnimi. Yagamba, mu katabo ke, nti, "Nnayogera mu nnimi," n'agamba nti, "naye ekyo bwe nnaakiyigiriza abantu bange" n'agamba nti "bajja kunoonya kufuna kirabo mu kifo ky'okufuna Oyo agaba ekirabo." Ekyo kyali kituufu, mukiraba, bajja kunoonya kufuna kirabo mu kifo ky'okufuna Oyo agaba ekirabo.

341 Era ekyo abantu kye bafuna, ne batabulwatabulwa ate ne beewulira nga ab'ekitalo ennyo bwe babaleka ne boogera mu nnimi oba ekintu bwe kityo. Naye bwe kitaba kya Katonda, tekijja . . . tekijja kubaako kye kigasa. Naye tu . . .

342 Kati, amakanisa ag'omulembe ekintu kyonna gakikasuka eri, naye ffe tetukikasuka. Ffe tukkiriza nti kirabo kya Katonda era kisobola kuteekebwamu Mwoyo wa Katonda. Ekyo okyogerako ki, Ow'oluganda Roy? Bwe kiri. Yee, ssebo. Kiteekebwa mu kkanisa! Kirina kuba mu kkanisa. Ekirabo eky'okwogera mu nnimi kirina okubaamu, mukiraba, mu Kkanisa ya Katonda.

343 Kati, kaakati leka tulabe kyennyini ekibuuzo kye kye kibadde kigamba wano. Agambye, nti:

> **Nzikiriza nti obubaka bwonna . . .** (ekyo kituufu) **. . . bulina okuvvuunulwa, era bulina kuba mu mpalo za mirundi esatu.**

344 Ekyo kituufu, mukiraba, kubanga bw'oleka e. . . Kati ka tugeze, eky'okulabirako, nga mulina olukuŋŋaana nga tutudde wano ne—ne. . . Kati, kyandikoze kalungi ki okuleka *oyo* okwogera mu nnimi, n'*oyo* n'ayogera mu nnimi, n'*oyo* n'ayogera mu nnimi, n'*oyo*? Ffenna, twandimalirizza tutabuddwa butabulwa nga ne kye tukola tetukimanyi. Mukiraba? Bulina kuba mu mpalo za mirundi esatu, leka. . . okugeza nga Hollin, ayogera mu nnimi, bw'ayogera mu nnimi. . .

345 Era wateekwa okubaawo n'omuvvuunuzi. Kati, wasobola okubaawo omuvvuunuzi omu okuggyako bw'oba ng'ovvuunula olulimi lwo. Kati, ggwe. . . "Ayogera mu nnimi ezitamanyiddwa asabenga asobole okuvvuunula." Asobola okuvvuunula ennimi ze z'ayogedde nga nakyo ki—kiri mu nkola nnuŋŋamu mu ngeri y'emu nga bwe wabaawo avvuunula ennimi. Naye wateekwa okubaawo omuvvuunuzi omu nga ennimi tezinnaba. . . Bw'oba n'ekibiina ky'abantu aboogera ennimi nga tewali muvvuunuzi, awo saba ggwe kennyini osobole okuvvuunula by'o—by'oyogera.

346 Kati, tomala gakikola kwegulumiza nga ggwe, kubanga awo obeera weezimba wekka, okiraba. Ekyo tokikola. Naye yogera mu nnimi osobole okugulumiza Katonda, osobole okuzimba ekkanisa. Okiraba, byonna bya nsonga emu enkulu, ow'oluganda. Ebirabo bino bya kugulumiza Katonda, bya kuzimba kkanisa, bya kuyingiza bantu mu Katonda, kubaleetera kukitegeera nti Katonda ali naffe. Ssi Katonda omufu, wabula Katonda omulamu akolera mu makkati gaffe. Mukiraba?

347 Era tulina okubitunuulira enkaliriza, kubanga, mbabuulira, ssetaani abikyawa okukamala, mukiraba, akyawa okulaba ebirabo ebituufu ebya nnamaddala. Kubanga ebirabo binafu, era ebirabo ebyo asobolera ddala okubikozesa. Bannaaye, ha, bannaaye, asobolera ddala okubigeegeenya buli kimu ku byo. Kale eyo y'ensonga lwaki. . .

348 Kaakati, mulabeeyo, enjawulo eri wakati w'ekirabo eky'obunnabbi ne nnabbi, waliwo enjawulo ya mayiro akakadde kalamba. Obunnabbi nga tebunnaba. . . Omusajja alina ekirabo eky'obunnabbi obubaka bwe nga tebunnategeezebwa mu maaso ga kkanisa, walina okubaawo abantu nga babiri oba basatu abalina okubwekenneenya ne bagamba nti "butuufu." Bwe kiri. Naye si nnabbi. Mukiraba? Nabbi ebeera woofiisi. Ekirabo eky'obunnabbi kiba kirabo. Nabbi azaalibwa nnabbi, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ow'oluganda, mu kiseera ekyo n'okweyongerayo. Ekyo tekibaamu kintu kirala kyonna, okiraba. Oyo ye nnabbi. Naye ekirabo eky'obunnabbi, ekyo kirabo bulabo, mukiraba. Emu woofiisi ya Katonda, ate ekirala kirabo kya Katonda. Mukiraba? Era eyo y'enjawulo.

349 Kati, obubaka, nga bugamba, kati, okugeza, kiyinza okuba bwe kiti. Kati, tugenda kugamba, okugeza nga Ow'oluganda Junie, akawungeezi kano, avvuunula ennimi.

Tukimanyi nti avvuunula ennimi. Ow'oluganda Neville avvuunula, mukiraba, avvuunula ennimi. Ekyo tukimanyi. Kati, watya nga bwe tutudde wano akawungeezi kano, ha, Omwoyo wa Katonda n'abwatuka n'atandika okwogera. Ha, bannange! Ate nga tetu. . . tugenda ku. . . tulina. . . Tulinze, olukuŋŋaana lw'ekkanisa lugenda kutandika mu ddakiika ntono. Mukiraba, tu—tusisinkanye wamu nga olukuŋŋaana lw'ekkanisa terunnatandika. Ngezaako okukiteeka mu nkola entuufu gye twandibadde tukikolamu wano.

350 Kati, awo, okugira kuti, nga Ow'oluganda Ruddell asituka nga ayogera mu nnimi. Nga tusooka tulindirira. Mukiraba? Junie nga asituka nga agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA nti, 'Ekintu *bwe kiti ne bwe kiti*.'" Kale, nga wabaawo omuntu erudda wano, abawandiisi nga bawandiika wano eno, mukiraba, byonna ebyogeddwa; uh-huh, tubiwandiike mangu, kubanga bi. . . nga babifunirawo awo wennyini, by'aba ayogedde. Kale, ba. . . Bwe—bwe bigaanibwa, nga—nga mubireka, mukiraba, nga mubiyuzaamu. Naye bwe bitagaanibwa, bwe bikkirizibwa abantu babiri, awo nga biwandiikibwa erudda wano eno, nga abissaako omukono n'erinnya lye. Mukiraba? Ekyo—ekyo—ekyo kya kkanisa yo. Ekyo. . . Mwenna nkibagamba kisobole okubayamba, mukiraba, ekyo simanyi oba babeera baakikoze mu ntandikwa oba nedda.

351 Era okugira kuti, nga Hollin asituka waggulu, nga ayogera mu nnimi. Kati, omuvvuunuzi asobola okuwa obubaka bwe bumu, mukiraba, kisobola okuba ekintu kye kimu, ekintu gundi ekigenda okubaawo, nga bunnabbi; mukiraba, ekintu ekinaatera okubaawo, oba ekintu kye muteekwa okukola. Ow'oluganda Roberson nga naye asituka, emabega, nga ayogera mu nnimi. Kale. Naye asobola okuwa obubaka bwe bumu, n'okuvvuunulwa kwe kumu, mukiraba, oba busobola okuba obubaka bwa mirundi esatu.

352 Kati, Katonda tagenda kuweereza bubaka makumi ataano mu kiro kimu. Ekyo tukimanyi, kubanga te—temuyinza kubufuna. Mukiraba? Naye kyonna ekiba kinyigiriza ekkanisa, nga. . . manya kyonna kye buba bukola, kiba kya kuzimba kkanisa. Mukiraba? Kati awo si—si—siyinza kukkiriza busukka awo, mukiraba, kubanga Kigamba nti, "Babeere basatu nga boogerera mu mpalo." Mukiraba?

353 Basatu aboogerera mu mpalo, awo—awo nga ŋŋamba nti "Mugende mu maaso mubuwandiike, mubuteeke waggulu wali ku kituuti." Mukiraba? Kati enkya akawungeezi nga tuddamu tusisinkana. Mukiraba? Era bwe wabaawo ekintu kyonna eky'okubaawo wakati w'akaseera kano n'enkya akawungeezi, Katonda aba ajja kukyogera mu bumu ku bubaka obwo. Mulaba kye ntegeeza? Babeere basatu era b'ogerere mu mpalo. Era kati ndowooza, Webster agamba nti, obunnabbi busobola. . .

**Ekibuuz-. . .obubaka busobola okuyitibwa obunabbi nga tebulagula bya mu maaso?**

354 Nedda. Bwe buba bunnabbi, kuba kuwa bunnabbi, obulina kye bulagula ekigenda okubaawo. Ekyo kituufu, ddala.

355 Kale, era ndowooza . . . Kati, kino ky'ekisembayo tutuuke ku bino wano eno.

**120. Ow'oluganda Branham, ekimu ku bino ki—kisobola. . . Ow'oluganda Branham, bwe wabaawo ekimu ku bibuuzo bino. . .**Kyawandiikiddwa tayipu kale biringa ebyasanguse. **Waliwo ekimu ku bibuuz-. . .Ow'oluganda Branham, bwe wabaawo ekimu ku bibuuzo bino ky'owulira nti toluŋŋamizibwa kukyanukula oba kwewaayo. . . manyanga okukyogerako** (weewaawo), **okukyogerako, kizze ku bbali sijja kuwulira bubi yadde n'akatono. Obuvunaanyizibwa bw'omudiikoni obujjuvu bwe buliwa okusinziira ku Byawandiikibwa?**

356 Kati, nzi—nzikiriza ekyo baakitimba wabweru awo. Bwe kiba . . . Nkimanyi eyabuuzizza y'omu ku badiikoni b'ekkanisa yaffe. Kale nzikiriza baateekawo kkopi y'obuvunaanyizibwa obwo wabweru awo. Tulina okufunayo kkopi endala eziraga obuvunaanyizibwa obwo tuziwe buli omu ku badiikoni baffe bwe tuba tubadde tetunnakikola. Simanyi oba tusobola okufunayo kkopi ya bwo, Gene, oba omu . . . oba, ggwe oba Ow'oluganda Leo, oba abamu ku bo, kkopi nga . . . ne tufunayo kkopi nga mukaaga oba munaana ne tuziwa abadiikoni baffe. Eziraga obuvunaanyizibwa, obusimbiddwa mu Byawandiikibwa, omudiikoni bw'alina okukola.

**121. Bwe tubeera n'obunnabbi oba obubaka mu nnimi obutali mu nkola nnuŋŋamu, tusaanye kubugolola tutya?**

357 Kati, eyo nsonga nnungi ey'okukolwako amangu, mukiraba. Mukiraba? Kati, akuwe omukisa, omudiikoni eyabuuzizza kino, kubanga kino kintu kirungi nnyo. Ensonga eyo wandyagadde okugikwata n'obwegendereza. Kati, singa owaayo o . . . Singa wabaawo omuntu ajja mu kibiina kyaffe wano n'awa obubaka oba obunnabbi mu nkola etali nnuŋŋamu, tewaliiwo kya maanyi ky'oyinza kukikolera bw'aba ayimiridde n'awa obubaka obwo. Mukiraba? Ggwe omu . . . Abeera akimanyi nti tagoberedde nkola nnuŋŋamu era kibeera kijja—kibeera kijja . . . kisobola okutaataaganya olukuŋŋaana. Mukiraba? Naye, bwe kibaawo, ekintu ekisingayo obulungi, abadiinkoni kye balina okukola, kusirika busirisi. Mukiraba? Kubanga nnabbi ali ku kituuti eky'amazima y'abeera a . . . Mmwe—mmwe bukuumi bwe, muli bapoliisi be, mukiraba, mmwe bakuumi abatwetoolodde. Mukiraba?

358 Kati, bw'aba muntu ow'omu kibiina kyaff-. . . Bw'aba ava wabweru wa kibiina kyaffe, kitegeeza omuntu oyo teyayigirizibwa, mukiraba, aba teyayigirizibwa. Ekyo kye

tugezaako okuyingiramu wano, mukiraba, tusobole okutegeera kye tu—kye tulina okukola. Tutegeere engeri y'okutendekamu abantu baffe. Naye bwe kiba nti—bw'aba tava mu kibiina kyaffe, eky'amazima, tuba tetumanyi butya omuntu oyo bwe yayigirizibwa.

359 Eky'okulabirako, nga. . .Billy kino akijjukira, kyaliwo mu Costa Mesa, mu California. Buli lwe nnabanga ŋŋenda okuyita abantu okujja okulokoka waaliwo omukazi eyabuukanga, n'adduka okwetoloola wonna mu nkuubo, nga bw'ayogera mu nnimi, era yannemesanga okuyita abantu okujja okulokoka. Era nnalina kufulumanga bufulumi ne ŋŋenda. Nga osobola okukiraba nti Omwoyo a—anakuwaziddwa, mukiraba. Tewali kijja kunakuwaza Mwoyo wa Katonda bwe kiba nga kigoberedde enkola ennuŋŋamu. Mukiraba? [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . .nga tannaba kwetegeka kutandika, engeri gye yeetegekangamu, kubanga nnamwekkaanya. Ekyo omuweereza yenna ajja kukikola bw'alaba ekintu kyonna nga kiwaba okuva mu nkola ennuŋŋamu. Kati omukazi ono yali mabega eri n'agamba Billy, ne Billy n'antegeeza bwe nnali nnyingira ku olwo akawungeezi, n'aŋŋamba nti, "Taata, omanyi omukazi oli abadde alemesa—alemesa okuyita abantu okujja okulokoka, okumala ebiro bibiri?"

"Weewaawo."

360 N'agamba nti, "Abadde atudde wali," n'agamba nti, "aŋŋambye nti, 'Ekitiibwa kibe eri Katonda, Billy, n'akawungeezi ka leero nnina obubaka obulala!'"

361 Kale, kati, mukiraba, nnamukuumirako amaaso wansi mu kibiina we yali. Waaliwo abantu nkumi na nkumi; ky'ekiseera aba magaziini ya *Reader's Digest* lwe baawandiika ku kuwonyezebwa kwa Donny Morton, nga bwe mumanyi, *Ekyamagero kya Donny Morton.* Kale omukazi oyo nnamukuumirako amaaso, era nnali nnaatera okuyita abaagala okulokoka, n'a. . .Kati, yali teyayigirizibwa; weewaawo, yali mukazi mulungi. Naye yeetoolooza amaaso, n'atandika okutereeza enviiri ze. Enviiri ze zaali nsale, mukiraba. Kati, mukiraba, yali ava mu kkanisa ya aba Assemblies oba emu ku kkanisa ezo e—ezikkiriza ekyo. Yali atereeza enviiri ze. N'akutama wansi n'asika sitokisi ze waggulu, ne yeetegeka bw'atyo. Era mba nnaatera okutandika okuyita abaagala okujja okulokoka. . .Ne ŋŋamba nti, "Kati, bameka abali wano. . . bameka abali wano kaakano abaagala okujja mu maaso ba—baweeyo emitima gyabwe eri Mukama waffe Yesu?"

362 N'abuuka waggulu. Ne mmugamba nti, "Tuula wansi." N'agenda bugenzi mu maaso. Ne mmugamba nti, "Tuula wansi!" Mukiraba? Era, bannaaye, buli muntu. . .ne ndekera awo. Ne yeefuula nga atampulidde, ne nziramu ne mmuboggolera. Ku mulundi ogwo yampulira, kubanga ekizimbe kaabula kata

nkiyuuguumye nga njogerera mu muzindaalo ogwo. N’atuula wansi.

363 Ne ŋŋamba nti, “Kati, nga bwe mbadde ŋŋamba, bameka abaagala okujja ku wolutaali baweeyo emitima gyabwe eri Katonda?” Ne ŋŋenda mu maaso n’olukuŋŋaana, mukiraba.

364 Era ekiro ekyo bwe nnali ŋŋenda ku mmotoka, banneetoloola. Ne wajja ekibinja ky’abakazi nga bayimiridde awo ng’ekibinja ky’enkoko, ne baŋŋamba nti, “Wavvodde Omwoyo Omutukuvu.”

365 Ne ŋŋamba nti, “Ddala nnamuvodde?” Ne ŋŋamba nti, “Nnyinza ntya okuvvoola Omwoyo Omutukuvu nga ngoberera e-. . . ekyo Ebyawandiikibwa kye byogera?” Mukiraba?

366 Omukazi ono n’agamba nti, “Nnabadde n’obubaka obuviira ddala butereevu eri Katonda.”

367 Ne ŋŋamba nti, “Naye wabadde obuwa mu kiseera ekikyamu, mwannyinaze.” Ne ŋŋamba nti, “Si . . . ”

“Oyagala kuŋŋamba nti bubadde—bubadde tebuva eri Katonda?”

368 Ne mmugamba nti, “Ssisobola kukugamba bwentyo, nnyabo.” Ne ŋŋamba nti, “Nzi—nzi—nzikiriza gye bubadde buva, olaba.” Ne ŋŋamba nti, “Ka nkyogere ku lulwo, nti, ‘Nzikiriza gye bubadde buva.’ Era nzikiriza nti oli mukazi mulungi, naye obadde bweru wa nkola ennuŋŋamu.”

369 Era omusumba we yali ayimiridde awo. Nnakitegeera nti yali musumba we, mukiraba. Ne ŋŋamba . . . Ne—ne ŋŋamba nti, “Waliwo ekintu kimu kyokka kye nnyinza okwogera, nti ku bibiri wabadde mu mubiri oba olina omusumba eyakuyigiriza atalina n’ekimu ky’amanyi ku Byawandiikibwa.” Ne ŋŋamba nti, “Alina okujja ayogereko naffe ku bikwata ku Byawandiikibwa. Ekyo kyabadde kikyamu, tewagoberedde nkola nnuŋŋamu. Waziyiza emmeeme nnyingi okulokoka, ekiro kya luli, n’endala nyingi ekiro kya jjo, era obadde ogenda kukola ekintu kye kimu ekiro kya leero.”

370 Omusajja ono kye yava agamba nti, “Ow’oluganda Branham,” n’agamba nti, “Nsonyiwaamu katono.”

Ne mmubuuza nti, “Kiki ky’otegeeza?”

371 N’agamba nti, “Yabadde wa ddembe okuwa obubaka obwo, wabadde omalirizza okubuulira.”

372 Ne mmugamba nti, “Nnabadde nkyali ku kituuti, ate omwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi. Nkyali ku kituuti.”

N’agamba nti, “Kale . . . ”

373 Ne ŋŋamba nti, “Nnabadde nkyalina Obubaka. Nnabadde mpita bantu kujja kulokoka, awo nnabadde nsikayo katimba. Nnabadde nkasuse akatimba kange, nga kati nkasikayo. Leka kukasukayo sseŋŋenge oba ekintu bwe kityo kugoba byannyanja

byange, okiraba." Ne ŋŋamba nti, "Nnabadde nkyasikayo katimba kange." Ne—ne ŋŋamba nti, "Yataataaganyizza e—ekikolwa eky'okuyingiza emmeeme. E. . . Kigasa ki okubuulira oba okukola ekintu ekirala kyonna singa toyita era n'ofunayo aboonoonyi abajja? Okiraba?"

374 N'agamba nti, "Naye, obubaka bwe bwazze luvannyuma lwa bubaka bwo. Obubwe bwabadde tebuva ku kituuti . . . Obubwe bwabadde buva eri Katonda."

375 Ne ŋŋamba nti, "'Omuntu yenna bwe yeerowooza okuba ow'omwoyo oba nnabbi leka ategeere nga bye njogera bye Biragiro bya Mukama waffe. Naye bw'agaana okutegeera, leka aleme okutegeera. Tetulina mpisa ng'eyo, wadde Ekkanisa ya Katonda,'" nga nnokola Pawulo, nga bwe mumanyi. Ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo, tewaabadde bubaka busu! Ye . . . Yesu yagamba nti, 'Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba naye Ekyange gabeere amazima.' Pawulo yagamba nti, 'K'abeere Malayika avudde mu Ggulu singa ajja n'ekintu ekirala kyonna ekitali nga ekiri Muno, leka akolimirwe.'" Ne mmugamba nti, "Ssebo, waviira ddala ku mulamwa." Ne mmugamba nti, "Kkanisa ya ngeri ki gy'olina? Eteekwa okuba ejjudde kavuyo keereere. Okiraba? Abantu abo bw'obaleka okukola ekyo onaayinza otya okuyita abantu okujja okulokoka? Omukazi oyo alina obuweereza, bonna balina obuweereza, naye mulina ekiseera eky'obuweereza bwammwe, mukiraba, obwabaweebwa."

376 Kale bwe kityo bwe kiri. Nedda, era kati ekintu bwe kityo bwe kibaawo mu kkanisa *yaffe*, nga kino, nga kikolebwa abamu ku baganda baffe oba bannyinaffe wano mu kkanisa aboogera ennimi, kati, abadiinkoni oluvannyuma nga ekkanisa esiibuddwa, nzikiriza olukiiko lwonna wamu lulina okubasisinkana, ne bagamba nti, "Leka tubeeko bye tukuteerako ku lutambi obiwulire, mu ddakiika ntonotono, okiraba." Mukiraba, oli . . . Oba—oba, omusumba, amugambe nti, "Nka—nkakasa omusumba yandyagadde okwogerako naawe. Wandyagadde okujja tusisinkane mu kasenge akasomerwamu okumala akaseeera katono, olaba, ow'oluganda." Awo, era bwe muyingira munda mwogere naye bulungi nnyo. Mukiraba? Era mugambe nti . . .

377 Naye, kati, omuntu oyo singa ava ku nkola ennuŋŋamu n'ataataaganya omusumba wammwe, mukiraba, bwe—bw'aba ataataaganya omusumba wammwe, awo mmwe abakadde mulina okumutuukirira ne mumugamba nti, "Weefuge." Kati omusumba bw'abawenyaako mukkakkanye omuntu oyo, awo abeera amaze okukwata omwoyo ogumuliko, nti gu . . . nti ataataaganya omwoyo gw'olukuŋŋaana, mukiraba.

378 N'olwekyo singa omusumba asirika n'akoteka omutwe gwe mu ngeri ey'obukkakkamu, awo tobaako kintu kyonna

ky'oyogera. Mukiraba? Tobaako kintu kyonna ky'oyogera; kirekere omusumba. Naye amaaso gakuumire ku musumba wo. Bw'akuwenyaako bw'atyo, nti olina okukikomya, awo genda eri omuntu oyo n'okwagala okw'Ekikristaayo, omugambe nti, "Muganda wange, mwannyinaze," kyonna ky'ali, "Olabika ovudde mu nkola ennuŋŋamu, kubanga otaataaganya nnabbi, okiraba. Alina obubaka obuva eri Katonda. Bw'anaamaliriza obubaka bwe, awo tujja kutunula mu nsonga eno." Mukiraba, bw'aba amutaataaganya.

379 Naye singa kibaawo ku muntu ow'ebweru, era omusumba mu bukkakamu n'asiriikirira n'alindako okumala eddakiika, oluvannyuma n'a . . . ob'olyawo n'addamu n'agenda mu maaso ne ky'abadde ayogerako, mukiraba. Kale . . . Naye bwe wekkaanya obulungi, ebitundu kyenda ku kikumi eky'emirundi ennimi ezo gye zoogerwa, n'okuvvuunulwa, kubeera kunokola bunokozi Byawandiikibwa ebimu oba ekintu bwe kityo, ekiraga nti ob'olyawo bya mubiri ku njuyi zombi. Mutegeera kye ntegeeza bwe ŋŋamba bwentyo. Mukiraba? Kale.

**122. Abantu abasukka mu omu bakkirizibwa okwogera obubaka mu nnimi awatali kuvvuunula?**

380 Nedda. Balina kwogera omu ku omu. Mukiraba? Omu awa . . . Omu ayogera, oluvannyuma ne wabaawo okuvvuunula. Mukiraba? Kubanga omulala singa ayogera, leka kuddeko okuvvuunulwa; kubanga bwe mutakikola bwe mutyo, avvuunula tajja kumanya ky'akola kubanga waliwo obubaka bwa mirundi nga ebiri oba esatu obumutomera omulundi gumu, mukiraba, kale bujja kumutabulatabula. Ate nga Katonda si wa kuyoogaana, mukiraba. N'olwekyo leka omu ayogere, omulala avvuunule ebyogeddwa. Mukiraba? Era awo . . . Leka bawe obubaka bwa mirundi esatu, naye leka buli bubaka buvvuunulwe.

381 Kitegeeza tujja kubeera . . . Okugeza Ow'oluganda Ruddell bw'anaayogera ate Ow'oluganda Neville n'avvuunula, Ow'oluganda Fred alina okusirika. Mukiraba, tufune okuvvuunulwa kw'obubaka buli obwogeddwa. Ekisooka, buteekwa okusooka okwekenneenyezebwa, okulaba oba nga buvudde eri Katonda oba nedda, okusooka kwa byonna. Mukiraba? Awo byonna biba bulungi. Kaakati, singa Ow'oluganda Ruddell ayogera, n'Ow'oluganda Beeler n'ayogera, n'Ow'oluganda Neville n'ayogera, musajja wattu omuvvuunuzi abeera alina obubaka bwa mirundi esatu omulundi gumu; kiki—ki, anaamanya atya eky'okukola? Mukiraba? Mumuweemu ku kalembereza. Wa obubaka osirike, olindeko. Bwe wabaawo ekibikkulirwa eri oyo addako amuliraanye; leka asirike, atuule butuuzi. Mukiraba? Awo wabeewo okuvvuunula.

382 Awo, bwe kujja, mukuwandiike, mulabe abaawula emyoyo kye bagamba. Mukiraba? Bwe bagamba nti, "Kale, buvudde

wa—wa Katonda." Kale, kati waba waliwo obubaka, mukiraba, mubuwandiike wansi. Oluvannyuma mulindeko katono. Era bwe wanaayitawo akaseera, awo, Omwoyo ajja kutambula amukkeko, ayogere. Awo avvuunula alindeko katono, alabe Omwoyo Omutukuvu ky'agenda okwogera. Awo Ajje awe okuvvuunula kw'obubaka obwo, mukiraba. Era wabeewo abuwandiika, mukiraba. Era leka bubeere bwa basatu nga boogera mu mpalo.

**123. Ow'oluganda Branham, tukimanyi nti oli mubaka eyatumibwa okuva eri Katonda eri omulembe gw'ekkanisa guno. Obubonero bwe bumu obwagoberera Yesu tubulaba nga bukugoberera, era tu...tutegeera lwaki abamu abakumanyi obulungi balowooza nti oli Masiya. Osobola okunnyonnyola enjawulo eriwo mu nkolagana gy'olina ne Katonda ne Kristo gy'alina naye?**

383 Kati, ab'oluganda, ekyo nkimanyi, kituufu. Mulabeeyo, leka tulindeko, nnina kye nnawandiise wano ku nsonga eyo, mulindeeko katono. Mulaba, emirundi mingi bakitegeera mu ngeri enkyamu. Mukiraba? Naye, kati, mu muntu oluusi... Kati njagala abamu ku mmwe mubikkule nange mu Lukka, essuula ey'oku 3 n'olunyiriri olw'e 15. Ekyo nga bwe mukikola, nsobola okubaako ne kye mbagamba...Bwe mukifuna, kiri mu Lukka 3, kiri...kiyinza...kiri mu...Leka nkole bwenti... sigenda kuggalawo luggi, kubanga tewali aliwo. Kino leka—leka nkibabuulire, ab'oluganda. Muzze mukiwulira, buli wamu wonna. Naye muleke mbabuulire, mukiraba, kirina kujja mu ngeri eyo. Kirina kujja mu ngeri eyo. Singa tekyali bwe kityo obubaka bwange nnandibwenenyezza.

384 Muwulirize, ab'oluganda, mbakuutira mu maaso ga Kristo kino mu—mu—mukyesigalize, naye bwe muba ba mwoyo mujja kukitegeera. Mukiraba? Temumanyi kintu kye Yasookera ddala kwogera emmanga eri ku mugga? Temujjukira kye Yayogera? "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Kristo okw'omulundi ogwasooka, Obubaka bwo..." Obubaka bwe bugenda okukulembera Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'Okubiri. Ekyo Malayika wa Mukama kye yagamba.

385 Kati, kaakati mulabeeyo. Kati, "Nga Yokaana Omubatiza..." Kati, ekyo mwenna mwali mukiwulidde. Mwali mukisomyeko mu bitabo, ne muwulira n'abantu abaali bayimiridde awo abaakiwulira nga Kyogerwa, n'ebirala byonna, Malayika oyo Yennyini bwe yayogera obubaka obwo n'agamba nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Kristo okw'omulundi ogwasooka, otumiddwa n'Obubaka buno, era bwe bujja okukulemberamu Okujja kwa Kristo okw'omulundi Ogw'okubiri." Kaakati, "Obubaka."

386 Kati, bwe mwetegereza obulungi, era nna...Willie omuto

erudda eri yateeka erinnya lyange wansi w'emmunyeenye eyo, era eyo y'ensonga lwaki nnagiyiseeko, mukiraba, kubanga si—sirowooza . . . Kati, ŋŋenda kuba mwesimbu nga bwe nsobola, sirowooza nti nnina akakwate konna n'omubaka oyo, mukiraba. Ekyo kituufu. Nzikiriza nti ob'olyawo nnatumibwa okubeera ekitundu mu Kkanisa Ye, okuyamba okuzimba Obubaka obwo okubaako we mbutuusa oyo anaakulemberamu bw'aliba azze, bw'alijja w'alibusanga.

387 Naye nzikiriza, nze n'ekyo kye ndi, ndi . . . nzikiriza nti nnina Obubaka obw'ekiseera kino. Nzikiriza nti guno gwe Musana ogw'ekiseera kino, era nzikiriza nti gusonga mu maaso eri ekiseera ekyo ekijja, mukiraba, nzikiriza nti Obubaka bwe yagamba emmanga eri nti, "Obubaka bw'olina." Kati, bwe muba mwakyetegereza nti Emmunyeenye eri eyasituka erudda eri, yali . . .

388 Leka nkikole nga . . . Nkimanyi wano ndi—ndi mu kulya budde bwange, ate nga nkyalinawo bino ebirala, ebibuuzo ebirungi bwe bityo. Saagala . . . E—essaawa zisusse mu ssaawa nnya ez'ekiro kati, kale, era nkimanyi mwagala kudda waka. Mukiraba? Naye muwulirize wano. Leka mbeeko ne kye mbalaga. Musobola okunnyongerayo—eddakiika endala ntono nnyo? Kale, kale.

389 Kaakati mulabeeyo, kati leka mbeeko ne kye njogera. Kaakati, mmwe ab'oluganda kino mukikuumire wakati mummwe. Mukiraba? Kati, kino mukikuumire mu mmwe. Nteekwa okubaluŋŋamya mu kino kubanga oli musumba wange . . . muli basumba bange n'ebirala bye muli, mukiraba, era kino nte—nteekwa okukikola. Era muli baganda bange abakola awamu nange mu Bubaka buno. Mukiraba?

390 Kati, ku kikwata ku nze nga nze, omuntu, ndi nga mmwe mbasinga n'okuba obubi. Nze—nze—nze . . . Bangi ku mmwe mwenna muva mu maka agali ku musingi ogw'Ekikristaayo n'ebirala bwe bityo. "Nze ow'olubereberye mu boonoonyi," nga bwe kyayogerwa olumu, "mu mmwe." Ndowooza, obulamu obusingayo okuba obwa wansi, omuntu bw'asobola okutambuliramu, nga omuntu atakkiriza era abuusabuusa, bwe ntyo bwe nnali.

391 Naye okuviira ddala nga nkyali muto nnali nkimanyi nti waliyo Katonda, era nakimanya nti waliwo ekintu ekyabaawo mu bulamu bwange. Era ekyo—ekyo tekiriiko kubuusabuusa kwonna, muganda wange. Mukiraba? Naye leka njogere kino, nti walijja—walijja Obubaka, era walijja omubaka. Nzikiriza nti bw'aliba muntu aliba—aliba muntu alijja ennyuma wange. Mukiraba? Aliba . . . Naye Obubaka buno bwe mbuulira bwe Bubaka obutuufu obw'ekiseera kino, era bwe Bubaka obusembayo. Mulaba kye nkola, ab'oluganda? Mwenna mbateeka mu kifo kye kimu mwendi, kubanga nammwe muli

mu kifo kye kimu nange mwendi. Muli babaka ba Bubaka buno bwe bumu.

392 Mulabeeyo wano, nnina eky'okulabirako. Ndo—ndowooza nsobola okukinnyonnyola obulungi nga nkozesa eky'okulabirako. Oluggi luno leka ngira nduzzizzaawokko ekitundu. *Ono* ye Yesu, n'*oyo* ye Yesu; kaakati, *ono* ŋŋenda kumuteeka wano eno, mu Gesusemane, n'ono *wano* mmuteeke *wali*. Kati, tosobola. . .Kino ssaakyogera na kukyogera eri ekkanisa. Kaakati, mujjukire, kyali kitangaala nnabaki (emmunyeenye) eyakulembera abasajja abaali banoonya amagezi, "*okutuluŋŋamya eri Omusana Gwo ogutuukiridde*"?

393 Kati ŋŋenda kuyimirizaaamukko wano katono mbeeko ne kye mbabuulira. Ka tusikeyo ekintu ekyo. . .ekyo Willie kye yakola ekiri waggulu awo, tugambe nti kituufu. Leka tugambe nti kituufu. Ekyo ssisobola kukyogera, ab'oluganda. Okwo kuba kwegulumiza. Ekyo, sisobola. . .Ne bwe nnandibadde nga nkikkiriza, era ssandikyogedde. Mukiraba? Bwe wabaawo akyogera, ekyo kiri gy'ali.

394 Naye, wano, nga bwe nnaakabuuzibwa, abamu ku balenzi, oba basobola okuwa obujulizi ku bimu ku bintu ebyabaawo. Ssaagala kuyimirira mu kituuti kuwa bujulizi ku kintu kyabaddewo mu lukuŋŋaana. Ekyo leka maneja oba omuntu omulala akikole, omuntu omulala k'akikole. Ekyo nze ssaagala kukikola.

395 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Ne Yokaana baamutuukirira ne bamubuuza nti, 'Ggwe Kristo?'"—Omuk.] Weewaawo, ky'ekyo, kye ngezaako okutegeeza. ["'Ye ggwe Nnabbi oli?'"] Yakyegaana. ["Talina n'ekimu ku byo kye yayogera, yagamba kimu nti, 'Nze ndi oyo ayogerera waggulu mu ddungu.'"] "Eddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu." Yeeteeka mu kifo ekituufu.

396 [Ow'oluganda omulala agamba nti, "Baamubuuza oba nga ye Nnabbi oli, n'agamba nti 'Ssi ye nze.'"—Omuk.] Weewaawo. Kati. . .Kubanga Nnabbi yali Oyo Musa gwe yayogerako. Mukiraba, oyo ye Nnabbi, mukiraba. Okiraba? Naye yali yeemanyi ky'ali, mukiraba. Naye yabagamba, kati, nti. . . Yabagamba, mukiraba, n'agamba nti, "Nze ddoboozi ly'oyo. . ." Oyo yali ye. Ya—yayogera ki kye yali. Mukiraba? Naye yali. . .

397 Genda mu maaso. [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Kristo bwe yajja mu kiseera ekyo, abaali bagoberera Yokaana, bajja gy'Ali, ne bamugamba nti, 'Twayigirizibwa okukkiriza nti Eriya y'alisooka okujja nga Masiya tannajja.' N'abagamba nti, 'Bwe muba musobola okukikkiriza.'"—Omuk.] Oyo ye yali ye. Bwe kiri. Bwe kiri. Era Yokaana yabeeranga agamba nti, "Ssirina kyendi! Ssirina kyendi! Ssisaanidde na kusumulula ngatto Ze!"

398 Naye ate kiri kitya Yesu bwe yamwogerako? Yababuuza nti, "Ani gwe mwagenda okulaba?" Yee. Yee. "Mwagenda kulaba

lumuli olunyeenyeezebwa empewo? Oba mwagenda kulaba ki, omuntu ayambadde engoye ezineekaaneka n'eby'okwejalabya n'ebiringa ebyo?" N'agamba nti, "Abo bali mu lubiri lwa kabaka. Naye mwagenda kulaba nnabbi? Mbagamba nti weewaawo, asukka ne ku kubeera nnabbi." Yali asukka ne ku kubeera nnabbi, yali mubaka w'endagaano. Ekyo kye yali. Yali asukka ku kubeera obubeezi nnabbi. Yagamba nti, "Tewabangawo muntu mu abo abazaalibwa omukazi amwenkana n'okutuusa kati." Mukiraba?

399 Ky'ekyo kye kyali, mukiraba, yali mubaka wa ndagaano. Ye yamwanjula n'agamba nti, "Ono ye Wuuyo." Bannabbi bali abalala bonna *baamwogerako* bwogezi, naye Yokaana yagamba nti "Ono *ye* Wuuyo." Mukiraba?

400 Kaakati mulabeeyo. Kati mwetegereze. Abasajja abagezigezi baagoberera emmunyeenye. Ŋŋenda kukizzaayo nkinnyonnyole mu ngeri ennyangu, mukiraba. Abasajja abagezigezi baagoberera emmunyeenye, nga babuuza nti, "Ali ludda wa Kabaka w'Abayudaaya?" Oluyimba olwo mwali muluwuliddeko. "Twalaba Emmunyeenye Ye e buvanjuba era tuzze okumusinza." Ekyo mwali mukiwuliddeko, mwali mukisomyeko mu Byawandiikibwa. Kale.

401 "Nga twolekedde ebugwanjuba, tutambula tugenda mu maaso, tuluŋŋamye eri Omusana Gwo ogutuukiridde." Mukiraba, emmunyeenye yali ebaluŋŋamya eri Omusana ogutuukiridde, kubanga emmunyeenye yali eyoleka bwolesi Kitangaala ekyo. Awo we twajja kino olunaku lwa luli. Mukiraba? Bameka abaali wano ku Ssande ekyo abaakiraba? Mukiraba, nnali nnaakamaliriza okukibuulirako. Ekitiibwa kya Mukama ne kyeyolekera mu mmunyeenye, era emmunyeenye n'ekyoleka. Malayika wa Mukama yali ayimiridde wano eno ku kituuti nga ayolesa Ekitiibwa ekyo, okuva mu Kitiibwa kya Mukama. Ekintu kye kimu kyennyini. Nga kirabisibwa ddala nga bwe kiri. Nga bw'otunula wano eno ku kyannamaddala, n'otunula n'erudda eri nga Kyeyolekera ddala ne ku ludda luli bwe kityo. Mukiraba?

402 Kaakati mwetegereze kino, kati, emmunyeenye eyo yava mu buvanjuba. Si bwe kiri? Yali mmunyeenye ya nkukunala. Kale. Era ani eyali emmunyeenye yennyini ey'oku nsi mu kiseera Yesu we yajjira? Mazima, yali Yokaana. Ye yabaluŋŋamya okubatwala eri Omusana ogwo ogutuukiridde. Si bwe kiri? Ekyo kyali mu buvanjuba mu kujja kwa Yesu okwasooka. Era, kati, waliwo emmunyeenye entonotono nnyingi ezisala mu bwengula okutuusa lwe zituuka ku mmunyeenye ey'akawungeezi.

403 Era emmunyeenye ey'akawungeezi eyaka kawungeezi. Emmunyeenye ey'enkya eyaka ku makya. Era zombi mmunyeenye za kigero kye kimu era za kika kimu. Kati ebibiri n'ebibiri bikwanaganye wamu ojja kukifuna, mukiraba.

Mukiraba, kiikyo. N'olwekyo si. . .Emmunyeenye si ye Masiya, wabula eyolesa bwolesa Masiya.

404 Kati, emmunyeenye teyolesa kitangaala kyayo ku bwayo. Wabula emmunyeenye eyolesa kitangaala kya njuba. Si bwe kiri? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Nedda."—Omuk.] Huh? ["Kiri bwe kiti. Omwezi gwe gukikola; emmunyeenye zoolesa kitangaala kyazo."] Weewaawo. Weewaawo, omwezi, weewaawo, gwol-. . .Kye mbadde ntegeeza kiri nti omwezi gwe gwolesa ekitangaala kino. Weewaawo, Uh-hum. Kati, emmunyeenye singa—singa eba ya kwolesa kitangaala kyayo, kitegeeza ekitangaala kyayo kiva e. . .eri Katonda, kubanga emmunyeenye eringa kizinga mu bwengula. Si bwe kiri? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Njuba."] Huh? Njuba ku bwayo, okuva ku njuba. ["Emmunyeenye njuba eziri ewala ennyo okuva ku njuba yaffe."] Weewaawo. Era ba. . .Tutegeezebwa nti enjuba ezo ziva ku njuba ennene. Enjuba yata ebikompola bino ne bimasuka era bukompola obwokya nga enjuba. N'olwekyo emmunyeenye ezo njuba entono gye tuli. Si bwe kiri? Bitangaala ebitono. ["Ezimu. . .ezisinga obungi ku zo nnene n'okusinga enjuba yaffe."] Ntegeeza eri *ffe*, eri ffe, mukiraba. Twogera ku ffe wano. Kale.

405 Kati, bwe ziba njuba gye tuli, oba ebigaba ekitangaala, kitegeeza ziri kitundu ku nsibuko y'ekitangaala enkulu. Mukiraba? Enjuba ennene y'etuwa ekitangaala ekinene, ekitangaala ekituukiridde. Enjuba entono, oba emmunyeenye entono, ze tusobola okulaba mu mibiri, zandiba ewala ennyo ne—n'enjuba eyaka, naye kye zitulaga kye kitangaala ekitono. Naye ziba zooleka nti waliyo ekitangaala. Si bwe kiri? Kati enjuba ennene bw'evaayo, enjuba entono nga zizikira. Si bwe kiri? Zzo si ze—ze njuba gye tuli, wabula sikasuka bukasusi kitangaala kye zijja ku njuba. Mulaba kye ntegeeza?

406 Kaakati, esingayo obunene mu zo (ku makya) ekulembera okujja kw'enjuba, okugolooba kw'enjuba n'okuvaayo kw'enjuba, y'emmunyeenye ey'enkya n'emmunyeenye ey'akawuungeezi. Si bwe kiri? Emmunyeenye ebbiri ezisinga obunene, emmunyeenye ey'ebuvanjuba n'emmunyeenye ey'ebugwanjuba.

407 Kati, kaakati mulaba we kiri? Eriya ye yali omubaka ow'okwaniriza, ow'okulangirira okujja kw'emmunyeenye ey'ebuvanjuba, era yalagulwaako nti y'alirangirira e—emmunyeenye ey'ebugwanjuba, manyanga okukomawo kw'olunaku oluggya nga olunaku luno luweddeko. Kaakati mulaba kiki kye kiri?

408 Ebuvanjuba, "Walibaawo omusana mu. . ." Mukiraba, Enjuba bwe yali tennalangirirwa ku nsi, emmunyeenye ey'enkya yawa obujulizi nti "Enjuba ejja." Si bwe kiri? Mukiraba, ekyo kye kireeta emmunyeenye ey'enkya. Kale, kati kitegeeza

emmunyeenye ey'enkya n'emmunyeenye ey'akawungeezi mmunyeenye za kika kye kimu, era waliwo emmunyeenye entonotono okwetooloola wonna. Temulaba kye ntegeeza? Ababaka.

409 Kale, n'olwekyo, Yalina okutunuulirwa nga Alfa ne Omega, Entandikwa n'Enkomerero, nga amayinja Yasepi ne Sadio. Mulaba kye ntegeeza? Kaakati, okujja kwa—kwa Kristo nga bwe kusembedde, kitegeeza Obubaka Eriya bwe yalina okubuulira mu nnaku ez'oluvannyuma, bwe wabaawo okuddiŋŋana kw'ebyafaayo. . . Nga emmunyeenye ey'enkya bw'erangirira okujja wali, n'emmunyeenye ey'akawungeezi erangirira okujja kw'olunaku olupya, olunaku olulala. Kitegeeza kati kuno kwe kujja kw'enjuba okulangirira o—okugenda kwe—kw'enjuba gye tubadde nayo n'okujja kw'enjuba empya, mukiraba, omulembe omupya, ekiseera ekipya ekigenda okutandika.

410 Kaakati, muwulirize: Kati, Yokaana bw'aba yaleeta obubaka bwe n'alangirira okujja kwa Kristo okwasooka, n'Eriya n'ajja mu nnaku ez'enkomerero, nnabbi yagamba nti, "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi." Amakulu nti, walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi.

411 Ekitangaala eky'akawungeezi, ekitangaala eky'akawungeezi ekinene kye tulina ye mmunyeenye ey'akawungeezi, ekitangaala ekisingirayo ddala okuba eky'amaanyi kye tulina. Kale, kati, nayo erina okulangirira obubaka bwe bumu nga obw'emmunyeenye eri endala. Erangirira njuba, eyogera ku njuba.

412 Naye, kati tuli mu kiseera eky'akawungeezi, Omusana ogw'akawungeezi guli wano. Omulembe guno guweddeko. Mulaba kye ntegeeza? Olunaku luno luweddeko, era wagenda kubaawo okulangirira Olunaku olulala olujja.

413 Kubanga, mulaba, ekyo mu butuufu. . . Omuntu singa abeera mu bugwanjuba n'akyuka okutunuulira emmunyeenye eyo, ebeera ejja kuba mu buvanjuba. Ate, olaba nti, "twalaba emmunyeenye Ye ebuvanjuba," naye eky'amazima baali. . . baali—baali mu buvanjuba nga batunuulidde ebugwanjuba eri emmunyeenye eyo. Si bwe kiri? Abasajja abagezigezi baali mu bugwanjuba. . . baali mu buvanjuba nga balengera emmunyeenye ey'omu bugwanjuba. Mulaba kye ntegeeza? Naye yali mmunyeenye ey'omu buvanjuba eri abo abaali mu bugwanjuba.

414 Mukiraba, nga bwe tuyinza okugamba. . . Bulijjo ŋŋamba nti, "Wansi ye waggulu." Ekyo omanyira ku ki nti kituufu? Tuyimiridde mu Butaggwaawo, kale Empagi ey'Obukiikakkono yandiba nga eri waggulu ate Empagi ey'Obukiikaddyo yandiba nga eri wansi. Tetumanyi. Mulaba, ekkubo eryambuka waggulu liri wansi. Mukiraba? Tuli. . . Wano tulivaawo; era oluvannyuma lw'okuva wano tuligenda mu Butaggwaawo. Kwe kwaniriza, kwe

kulangirira okujja kw’Obutaggwaawo, olunaku olw’enjawulo, ekiseera eky’enjawulo, era byonna okutwaliza awamu.

415 Kaakati tuli mu kiseera eky’akawungeezi. Ekyo tukikkiriza. Tukkiriza nti okujja kwa Mukama waffe kusembedde. Kale. Kati, ekyo bwe kiba bwe kityo, kitegeeza wateekwa okubaawo Omusana ogw’akawungeezi. Era Omusana ogw’akawungeezi, okusinziira ku Malaki 4, gwalina “okuzzaayo emitima gy’abaana eri bakitaabwe,” okuddayo ku ntandikwa.

416 Naye bwe yajja omulundi ogwasooka, yali akyusa emitima gya bakitaabwe okugizza eri abaana. Abaana be yali akuŋŋaanyizza okumwetooloola. Yali wa kuleeta abaana . . . emitima gya bataata (abakadde, ba taata abaasooka) abaleete eri ekitangaala kino kye yali alangirira wano.

417 Naye bw’addamu okujja, alina okukyuka (ekyo mwali mukyetegerezza, nga ensi tennazikirizibwa, “olunaku lwa Mukama olukulu olw’entiisa”) era “akyuse emitima gy’abaana agizze eri bakitaabwe,” nga emmunyeenye ey’akawungeezi—akawungeezi eyali emmunyeenye ey’enkya mu kiseera kiri. Amiina.

418 Ka nsuubire—ka nsuubire nkiggyeeyo bulungi, mukiraba. Emmunyeenye ey’akawungeezi nga ye yali emmunyeenye ey’enkya, kubanga ye mmunyeenye y’emu. Tuli mu bugwanjuba, tutunudde mu buvanjuba. Bali baali mu buvanjuba, nga batunudde ebugwanjuba. Ye mmunyeenye y’emu yennyini. Mulaba kye ntegeeza? Kisinziira ku wa w’oli, mukiraba, oba mmunyeenye ey’ebuvanjuba oba mmunyeenye ey’ebugwanjuba. Mulaba kye ntegeeza? Kale.

419 Kati, ekomyawo . . . emu ekomyawo okukkiriza kwa bakitaabwe okukuzza eri abaana; mu kiseera kino kwe “kukkiriza kw’abaana okudda eri bakitaffe.” Mwetoolodde, ne muddamu ne mukomawo. Temukiraba kye mutegeeza? Mulaba kye ntegeeza? Ye mmunyeenye y’emu ekiseera kyonna. Ekintu kye kimu, Obubaka bwe bumu, ekintu kye kimu nga kikomyeewo nate. Kyetoolodde ne kikomawo.

420 Kati omanya otya gy’ogenda? Nzikiriza nti ekiseera kijja kutuuka lwe balikizuula nti n’ensi tetambula. Ekyo nkikkiriza n’omutima gwange gwonna. Sikkiriza . . . ne bwe bagezaako batya okukikakasa okuyita mu ssaayansi oba ekintu ekirala kyonna. Balina bingi bye bakakasizza nga bakozesa ssaayansi ate ne babimenyawo. Katonda yagamba nti ensi yayimirira . . . enjuba. Manyanga enjuba ye yayimirira mu kifo ky’ensi. Mukiraba, yali njuba. Eky’amazima sikkiriza nti enjuba . . . Si—si—sikkiriza nti enjuba ekola kye bagamba ky’ekola. Nkimanyi omwezi gutambula, era nzikiriza ne—enjuba nayo etambula. Mukiraba?

421 Naye abamu ku bo bagamba mbu, “Yatunuulira obutamanya bwa Yoswa, olaba, bw’atyo” n’agamba mbu “Yayimiriza e. . . n’agamba nti . . . ” Kale, n’agamba mbu, “Yayimiriza ensi.”

422 Ne mmugamba nti, “Naye ate waŋŋamba nti, ‘Ensi singa—singa emala n’eyimirira, yandibuuse nga kibon’omu mu bbanga.’ Okiraba?” Kye nnava mmubuuza nti, “Kaakati, kiki ekyabaawo?”

423 Nnali njogera ne Mw. Thiess wammanga wano, omusomesa wa Bayibuli mu siniya; mumujjukira, naye ekyo ye yakyogera. Nnamugamba nti, “Nze nzikiriza ekyo Bayibuli ky’egamba, nti ensi yayimirira . . . ” Nnamugamba nti, “Manya nti, ‘*enjuba* ye yayimirira.’ Yoswa yagamba enjuba nti, ‘Yimirira!’ n’eyimirira awo.”

424 N’agamba nti, “Naye, Ye yayimiriza nsi, Yalaba obutamanya bwa Yoswa.”

Ne mmugamba nti, “Kati, naawe kikole mu magezi go.” Mukiraba?

425 [Waliwo ow’oluganda agamba nti, “Nzikiriza basobola n’okukakasa obudde e—enjuba bwe yamala nga eyimiridde.”—Omuk.] Weewaawo, ba . . . Ekyo nange, nnakiwulirako. Weewaawo, bwe bagamba . . . Waliwo omu ku basoma eby’emmunyeenye gwe nnawulira akyogerako wano gye buvuddeko, nti basobola okukikakasa. Era nti mu kiseera kye kimu ba . . . waliwo ekyabaawo mu bbanga kye basobola okulaba bwe waalabika ekintu mu Ggulu ne kiggulawo Ennyanja Emmyufu mu kiseera ekyo n’ekintu. Ebyo byonna baabikakasa. Kati nno, nze, nkubuulira, waaliwo emmunyeenye okuva ewala eyo awantu awamu ze zaakola ekintu nga ekyo mu kiseera ekyo. Naye, ekyo kya buziba nnyo gye tuli.

426 Kale, kati, ensonga lwaki Obubaka buno . . . Obubaka buno bujja kutunuulirwa mu ngeri eno, okukakasa nti bwe kiri. Kati, tukimanyi, ab’oluganda, nti omuntu tasobola kuba Katonda. Omuntu, weewaawo katonda, buli omu ku mmwe katonda. Wakolebwa kubeera katonda, naye si nga oli mu bulamu buno. Mukiraba? Yesu yali muntu ddala nga bwe tuli, naye Katonda yali mu Ye. Obujjuvu bwa Katonda bwali mu Ye; ffe tulina Omwoyo mu kigera.

427 Naye nga bwe kiri nti Omusana guno guzze, era bwe Guba nga gwe Musana omutuufu ogw’okukulembera Obubaka Yokaana Omubatiza bwe yakulembera, nga bwe Yagamba emmanga wano ku mugga nti bwe yakola . . . Ddala mulabe, kiyinza kitya okuba—kiyinza kitya okuba ekintu ekirala kyonna? Muntunuulire, mulaba, sirina wadde obuyigirize obusookerwako. Bwe Yaŋŋamba ebintu ebyali bigenda okubaawo, tewali n’ekimu ku byo ekitatuukiridde. Tewali n’ekimu ku byo ekitatuukiridde. Mulabe by’Akoze. Mulabe, Atuuse n’okufuna . . .

428 Era nnagamba ab'oluganda, emyaka mingi egiyise, simanyi ani ayinza okuba omukadde ennyo mu ffe, naye nnababuulira ku bintu bino, nga bwe nnalaba Ekitangaala kino ne langi yaakyo, na buli kimu. Kati ekifaananyi kiraga nti kituufu. Ebintu bino byonna eby'enjawulo bikakasa nti ge mazima. Si bwe kiri? Kale, kati, ekyo bwe kiba nga kituufu. . . Era nga kye Kitangaala.

429 Kati, mutandikire ku lwokuna. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]. . . waggulu w'olunyiriri olwo olw'a 35, manya ntegeeza e. . . Leka tutandikire awo nga ku lunyiriri olw'e 14, ow'oluganda. Ani abikkuddewo? Kale. Tandikira awo nga ku lunyiriri olw'e 14 olw'essuula ey'o 3 ey'enjiri y'Omutukuvu Lukka. [Ow'oluganda asoma Lukka 3:14-16.]

> *[Era abaserikale ne bamubuuza nti, Naffe tukole ki? N'abagamba nti, Temujooganga muntu, so temupaatiikanga musango ku muntu; era empeera yammwe ebamalenga.]*
>
> *[Awo abantu bwe baali nga basuubira, era bonna nga balowooza ebigambo bya Yokaana mu mitima gyabwe, oba nga mpozzi ye Kristo oba nedda;]*
>
> [*Yokaana n'addamu, n'agamba bonna nti, Mazima mbabatiza n'amazzi; naye y'ansinga amaanyi ajja,* era *nange sisaanira kusumulula lukoba lwa ngatto ze: ye alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro:*]

430 Kale. Kyali kiki? Abantu baalina okwesunga okw'ekitalo okw'okulabika kwa Masiya, bwe baalaba obuweereza buno obw'amaanyi, obw'omusajja eyava mu ddungu n'akola olukuŋŋaana n'addayo mu ddungu, abantu bangi, abaali abagoberezi be bennyini, baagamba nti, "Ye Masiya." Baali bakisuubira, mukiraba.

431 Kale na buno bwe buba nga bwe Bubaka bwa Katonda obw'amazima obukulembera Okujja, obwa Yokaana Omubatiza, mu ngeri y'emu. . . nga ekintu kye kimu, Obubaka bwa Eriya, nabwo bulina okulowoozebwaako mu ngeri y'emu. Mukiraba? Kaakati ekyo, ndowooza, kyanukula bulungi, ekibuuzo ekyo. Mukiraba? Bulina okulowoozebwako mu ngeri y'emu. Mukiraba?

432 [Waliwo ow'oluganda abuuza nti, "Waliwo ekintu kyonna kye tuvunaanyizibwa okukola okusobola okugezaako okuyamba omuntu yenna ayinza okuba—ayinza okuba—n'okutabulwatabulwa bwe kutyo? Oba kiki kye tuyinza okukola?"—Omuk.] Tewali kintu kyonna, tewali kye musobola kukola. ["Endowooza ekyamya. . . Ekyo tekiyinza kufuuka ndowooza ekyamya?"] Kituufu, kisobola endowooza ekyamya singa kituuka ku kino: singa omuntu, oyo gwe kyogerwako, akkiriza nti ye Masiya, awo tumanya bumanya nti aba kristo wa bulimba. Mukiraba?

433 Mukiraba, ekikulu ye muntu oyo okwekuumira mu kifo kye, mukiraba. Nga bwe baagamba Yokaana, Yokaana teya . . . Tewali we kigamba awo nti waliwo ekintu kyonna kye yabagamba. Baali—baali ba—bantu, a—Abakristaayo abaagalwa abaali . . . manyanga abakkiriza abaali bakkiririza mu Yokaana.

434 Baagamba nti, "Omusajja ono mazima ddala nnabbi wa Katonda, tewali kubuusabuusa kwonna." Ne bamubuuza nti, "Si—si—si—si—si ye ggwe Nabbi oli?"

N'agamba nti, "Nedda."

435 N'amubuuza era nti, "Naye kati, ddala si—si—si ggwe Masiya?" Mukiraba, ba—baali balowooza nti ddala ye ye. Mukiraba?

N'agamba nti, "Nedda." Mukiraba?

"Si—si—si ggwe? Ggwe—gwe ani?"

N'agamba nti, "Nze ddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu."

436 Era awo Bayibuli n'egamba nti, "Awo abantu bwe baali nga basuubira." Baali b'ani abo? Abaali bamuwuliriza, abaamuwulirizanga, abagoberezi be, baganda be. Mukiraba? Kati, baali tebaagala kumulumya, baali tebagezaako kumulumya. Naye, mukiraba, mu mitima gyabwe ba—baalowooza nti ddala ye yali Masiya.

437 Kale, kati, ebyafaayo birina okweddiŋŋana ku buli mulundi. Ekyo tukimanyi. Birina okweddiŋŋana.

438 Nga eky'okulabirako ekyo ekiri mu Matayo 3, awagamba nti, "Kiryoke kituukirire, nga bwe kyayogerwa nnabbi nti, 'Nnayita omwana wange okuva e Misiri.'" Kati, ekyo kyali te . . . Kyali kyogera ku Yesu, Omwana; naye bw'okijuliza; era, kyali kyogera ku Yakobo, omwana. Mukiraba? Mukiraba? Byonna birina amakulu agasukka ku mulundi ogumu.

439 Kale kati ekyo singa . . . ekintu ekyo singa—singa tekyabaawo, nnandibadde nkyagamba nti kiribaawo mu biseera eby'omu maaso, kubanga nkimanyi nti Obubaka buno buva wa Katonda era bwe bukulembera okujja kwa Kristo, era ye Mwoyo n'amaanyi ga Eriya kubanga bulina okukomyaawo emitima gy'abaana. Buli kimu kyonna kikikakasiriza ddala, kale wateekwa okubaawo ekintu ekifaanana bwe kityo mu bantu abatuufu, abo—abo abakkiririza ddala ne baganda bammwe ne mikwano gyammwe.

440 Kati, nnina . . . nnina omusawo wano wennyini mu kibuga. Nsobola okubabuulira omusawo . . . Sigenda kubabuulira linnya lye, mukwano gwange eyampambaatira, n'aŋŋamba nti, "Billy, kyandibadde kyangu gyendi okukugamba nti, 'oli Masiya wa Katonda ow'ekiseera eky'enkomerero.'" Mukiraba?

Ne mmugamba nti, "Dokita, ekyo tokigeza."

441 N'aŋŋamba nti, "Eky'amazima, ssirina muntu yenna mu nsi gwe ndaba yali abadde na bintu era ayogera bintu era akola ebintu by'okola, Billy." Kimuyambye nnyo, mukiraba. Yaŋŋamba nti, "Ŋŋenda mu makanisa gano ne ndaba ababuulizi bano n'abalala aba buli ngeri," n'agamba nti, "oli wa njawulo ku bo ate nkimanyi tewasoma." Mukiraba? "Era nkimanyi nti tewasoma bya mbeera za bantu, kubanga ggwe...okusoma embeera z'abantu tekuyinza kukola bintu ebyo." Mukiraba?

Ne mmugamba nti, "Ekyo kituufu, Dokita."

442 Nnali ssetaaga kwogera naye kubanga n'okumanya tamanyi, tolina na bw'otandika kumunnyonnyola, mukiraba, kubanga tamanyi kya kukola. Naye bwe kityo bwe kiri, mukiraba.

443 Waliwo omukazi omuddugavu gwe mmanyi abeera kyengulu ku luguudo oluli eky'engulu w'ewange, era alina omusajja omulala gw'akolera gwe mmanyi, era mukazi w'omusajja ono yakuba essimu n'agamba nti, n'agamba nti, "Amazima gali nti omukazi oyo asobola okukusinza nga katonda, kubanga kookolo yali amutta n'omussaako emikono n'ogamba nti yali..." Omukazi ono gw'akolera, bbaawe ne dokita ono omulala (si dokita gwe mbadde njogerako, naye dokita omulala) bazannya wamu goofu n'ebintu ebirala, naye yali yamukongokako. Era oyo yali mukozi ow'awaka owa mukwano gwe, naye yali yamuwaayo afe, naye n'awonyezebwa ddala. Era dokita teyasobola kuzuula yadde omukululo gw'obulwadde obwo, obwa kookolo. Kati, mukiraba, nga omukazi agamba nti...

444 Kati, tebakitegeeza mu ngeri gye ndowooza gye bakyogeramu oba gye tukitwalamu. Mukiraba? Bategeeza nti ba—ba...Bategeeza nti bakkiriza nti Katonda ali naffe, ali mu ffe, nga akolera mu ffe; so tebategeeza nti omuntu ono ye Katonda, mukiraba. Kati, baali bakimanyi nti Yokaana yali muntu buntu.

445 Era ne Yesu yali muntu buntu. Yesu yali muntu buntu, Yali yazaalibwa mukazi, yalina okufa. Si bwe kiri? Yali muntu, yalina okulya n'okunywa, yalumwa enjala, yakaaba, yalumwa ennyonta, na buli kimu, nga muntu nga ggwe, nga muntu nga nze. Naye Omwoyo wa Katonda yali mu Ye mu bujjuvu, awatali kigera. Yalina amaanyi agaayinza byonna.

446 So nga, Eriya ye yalina kitundu butundu eky'Omwoyo oyo; ob'olyawo yafukibwako bufukibwa mafuta agasinga ku gaafukibwa ku baganda be, naye yalina kigera kya Mwoyo kye kyokka. Naye abantu baali balindiridde Masiya. Kale bwe baalaba ekigera kino ekisinga ku kyali ku baganda baabwe, ne bagamba nti, "Ha, bannange, ono ateekwa okuba Ye!"

447 Naye bwe yatandika okwaka, ekitangaala kya Yokaana ekitono kyazikira. Mukiraba?

448 Era ebitangaala bino ebitono bijja kuzikira bw'Anajja, oyo Kristo omukulu eyafukibwako amafuta ow'omu Ggulu

bw'anaava ebuvanjuba okudda ebugwanjuba. Era ne...ne... Mukiraba? Naye ku mulundi guno Tajja kubeera ku nsi, Masiya tajja kubeera ku nsi okutuusa nga okufuga okw'emyaka Olukumi kutandise. Mukiraba? Mukiraba? Kubanga Ekkanisa, "tusitulibwa wamu okusisinkana Mukama waffe mu bbanga." Tatuuka ku nsi. Anyakulawo bunyakuzi Mugole We n'amutwala.

449 Afuna eddaala, nga bwe mumanyi, nga...Omuzannyo ogwo baguyita batya, Leo, omusajja we yateeka eddaala ku mabbali g'ennyumba? Romeo ne Juliet. Weewaawo, yateekaawo eddaala n'abbawo omugole we.

450 Kati Ajja kukkira ku ddaala lya Yakobo, amukube akaama amugambe nti, "Owaaye, Mukwano, jangu eno." Mukiraba, tugenda waggulu okumusisinkana.

451 [Waliwo ow'oluganda abuuza nti, "Ow'oluganda Branham, kati olwo kino kiba kituufu ku nsonga eyo? Abantu bano bajja eri Yokaana Omubatiza nga baagala okumuyita Masiya. Ate lumu nnawulira nga ogamba nti Abayudaaya balowooza nti Masiya yali Katonda."—Omuk.] Ogambye ki? ["Ŋŋambye nti, abantu bano bajja eri Yokaana Omubatiza, nga balowooza nti ye yali Masiya, Kristo. Lumu nnakuwulira nga ogamba nti Masiya aliba Katonda, eri Abayudaaya."] Yee, ssebo. Ky'ekyo, "labbi."

452 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Naye, Yokaana yabanenya, ng'agamba nti 'si ye Kristo eyali ow'okujja."—Omuk.] Bwe kiri. ["Naye si kituufu nti abayigirizwa baayita Yesu 'Mukama'? Era ekyo Yesu n'akikkiriza, n'agamba nti, 'Mmwe mumpita "Mukama," era ekyo kye Ndi.'"] Weewaawo. ["Mu—mu Yokaana 13, we Yanaaliza...?..."] Yee, Yakikkirizza. ["Ye nga bw'ali Mukama, weewaawo, yakikkiriza."] Yakikkiriza. ["Yakikkiriza."] Uh-huh. Naye, labayo, Yesu nga bw'ali nti ye *Mukama,* bwe yabuuzibwa oba ekyo kye Yali, Yagamba nti, "Yee, ssebo. Nze Mukama wammwe era Omuyigiriza wammwe. Bwe mutyo bwe mumpita, era mwogera bulungi, kubanga kyendi." Naye...["Naye ekyo tewabangawo muntu mulala ayinza, ekyo..."] ayinza kukyogera. Nedda.

453 Kiringa singa...Singa omuntu agamba nti ndi katonda, kati, leka mbabuulire mu Linnya lya Mukama waffe Yesu nti "Eyo nsobi!" Mukiraba? Ndi mwonoonyi eyalokolebwa olw'ekisa, alina Obubaka *okuva* ewa Katonda. Mukiraba? Mukiraba?

**124. Ekkanisa ey'omu kitundu esaanye okufaayo oba tesaanye kufaayo ku bantu baayo, ku—ku buvunaanyizibwa (bwayo) nga tennakola ku byetaago by'ebweru mu bitundu ebirala? Wabula, oluvannyuma nga...e...Bw'emala okukola ku byetaago byayo, kiri mu Byawandiikibwa ekkanisa ey'omu kitundu okuyambako mu mulimu gw'obuminsani nga bw'eba esobodde?**

454 Weewaawo. Kituufu. Okwagala kutandikira waka, mukiraba. Wano tu—tu—tukola ku byetaago byaffe, kubanga tulina . . . eno ye kkanisa ya Katonda, oba yonna, ekkanisa yammwe entono, ekkanisa ya Katonda. Kati, bwe muba temusobola na kusasula musumba wammwe, nga temusobola na kufuna bitabo bya nnyimba n'ebintu ebirala, temulina kusindika buyambi walala. Mukiraba? Naye bwe mumala okusasulira eby'ekkanisa yammwe, na buli kimu, nga musasudde amabanja gonna na buli kimu, nga byonna bigonjoddwa, awo muyambe ow'oluganda oyo omulala alina obwetaavu awantu awamu, mukiraba. Mufune akatono . . .

455 Nzikiriza, nti nga bwe . . . nga bwe musasulira eby'ekkanisa yammwe nnandibaddeko n'akasente akalala ke nteeka ku bbali ak'okubuulira enjiri singa abantu bawulira nga bandyagadde okuwaayo eri okubuulira enjiri. Kubanga abantu bangi basobola okuwaayo eri okubuulira enjiri ey'ebweru naye ate ne batawaayo eri byetaago bya kkanisa zaabwe mwe basabira n'ebirala bwe bityo. Kale bwe bataziwaayo eri kubuulira njiri ey'ebweru, bajja kubaako ekintu ekirala kwe bazisaasaanyiza. Kale nnyina okugamba nti mubeere n'akabokisi akatono, era nnandi . . . Eyo y'engeri gye tugezaako okukolamu.

**125. Lukka 1:17, nkusaba onnyonnyole okujja kwa Yokaana mu "mwoyo gwa Eriya."**

456 Naye, ndowooza twakamala okulaba Lukka—Lukka 1:17, uh-huh, nga ajjira mu "mwoyo gwa Eriya."

457 [Waliwo ow'oluganda abuuza nti, "Awo abakkiriza nti omuntu bw'afa abaako obulamu obulala mw'abbulukukira we bajja enjigiriza yaabwe?"—Ed.] Ogambye otya? ["Awo abantu abakkiriza nti omuntu bw'afa abaako obulamu obulala mw'abbulukukira we bajja endowooza yaabwe?"] Kiteekwa okuba nga bwe kyali. ["Olaba, bakkiriza nti yakomawo mu . . . "] Weewaawo. [" . . . yakomawo naye yakomerawo mu mubiri mulala] Weewaawo, olaba, kituufu nti omwoyo tegufa. Ekyo kituufu. Katonda atwala omuntu we naye tatwala Mwoyo We. ["Bagamba mbu, 'Bw'oba obadde mulungi ojja kubbulukukira mu—mu muntu omulala omulungi.'"] Weewaawo. Weewaawo. ["'Mbu bw'oba obadde mubi nnyo osobola okubbulukukira mu mbwa.'"] Weewaawo, balina . . . Weewaawo.

458 Kale, kati, nga erudda eri mu—mu—eri mu Buyindi, waaliyo ekibinja ky'abantu be twasisinkana bwe bati, abaali—abaali tebayinza na kusiimuula wansi; nga okulinnya akawuka oba ekintu kyonna, yandiba ow'oluganda lwo oba ekintu ekirala bwe kityo. Mukiraba, nga tebasobola kukikola. Naye, olaba, obwo—obwo bukaafiiri. Mukiraba? Obwo bukaafiiri. Ekyo bwe kiri.

**126. Pawulo yagamba ab'e . . . Pawulo yagamba nti "Mwegombenga nnyo ebirabo ebisinga obulungi, naye**

**mbalaga ekkubo erisinga ennyo obulungi." Nkusaba onnyonnyole "ekkubo erisinga ennyo obulungi" kye liri.**

459 Okwagala, Abakkolinso Ekisooka 13, mukiraba. "Mwegombenga. . ." Bikkula Ekisooka. . .Kati Kati Abakkolinso Ekisooka 13 awo, ow'oluganda. Abakkolinso Ekisooka, essuula ey'e 13, era kati somako ennyiriri essatu oba ennya ezisembayo. Abakkolinso Ekisooka 13, ezisembayo. . . ennyiriri essatu ezisembayo ez'essuula—ez'ess-. . .[Waliwo ow'oluganda asoma Abakkolinso Ekisooka 13:1-13—Omuk.]

[*Bwe nnali omuto, nnayogeranga ng'omuto, nategeeranga ng'omuto, nnalowoozanga ng'omuto: naye bwe nnakula, ne ndeka eby'obuto*.]

[*Kubanga kaakano tulabira mu ndabirwamu, ebitalabika bulungi; naye mu biro biri tulitunulagana n'amaaso: kaakano ntegeerako kitundu; naye mu biro biri nditegeerera ddala nga* bwe. . .*era nga bwe nnategeererwa ddala*.]

[*Naye kaakano waliwo okukkiriza, okusuubira, okwagala, ebyo byonsatule; naye ekisinga obukulu ku bino kwe kwagala*.]

Uh-huh, okwagala, okiraba?

**127. Ow'oluganda alina kunenyezebwa atya bw'aba nga obunafu bwe kwe kubaako obuvunaanyizibwa mwe yeekakaatika mu kkanisa nga tasabiddwa kukikola?**

Ha, bannange! Oyo, ndowooza, mumugumiikirizenga. Mukiraba?

**Ow'oluganda alina kunenyezebwa atya. . .**(Talina kunenyezebwa!) **. . .bw'aba—bw'aba nga obunafu bwe kwe kubaako obuvunaanyizibwa mwe yeekakaatika mu kkanisa nga tasabiddwa kukikola?**

460 Okugeza, singa ayagala o—okubeera omudiikoni. Mukiraba? Nga tasabiddwa kukikola, naye nga ye ayagala kubeera mudiikoni, mukiraba. Kati, omuntu bw'aba bw'atyo, omanyi wabaawo akantu, nga bwe mumanyi, wabaawo obunafu awantu awamu, mu ngeri emu oba endala, kale mba nja kukolagana naye mu kwagala.

461 Era, eky'amazima, tewandyagadde ku—kukola kintu ng'ekyo okuggyako nga weekakasiza ddala. Akakiiko ko kateekeko omusajja asingirayo ddala obulungi, okiraba, bw'atyo. Ow'oluganda, tomalanga gassaako muntu yenna a. . .Omuntu oyo, sooka omugezese. Omudiikoni alina obuvunaanyizibwa bungi nnyo n'okusinga omusumba bw'alina. Alina okuba nga taliiko kya kunenyezebwa, omudiikoni bw'atyo bw'alina okubeera. Mukiraba?

**128. Mu lukuŋŋaana olw'okulya okussa ekimu, omusajja yajja ku wolutaali okusaba. Ow'oluganda Branham yali**

**ayimiridde emabega w'omugaati n'enviinyo nga bwe bigabulwa abantu, n'agamba nti "tasobola kubaleka kugenda kusaba nga omusajja ali ku wolutaali." Nkusaba okinnyonnyole.**

462 Nnasindikayo muweereza munnange, okiraba, Ow'oluganda Neville. Nzijukira ekiro lwe kyabaawo. Nteekwa okusigala ku mmeeza eyo ey'okussa ekimu, mukiraba, ne bwe... Mulabeeyo. Kati, kino sirina budde kukigenda mu buziba. Eyabuuzizza ekibuuzo ekyo, weewaawo, waali wano. Kiri bwe kiti, ow'oluganda. Bwe—bwe mubeera n'okulya okussa ekimu, kubeera kukiikirira mubiri gwa Yesu Kristo. Kusobola... Kulina okukuumibwa ekiseera kyonna.

463 Mulabeeyo, Eriya bwe yagamba—Gekazi nti, "Twala omuggo gwange" (omuggo ogwo yali aguwadde omukisa), n'amugamba nti, "genda mu lugendo lwo. Era omuntu yenna bw'akubuuza, tomwanukula. Bwe wabaawo akulamusa, tomulamusa. Genda butereevu, oteeke omuggo ogwo ku mwana." Si bwe kyali? "Nyweza omuggo ogwo!" Mukiraba? Era ekyo kye nnali nkola.

464 Kati, singa tewaaliwo musumba gwe mpeereza naye, ng'ayimiridde awo...Nnali mmalirizza okubuulira. Nzijukira lwe kyabaawo. Era nna...singa ba...singa Ow'oluganda Neville yali tayimiridde wano, oba omuntu yenna okuyamba omusajja oyo eyali ku wolutaali...Nnali nnaakamaliriza okubuulira, kale nga nnyimiridde ku mmeeza ey'okussa ekimu. Kati bwe baali beetegekera okulya okussa ekimu, nange nnali—nnali ntandise okugabula okussa ekimu. Ow'oluganda Neville yali ayimiridde ku mabbali, ate nze nnali ngabula kussa kimu. Kati, Ow'oluganda Neville yali ayimiridde awo.

465 Kati watya singa omusajja oyo yali azze ku wolutaali nga Ow'oluganda Neville akyagenda mu maaso n'obubaka bwe, nga akyabuulira? Nnandigenze ku wolutaali wamu n'omusajja oyo, singa yasituka okuva mu lukuŋŋaana ng'akyabuulira, n'agenda ku wolutaali. Nnandikirabye nti muganda wange a...nti aliko amafuta ag'Omwoyo. Yali aweereza. Yali muweereza mu...yali ku mulimu gw'avunaanyizibwaako, omuweereza nga ali mu buvunaanyizibwa bwe.

466 Era temulina kukkiriza muntu yenna kwogera mu nnimi, okutaataaganya, oba mu ngeri yonna, omuweereza nga akola omulimu gwe. Naye ate, Omwoyo Omutukuvu singa abaako omuntu yenna gw'ayogera naye omuntu oyo n'adduka n'ajja ku wolutaali okulokoka, leka omuweereza agende mu maaso n'omulimu gwe; leka omusumba, oba omudiikoni, oba omusumba gw'aweereza naye, bwe wabaawo omusumba gw'aweereza naye, oba omuweereza omulala yenna, leka agende ayambe omuntu mu bwangu ddala. Temutaataaganya muweereza ali mu kuweereza. Mukiraba?

467 Kati nali nnyimiridde emabega w'emmeeza nga ndi ku mulimu, ngabula okussa ekimu. Era omusumba gwe mpeereza naye, Ow'oluganda Neville, yali ayimiridde kumpi nange. Omusajja n'adduka n'ajja ku wolutaali, ne ŋŋamba nti, "Gira, genda gy'ali, Ow'oluganda Neville." Bw'atyo Ow'oluganda Neville n'agenda gy'ali. Eyo y'ensonga lwaki ssaagenda.

468 Kati, singa omusumba gwe mpeereza naye teyaliiwo, oba omuntu omulala yenna okugenda eri omusajja oyo, nnandivuddeyo ne nyimiriza okussa ekimu, ne nzijja wansi ne—ne nkakasa nti emmeeme eyo erokolebwa. Mukiraba? Naye kubanga waaliwo omuntu gwe nnali nsobola okutuma, kyandinzigye ku mulimu gwe nnaliko, mukiraba, ogw'okugabula okussa ekimu.

**129. Kiki kyonna omuntu ky'ayinza okukola. . . Kiki kyonna omuntu ky'ayinza okukola nga omuntu ayamba ku muntu anoonya Omwoyo Omutukuvu, n'asigala nga ali mu Byawandiikibwa?**

469 Kale. Genda mu maaso nga omunokolera Ekigambo, kye kintu ekisinga obulungi okukola. Ekigambo kirina Omusana. Ggwe mugambe bugambi nti, "Ow'oluganda, Yesu yamusuubiza. Jjukira, nti kisuubizo Kye."

470 Tomunyeenya, na kumusindika, oba okumuyuuza eno n'eri, oba ekintu kyonna. Togezaako ku—ku. . .nedda, togezaako kumumuwa, kubanga tosobola kukikola. Mukiraba? Mukiraba? Ggwe. . .Katonda ajja kumumuwa. Ggwe genda mu maaso na kumunokolera bisuubizo. Mukiraba? Sigala ng'oyimiridde awo nga bw'omunokolera ekisuubizo. "Ayi Katonda ali mu Ggulu, nsabira muganda wange. Ekisuubizo kyo kiri nti Ojja kumuwa Omwoyo Omutukuvu."

471 Kaakati nga bw'ogezaako okumuzzaamu amaanyi. . . Abeera agamba nti, "O, ow'oluganda, musumba, ow'oluganda," yenna aba ayimiridde okumpi naye, "Nja—njagala Omwoyo Omutukuvu."

472 "Ow'oluganda, Kisuubizo. Ekisuubizo ekyo Katonda ye yakikola. Okkiriza nti Yamusuubiza? Kati nno, tomubuusabuusa. Bw'oba okkiriza ekisuubizo, Omwoyo Omutukuvu ajja kujja gy'oli essaawa yonna. Beera nga omusuubira. Waayo buli kimu ky'olina gy'Ali, omugambe nti, 'Mukama, nnyimiridde ku kisuubizo Kyo.'"

473 Kati, genda mu maaso n'okunokola. Kati, o—o—o—omulamwa gwo leka gubeere ku ekyo, okiraba, muleetere abeere nga ava ku. . .Genda mu maaso n'okumunokolera. Mugambe kati nti, "Ggwe gamba Katonda. Kati, weenenyezza?"

"Weewaawo."

474 "Kati gamba nti, 'Mukama, Wagamba nti singa nneenenya Oli mutuukirivu okunsonyiwa. Wagamba nti bwe nneenenya ne

mbatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byange, nja kufuna Omwoyo Omutukuvu. Kati, Mukama, ekyo nkikoze. Ekyo nkikoze, ayi Mukama. Nkikoze. Nnindiridde, ayi Mukama. Wakisuubiza.'"

475 Mukiraba, eyo y'engeri, genda mu maaso n'okumuzzaamu amaanyi. Mukuumire ku Kigambo. Bw'Aba wa kujja eyo y'embeera mw'Ajja okujjira.

**130. Omubuulizi oba Omukristaayo yenna akola kituufu atakkiririza mu**. . .Nedda: **Omubuulizi oba Omukristaayo yenna atakkiririza mu bukuumi Obutaggwaawo akola kituufu?**

476 Kati, ka tulabe. Ndowooza ". . .akola. . ." Sooka olabe oba ekyo okisoma nga bwe nkisomye. Kisome. [Waliwo ow'oluganda asoma ekibuuzo nti, "Omubuulizi oba Omukristaayo yenna akola kituufu atakkiririza mu bukuumi Obutaggwaawo?"—Omuk.]

Ndowooza nange mbadde nkifunye bulungi. Kaakati, kale, nni. . .

**Omubuulizi atakkiririza mu bukuumi Obutaggwaawo akola kituufu?**

477 Nnyinza okukkiriza nti omubuulizi akola. . .ssinga abeera talina ky'amanyi kikwata ku bukuumi Obutaggwaawo. Naye bw'aba abumanyi era nga akimanyi nti Mazima, naye n'agaana okububuulira, asaanye okukwatibwa ensonyi; bwe kiri, oba Omukristaayo yenna. Kati, kati, eri Omukristaayo, eri—eri Omukristaayo ekyo atakitegeera bulungi, nnyinza okumugamba. . .

478 [Waliwo ow'oluganda abuuza nti, "Eyo si njigiriza ekkirizibwa wonna, si bwe kiri, Ow'oluganda Branham, okubeera nti ebuulirwa eri abantu abata. . .?"—Ed.] Nedda, nedda, nedda. Kati, ekyo kye mbadde ŋŋenda okutuukako. Weewaawo. Mukiraba? Mukiraba?

479 Kati, mujjukira bye nnayogera ku Ssande ewedde? Bwoba oli mubuulizi, funa ekituuti. Bw'oba toli, leka obulamu bwo bubuulire obubaka bwo. Mukiraba, eyo y'engeri esinga obulungi ey'okukola ekyo, leka obulamu bwo bubuulire obubaka bwo. Bw'oba oli mubuulizi, funa ekituuti, mukiraba, obuulire. Bw'oba toli, leka obulamu bwo bubuulire obubaka bwo, leka obulamu bwo bwe buba bubeera ekituuti kyo. Mukiraba? Ekyo ndowooza kigonjoola bingi, si bwe kiri? Mukiraba? Mukiraba? Kubanga emirundi mingi tukizuula. . .Era mmwe ab'oluganda ekyo mukikola mu makanisa gammwe.

480 Mujjukire nti abagoberezi bammwe oluusi bagezaako okunnyonnyola ebintu n'okubaako ebintu bye bakola, kirungi ne mubatendeka obutakikola. Era bwe wabaawo omuntu alina

ky'ayagala okumanya, leka ajje eri oyo . . . oyo eyatendekebwa okukikola. Mukiraba?

481 Okugeza, nga, kati, omuntu bw'ayinza okugamba nti, "Owaaye, nkubuulire . . . Baŋŋamba, nti ekkanisa yammwe ekkiririza mu bukuumi Obutaggwaawo."

482 Kati, osaanye weegendereze. Wandyesanga mu kavuyo akanene okusinga ke wali obaddemu, okiraba, omuntu oyo n'omutabulira ddala okusinga ne bw'abadde. Mugambe kimu nti, "Leka nkubuulire, jangu okibuuze omusumba waffe, okiraba. Genda—genda oyogere naye, okiraba. Ffe . . . Ekyo kituufu, nkimanyi omusumba waffe akikkiriza. Nange nkikkiriza, naye sisobola kukinnyonnyola . . . Siri mubuulizi. Nkikkiriza bukkiriza, ky'ekyo kyokka kye mmanyi. Nkikkiriza kubanga nnamuwulira ng'akinnyonnyola okuva mu Bayibuli, ne mpulira nga sikyalinamu kakunkuna konna." Mukiraba?

483 Naye kirungi oleke—kirungi oleke abagoberezi boogere n'omusumba ku ekyo. Kati, n'omusumba, naye, alina okukakasa nti amanyi bw'alina okukyanukula. Kale okitegeere bulungi ddala, kubanga emirundi mingi bajja kukusiba enkalu ku nsonga eyo, okiraba. Kiki . . .

484 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Ow'oluganda Branham?"—Omuk.] Nsonyiwa. ["Mu ngeri emu mpulira okulumirizibwa, naye mmanyi—mmanyi okuyitibwa kwange era nnakakasa okulondebwa kwange."] Uh-huh. ["Ogambye nti 'Bw'oba oli mubuulizi, osaanye obeere n'ekituuti.'"] Yee, ssebo. Bwe kiri. ["Nze siri mubuulizi wa mu kkanisa, ndi mubuulizi wa njiri ey'ebweru."] Yee ssebo. ["Naye buli kituuti kya buli muntu kyange."] Ekyo kituufu. ["Naye mu kiseera kino nkola, nkola emirimu egy'olukale. Si mirimu egy'amaanyi, naye nkola, era sirina kituuti. Era nzikiriza nti ekiseera kino eky'okukola mwendi kiri mu kwagala kwa Mukama. Yaŋŋamba nkikole, okuyita mu Kigambo n'obujulizi bw'Omwoyo. Era nzikiriza nti, oluvannyuma, ebituuti bijja kuggulwa."] Mazima, bwe kiri. ["Ekyo kituufu?"] Kituufu, ow'oluganda.

485 Ow'oluganda, kati, singa ojja wano n'ofuna ekitabo ky'ekkanisa ekiwandiikibwamu ensimbi, ojja kukizuula nti nnasumba ekkanisa eno okumala emyaka kkumi na musanvu, era nga mbuulira buli lunaku, nnabuuliranga buli lunaku ate nga nkola buli lunaku. Okiraba? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Bw'oba okola, ako kabonero kalungi akalaga nti *wayitibwa*."—Omuk.] Weewaawo. Pawulo yakola, si bwe kiri? Pawulo yakolanga weema. ["Oluusi nzigwaamu amaanyi kubanga, nga bw'ogambye nti, bwe mba ndi mubuulizi, nsaanye mbeere n'ekituuti. Ndi . . . Oluusi nzigwaamu amaanyi, naye nkimanyi nti Katonda yampita nfune omulimu gwe nkola, okumala ekiseera ekigere."] Mazima ddala. Pawulo yagendanga n'akola weema, si bwe kiri? Yakolanga n'emikono gye aleme

ku...Ddala bwe kiri. Mazima ddala. ["Weewaawo, ha, kati, awo we nnakiggya, ku Pawulo."] Hmm. Bwe kiri. Okiraba? John Wesley yagamba nti, "Ensi yonna kigo kya buweereza bwange." N'olwekyo ekituuti kyo kikyali kiggule, ow'oluganda. Ababuulizi b'enjiri batalaaga ensi yonna. Si bwe kiri? "Mugende mu nsi yonna." N'olwekyo ekituuti kyo y'ensi yonna. Yee, ssebo.

Ekibuuzo:

**131. Kya tteeka, t-t-e-e-k-...Kya tteeka nti omudiikoni oba omuyima alina okunywerera mu njigiriza y'ekkanisa ye?** Weewaawo. Bwe kiri. **Akkirizibwa okwongera ku njigiriza oba okugitoolako olw'endowooza ye gy'alina nga ye oba okubikkulirwa kwe?** Nedda, ssebo. Nedda.

486 Omudiikoni oba omuyima asaanye okubeera nga akkiriziganya ddala ne—n'enjigiriza y'ekkanisa ye. Asaanye okubeera nga akkiriziganya n'enzivuunula y'Ebyawandiikibwa nga bw'eri mu kkanisa ye, kubanga, bw'atakikola, ate ekkanisa ye yennyini gy'abeera alwanyisa. Abeera—abeera yeerumya yekka. Mukiraba? Obeera olwanagana...

487 Kiringa, mu ngeri endala, kiringa bwe—bwe—bwe ŋŋamba nti njagala nnyo ab'omu maka gange ate ne ngezaako okubawa obutwa. Mukiraba, kye kintu kye kimu. Mukiraba, ekyo tolina kukikola, ggwe...

488 O—omuyima oba omudiikoni bw'aba ayingira wofiisi ye, oba omukungu w'ekkanisa yenna akiikirira obuweereza bw'ekkanisa obw'engeri yonna, mukiraba, abeera akiikirira kkanisa eyo.

489 Y'ensonga lwaki nnava mu kkanisa y'Ababaputisiti, mukiraba, omulundi ogwasookera ddala. Nnali nnaakamalayo ebbanga ttono ne—ne bansaba okwawula abakazi ababuulizi mu buweereza. Kati, eky'amazima nnali ssisobola kusigalayo. Nnabagamba nti, "Ŋŋa—ŋŋaanye okukikola."

490 Omusumba n'ansikambula. "Kiki kino? Oli mukadde wa kkanisa!"

491 Ne mmugamba nti, "Dokita Davis, nga nzisaamu ekitiibwa enzikiriza y'Ababaputisiti, na buli kimu kyonna kye nnayawulirwa okukola, nnali simanyi nti mu njigiriza y'ekkanisa y'Ababaputisiti mwalimu okwawula abakazi mu buweereza. Ekyo kye kimu ku bintu ebitaateekebwamu."

N'aŋŋamba nti, "Eyo y'enjigiriza y'ekkanisa eno."

492 Ne mmugamba nti, "Ssebo, akawungeezi ka leero nkusaba nneme kukikola, oba osobola okubaako ebibuuzo by'onnyanukula?" Mukiraba?

493 N'agamba nti, "Nja kwanukula ebibuuzo byo." N'aŋŋamba nti, "Buvunaanyizibwa bwo okubeerawo."

494 Ne mmugamba nti, “Bwe kiri, ssebo. Ekyo kituufu. Nteekwa okwenyigira mu buli kintu kyonna ekkanisa eno ky’ekola. Bwe buvunaanyizibwa bwange, nga omu ku bakadde ba wano.” N’agamba . . . Ne mmugamba nti, “Osobola okunnyinyonnyola lwaki kiri bwe kityo mu Abakkolinso Ekisooka 14 oba 15 bwe watyo, awo Pawulo we yagambira nti, ‘Abakazi bammwe basirikenga mu kkanisa, tebabakkirizibwa kwogera.’”

495 N’agamba nti, “Ddala, nsobola!” N’agamba nti, “Bwe kiba . . . ekyo nsobola okukyanukula.” N’agamba nti, “Olaba, ekyaliwo,” n’agamba nti, “Pawulo yagamba . . . Abakazi bonna—bonna baatuulanga mabega eri mu nsonda, nga bwe baleekaana nga bwe batera okukola. N’abagamba nti, ‘Ekyo tebakikola.’ Okiraba?”

496 Ne ŋŋamba nti, “Kale kati nnyinyonnyola Timoseewo Eky’okubiri, Pawulo we yagambira, era, omuwandiisi y’omu, omutume y’omu, we yagambira nti, ‘Omukazi mmugaanyi okuyigiriza oba okufuga, okiraba, wabula a—abeerenga mu kugonda. Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa n’oluvannyuma Kaawa, era Adamu si ye yalimbibwalimbibwa wabula omukazi oli ye yalimbibwalimbibwa.’ Yalimbibwa. Kati, sigamba nti alina ekikyamu kyonna ky’ayagala okukola, naye amazima gali nti mu ekyo yalimbibwa. Talina kuba muyigiriza.”

N’ambuuza nti, “Eyo ndowooza yo nga omuntu?”

497 Ne mmugamba nti, “Eyo y’endowooza y’Ebyawandiikibwa okusinziira nga bwe mbiraba. Ekyo Bayibuli ky’egamba.”

498 N’aŋŋamba nti, “Muvubuka, layisinsi yo esobola okukuggyibwako olw’ekyo.”

499 Ne ŋŋamba nti, “Sijja kubakaluubiriza. Nja kugiwaayo, Dokita Davis.” Ne ŋŋamba nti, “Si kukunyooma . . . ” Naye, era teyakikola. Yakireka, yakirekerayo.

500 Kye yava aŋŋamba nti yandyagadde okukubaganya nange ebirowoozo mu lwatu ku nsonga eyo. Ne ŋŋamba nti, “Tewali mutawaana, ekiseera kyonna.” Naye te—ekyo teyakikola.

501 Kale o—oluvannyuma lw’akaseera, awo, Mukama bwe yayogera nange, ne—ne Malayika wa Mukama bwe yajja, ate—ate Ekyo yakisekerera busekerezi, mukiraba. Awo kye—kye nnava mmugamba, nti, “Kati, Dokita Davis, kino kati kisingako ne nkivaamu, okiraba,” ne ŋŋamba nti, “kubanga gugenda kuba mugugu. Kubanga, mbadde nnaakawulibwa, kati gugenda kuba mugugu gyendi, kale ssiraba nsonga lwaki sikyabulira kaakati.”

502 Kale n’olwekyo bwe mba ssaasobola kusigala mu kkanisa ya Babaputisiti ne njigiriza enjigiriza y’Ababaputisiti ne nnyimirira n’enzikiriza y’Ababaputisiti. Singa nnakikola—singa nnakikola olw’okuba yali kkanisa kyokka, nnandibadde mukyamu, mukiraba, nnandibadde nnina kye nkweka. Kale bwe—bwe—bwe mbeera waakuba mwesimbu gyendi, nja

kugenda eri Ababaputisiti (eri omusumba wange oba oyo yenna asobola okukinnyinyonyola) mmusabe e—ekigambo ky'Obulamu; bw'aba asobola okundaga wennyini we kiri mu Byawandiikibwa, n'amatiza enneewulira yange, awo mba nja kukyogera mu ngeri yennyini gye bakyogeramu, mukiraba, era mba nja kuba Mubaputisiti.

503 Eyo y'ensonga lwaki sirina kibiina kyonna mwengwa. Y'ensonga lwaki sirina kibiina mwengwa, kubanga ssikkiririza mu bibiina. Era nzikiriza nti tekiri mu Byawandiikibwa, okukola, ekibiina ekigunje.

504 N'olw'ensonga eyo, ssaasobola kubaako kibiina kigunje kyonna kwe nneegatta ne mpulira nga ntebenkedde mu kibiina ekyo. Mukiraba? N'olwekyo, siyingiza buyingiza bantu ne mbafuula bammemba, n'ebirala bwe bityo, kubanga nzikiriza *tuzaalibwa* buzaalibwa okufuuka bammemba, tuzaalibwa mu Kkanisa ya Katonda omulamu. Mukiraba?

505 Tetusangula mannya ga bantu kubajja mu kitabo ne tubagoba kuva mu kkanisa, n'ebirala bwe bityo, kubanga nzikiriza nti ekyo si mulimu gwaffe—gwaffe okukikola. Nzikiriza nti Katonda y'agoba. Mukiraba? Naye nzikiriza nti mu kkanisa, bwe mubaamu ow'oluganda akola ekintu ekikyamu . . .

506 Okugeza, ssinga—ssinga bakwata Ow'oluganda Neville, oba Ow'oluganda Junior, oba Ow'oluganda . . . ow'oluganda yenna wano, oba omu ku badiikoni oba abayima, oba omulala yenna, nga akola ekintu ekikyamu, Nzikiriza nti ekintu ekkanisa ky'erina okukola kwe kwegatta awamu ne basabira ow'oluganda ono. Bw'agaana okutereeza, olwo leka babiri bagende bamusisinkane, bagende eri ow'oluganda bamutabaganye. N'era bw'agaana okukkiriza okutereeza, awo mukitegeeze ekkanisa. N'era bw'aba tannakkiriza kutereeza, ekyo kye kiseera ekkanisa yonna wamu w'erina okukyenyigiramu, mukiraba, nga omwo mwe muli omusumba, abakadde, n'abalala bonna okukikola. Sikkiriza nti akakiiko k'abadiikoni kalina olukusa okugoba omuntu yenna mu kkanisa oba akakiiko k'abayima oba omusumba yenna nti alina olukusa okukikola.

507 Ndowooza nti omuntu yenna bw'aba wa kugobebwa mu kibiina, kirina kuba lwa kwenyigira mu bikolwa bya bugwenyufu, oba ekintu bwe kityo, nga muntu atasaanidde, nga omusajja bw'ayinza okujja wano n'ayonoona abawala baffe oba—oba n'asobya ku bakazi baffe, n'ebiringa ebyo, ate n'asigala nga akyeyita omu ku ffe wano. Mukiraba? Kati, bw'abaako awalala gy'ava n'ajja wano, awo, tuba tulina okubaako ne kye tukola, naye, bwe kituuka ku muntu bw'atyo, omuntu omugwenyufu nga agezaako okuganza bakyala baffe oba—oba okusobya ku bawala baffe oba, nga bwe mumanyi, ekintu ekirala

bwe kityo, oba okubakabawaza, oba okutwala abalenzi baffe abato n'abakyamya, oba ekintu kyonna.

508 Ebintu ebyo biteekwa okukolebwako, era omuntu oyo abeera alina okugobebwa mu kibiina n'atakkirizibwa na kulya kussa kimu na kibiina ekyo, kubanga ebyo tetulina kubikola. Tetuteekwa. "Omuntu yenna bw'alya nga tasaanidde, asingibwa omusango gw'Omusaayi n'omubiri gwa Mukama waffe," omuntu oyo.

509 Naye nzikiriza nti omuntu bw'abeera nga ka tugambe, "Kale, kati, ali—ali *kino*, *kiri*." Mumusabire. Bwe kiri.

510 Siryerabira, bwe twali mu kibuga Stockholm, mu Sweden, Ow'oluganda Lewi Pethrus, omusajja wa Katonda ow'amaanyi. Twali tutudde ku mmeeza, nga wabulayo essaawa ntono tukomewo mu Amerika. Twalinayo enkuŋŋaana ez'amaanyi ddala. N'agamba nti, Gordon Lindsay n'abuuza nti, "Ani mulabirizi w'ekibiina kino ekinene bwe kiti?" Bannange, kisingira wala ekibiina kya ba Assemblies of God mayiro bikumi na bikumi, mukiraba. Yagamba nti, "Ani mulabirizi?"

Lewi Pethrus omusajja omwetowaze era omuntumulamu, n'agamba nti, "Yesu."

Yagamba nti, "Abalabirizi bammwe be baani?"

N'agamba nti, "Yesu."

511 N'agamba nti, "Ekyo nkimanyi kituufu," n'agamba nti, "naffe aba Assemblies of God bwe tutyo bwe tukkiriza." N'agamba nti, "Ekyo kituufu." "Naye," n'agamba nti, "ka tugeze, okugeza, nga waliwo o—ow'oluganda awabye n'ava ku mulamwa," n'agamba nti, "ani alina obuyinza okumugoba?"

N'addamu nti, "Tetumugoba."

"Kale," n'agamba nti, "kiki kye mukola?"

512 N'agamba nti, "Tumusabira." Muli nnagamba nti ekyo kyali kirungi nnyo! Ekyo kyawulikika nga eky'Ekikristaayo gyendi, "Tumusabira." Tewali amugoba, bamusabira.

513 N'agamba nti, "Naye, ate, watya singa abamu ku b'oluganda bakkiriziganya," n'agamba nti, "nga abamu ku bo tebakyayagala kuddamu kussa kimu naye? Kumwaniriza, ka tugeze nga omusumba, mukiraba, alina omuze gw'okugenda nga akabawaza abakazi...Mumanyi kye ntegeeza, n'ebintu eby'engeri eyo, nga abamu ku basumba tebakyayagala kumwaniriza mu makanisa gaabwe. Mmwe mwenna mukola ki, mumugoba mu kibiina kyammwe?"

514 "Nedda." N'agamba nti, "Tumuleka bulesi ne tumusabira." N'agamba nti, "Tewali n'omu y'abadde kugaana kutereera. Bulijjo bakomawo, mu ngeri emu oba endala."

515 N'agamba nti, "Naye," n'agamba nti, "kati, watya ssinga..." N'agamba nti, "Watya singa wabaawo abagamba nti

bamwagala nga abalala tebamwagala? Kati, ekyo kyo mukikola mutya?"

516 N'agamba nti, "Awo, abo abamwagala, bamwaniriza; abatamwagala, tewali abakaka kumwaniriza."

517 Kale—kale ndowooza eyo ngeri nnungi ey'okukikwatamu, si bwe kiri, ab'oluganda? Era mu ngeri eyo tubeera "baaluganda."

518 Kaakati, ab'oluganda, nsuubira nti ebintu bino birina ekifaananyi kye bituwadde okubaako okwanukulwa kwe tufuna oba ekintu bwe kityo, nti okukuŋŋaana kwaffe wano akawungeezi ka leero ku—kutugasizza. Kaakano nteekateeka okugenda okumala akaseera, nga ŋŋenda mu nkuŋŋaana mu Bugwanjuba. N'obwetowaze mbasaba munsabire.

519 Ebimu ku by'okuddamu byange wano, ob'olyawo bingi ku byo, ob'olyawo tewali n'ekimu ku byo, kituufu. Simanyi. Naye bye bibadde bisingayo obulungi bye mbadde nsobola okufuna nze nga bwe ndowooza, mukiraba, okugezaako okubinnyonnyola. Ob'olyawo bino ebisembyeyo, nnaddala, ebyasembyeyo okujja, saafunye budde kubinoonyerezaako. Kale ssisobodde, bibadde. . . Kye ntegeeza, kiri nti bibadde Byawandiikibwa bye tuyitamu wano buli mulundi, olunaku ku lunaku mu kkanisa. Nalowoozezza nti ob'olyawo binaaba bibuuzo ebizibu ennyo okwanukula ebiyinza okutuleetera okusima buziba okubaako ekintu eky'amaanyi kye tuggyayo, naye okusinga bibadde bibuuzo ebikwata ku makanisa.

520 Kisanyudde okulaba nga musimbye emmizi mu ngeri eyo, tewali butabanguko bwonna, tewali butali bumativu bwonna, tewali kutabulwa kwonna. Tewabadde kibuuzo kya kukubaganyizibwako birowoozo kye mugamba nti "Kikyamu, Kino kikyamu, tetujja kukikkiriza." Wabula ababuuzizza babadde baaluganda ababadde baagala okubaako ne kye bategeera okwongera okunywezebwa, ky'ekyo kyokka. Kibeere nti. . . basobole okwenyweza, bongere okunyweza—okunywereza ddala eby'okulwanyisa, boongere okubimyumyula. Nsuubira tujja kweyongera okusisinkana emirundi emirala mingi nga guno, tweyongere okumyumyula eby'okulwanyisa.

521 Era mujjukire, ab'oluganda, n'eby'okulwanyisa byange nabyo, byetaaga okwongera okumyumyula. Kale munsabire eri Katonda annyambe nnyongere okumyumyula eby'okulwanyisa byange, nneme. . . kwesuulirayo gwa nnaggamba. N'obulamu bwe ntambuliramu n'ebintu bye nkola, nneeyongere okubikola n'omwoyo ogw'obuwombeefu, nneeyongere okuyaayaana okubikola. Era nsaba Katonda ampe omutima okweyongera okubikola okusinga bwe nnali mbikoze. Nammwe mwenna mbasabira ekintu kye kimu. Katonda abawe omukisa.

522 Mbalwisizza nnyo wano, era kati wabulayo eddakiika ttaano okuwera ssaawa ettaano ez'ekiro.

523 Era kati, Ow'oluganda Neville, nnyi—nyinza...Kati, nnakizudde, nga ziri awo mu mayiro nga lwenda bwe watyo okutuuka eri, sigenda kusimbula okutuusa ku Mmande ku makya. Naye njagala kubeera wano ku Ssande ku lw'olukuŋŋaana olukulu olwa Ssande, nja kujja nga mugenyi wo okukuwuliriza ng'obuulira, okiraba, ku Ssande. Okiraba? Naye...Kati, ow'oluganda, weewaawo, ow'oluganda. Ow'oluganda Neville, ensonga yiino, ow'oluganda. Nkwa... Nkwagala nnyo era bulijjo obadde ofaayo nnyo mu kuwaayo ekituuti nga kiringa gy'oli nti...nga nninga akukulira mu buweereza, oba ekintu bwe kityo. Naye nze siwulirangako bwentyo, Ow'oluganda Neville. Nze mpulira nti tuli baaluganda.

524 Ow'oluganda Ruddell n'Ow'oluganda Junie, ne, o, nammwe mwenna ab'oluganda nammwe mwenna, fenna tuli—tuli baaluganda, mukiraba.

525 Naye kati...Ensonga eri nti, kati mpulira, emimiro gyange giringa egisaakadde, mukiraba, ate nga nnina wiiki mukaaga ez'omuddiriŋŋanwa ez'olutalo olutasalako, mukiraba. Kale nja—njagala kutandika ob'olyawo bwe nnaaba nsobodde, nnalowoozezza, nti oluvannyuma lw'olukiiko luno akawungeezi kano, ekyo kijja kumpa Olw'okutaano n'Olw'omukaaga ne Ssande okuwummula, nga sinnatandika nkuŋŋaana ziri eri.

526 Era Ow'oluganda Junie, amangu ddala nga nkomyewo, nga nkomyewo bwenti, nnina okudda ne nkulaba, njagala kujjayo. Ndowooza, nnayise kumpi n'ekkanisa yo erudda eyo, olunaku lwa jjo. Mukyala wange yagambye nti, "Ndowooza..." Ekkanisa yo y'eri ku luguudo lw'eggaali y'omukka okumpi n'ekibangirizi kya Glenellen Park? Nnandyagadde okujja njogereko n'abantu abo ab'omu Sellersburg. Balungi nnyo.

527 Ow'oluganda Ruddell, akuwe omukisa. Njagala kujjayo eyo, olina ekibinja ky'abantu abalungi ddala. Otudde n'owuliriza akawungeezi ka leero nga olinga omukadde amira buli ky'awulira.

528 Ow'oluganda Beeler erudda wali, y'omu ku baganda baffe ababuulizi b'enjiri. Nsuubira lumu singa nfuna akakisa okukusisinkanako mu lumu ku nkuŋŋaana zo awantu awamu, ow'oluganda, ne mbaako ne kye nkola, ne mbaako ne kye njogera eky'okukuzzaamu amaanyi. Bulijjo mbawuliddengako ebigambo ebirungi okuva mu buli omu, ebikwata ku ggwe n'Ow'oluganda Stricker wano eno, n'ababuulizi b'enjiri.

529 Ow'oluganda Collins ono wano, gwe nzikiriza nti lumu alifuuka omuweereza omujjuvu mu mulimu.

530 Abasajja abazira, abasajja abazira, abasajja bennyini ddala abalina okukkiriza, Katonda abeere nammwe mwenna, nammwe abadiikoni, nammwe abayima, nammwe ab'oluganda.

531 Nzikiriza ye ggwe...Ow'oluganda ono wano, erinnya lye ndyerabidde. Ye ggwe...[Ow'oluganda Caldwell agamba nti,

"Ow'oluganda Caldwell."—Ed.] Caldwell. Oli mu. . .Oli omu ku bakadde oba ekintu bwe kityo, si bwe kiri, oba oli. . . ["Muweereza."] Oli muweereza. ["Ndi muweereza. Nnali wa nzikiriza y'aba Church of God, naye nnali ssisobola kubuulira Njiri nzijuvu ne nsigala nabo. Nnali ssisobola kubuulira kubatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu ne nsigala nga nkyali wamu nabo. Nalina layisinsi y'obuweereza ey'eddaala ery'oku ntikko gye baalina, naye nnabiwaayo. Okuva lwe nnakuwulira ng'obuulira Obubaka obwo obukulu, nabiwaayo, ekibiina ne nkifuluma. Kati njagala kubeera omu ku babo."]

532 Weebale nnyo ow'oluganda. Tukwaniriza mu kussa ekimu kwaffe. Era ffe—ffe ebiwandiiko ebitukakasa biva waggulu. Obulamu bwaffe bye bisaanyizo byaffe, Mukiraba. Ebyo bye bisaanyizo byaffe ebitukakasa. "Bwe sikola mirimu gya Kitange, kale temunzikiriza." Mukiraba? Ekyo kituufu. Ebyo bye biwandiiko byaffe ebitwogerako. Era nga omukadde. . .Nga Howard Cadle bwe yateranga okugamba nti, "Tetulina tteeka lyonna okuggyako Okwagala, tetulina kitabo kirala kyonna okuggyako Bayibuli, era—era tetulina—tetulina kigunje kya nzikiriza okuggyako Kristo." Ekyo kituufu. "Tetulina tteeka lyonna okuggyako Okwagala, kigunje kya nzikiriza okuggyako Kristo, tetulina kitabo kirala kyonna okuggyako Bayibuli."

533 Era tuli—tuli, Ow'oluganda Caldwell, tuli basanyufu okubeera naawe. Ova mu kibiina ekinene. Ndowooza wava mu, Anderson Church of God. [Ow'oluganda Caldwell agamba nti, "Ey'omu Cleveland."—Ed.] Oba mu kkanisa y'omu Cleveland, Pentecostal Church of God. ["Era nnali musumba wano mu. . .?. . ."] O, wamma. O, wamma, eyo nnaliyokko. Nzikiriza nnali n'Ow'oluganda Neville. . .manya Ow'oluganda Wood, lumu, waliwo embwa gye twafuna manya embwa enjizzi okuva eri omuntu omu eyakuŋŋaaniranga mu kkanisa yo erudda eyo. Era nnalina okuyimirira ku madaala ebweru awo ne twogera, era yali akwogerako. Weewaawo, nkakasa. . .["Mu kkanisa yange."] O? ["Burns."] Ekyo kituufu, yali Waaluganda Burns. Ekyo kituufu [Ow'oluganda Caldwell anyumya ebyaliwo nga bwe byali.] Oh? Yee. Oh, Bertha, ekyo kituufu. Oh, ekyo kirungi nnyo.

534 Ow'oluganda Rook erudda wali, ndowooza, kati yafuuka musumba, oba mubuulizi wa njiri. Bwe kiri? Oba osumba? [Ow'oluganda Rook addamu nti, "Ndi mubuulizi wa njiri."—Omuk.] Mubuulizi wa njiri. Njagala okukusiima, Ow'oluganda Rook. Mpulidde ku mirimu egy'ekitalo gy'okolera Mukama. Wa. . .Nnawulira nti wagendako mu Indianapolis oba wagendanga mu Indianapolis, n'okolayo enkuŋŋaana n'obaako emmeeme z'owangula okuzireeta eri Kristo. Katonda abeere naawe, Ow'oluganda Rook. Mazima nsanyuse nnyo okukulaba. Nakulengera ebweru wano ku tulakita eno enkadde, nga weetoloola ebweru wano, ng'oteeka ebigimusa mu nnimiro

yo. Kale, mulabe nti mugezaako okubaako ne kye mukolera Mukama. Ndi musanyufu nti Yakuyita mu buweereza, bulijjo mukulembezenga, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa. Tewekkiriranyanga ku kintu kyonna; naye kikole n'omwoyo ogusingirayo ddala obulungi nga okikola. Leka—leka obubaka bwo bulijjo bubeere nga bulungiddwamu obuwoomerevu obw'Omwoyo Omutukuvu.

535 Kati Ow'oluganda Stricker . . . [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Twetaaga essaala zammwe mwenna. Tu—tugezaako okulaba ng'ekkanisa etandikibwawo emmanga mu North Vernon."—Ed.] Oh, singa mugifuna. Tujja kukusabira. ["We twogerera, tutambula bulungi."] Ekyo kituufu.

Billy, olitandika ddi okusumba?

536 Dokita Goad ne Dokita Mercier wano, nsu—nsu—nsuubira . . . nga bwe tweyita bwe tutyo. Era Ow'oluganda Goad atuuse mu kifo nga . . . ddala agwanidde ekitiibwa, kati asobola okupanga amasasi mu mundu. Weewaawo. Ate, Ow'oluganda Leo, ndowooza ye tusobola okumulekerayo nga bw'ali, ne tumuyita . . . agende mu maaso n'ekitiibwa kye ekya—ekya "Dokita."

537 Kati, "Dokita" Branham, emabega eri, ggwe genda mu maaso n'ogw'okugirabirira obulungi, toggwaamu ssuubi. Era—era leka nkubuulire na kino, buli lwe tunaabeera n'olukiiko olw'enjawulo nja kwogera n'akakiiko balabe oba nga basobola okubaako ke bakwongeza mu ekyo kye bakuwa [Ow'oluganda Branham aseka—Ed.], olw'omulimu ogw'enjawulo w'olina okukola ennyo okwera n'okwetikka ebintu okubiyingiza n'okubifulumya, era ekyo kijja kukusanyusa.

538 Dokita Wood. Mmuyise "Dokita," ndowooza mwebuuza lwaki. Sikoze nsobi okulimuyita, oyo, tasaze mbaawo bitooke bye bigwa. Mukama asobola okusitula omuti omulungi, ye n'agutema n'aguzimbisa ennyumba. Ssirabanga muntu bw'atyo, kale kyenva mmuyita "Dokita."

539 Ow'oluganda Taylor, okyali mwesigwa ku mulyango, okubaako gw'ofunira aw'okutuula. Bwenti bwe nkulowoozaako, "Waakiri mbeera ekiwempe ekisangulizibwako ebigere mu nnyumba ya Mukama okusinga okutuula mu weema wamu n'ababi." Ky'ekyo, ssebo.

540 Ow'oluganda Hickerson, waakayingira mu Kkubo, era oli mu kujja, mpolampola. Nneegomba nnyo . . . ne . . . Waakeegatta ku Kkubo, era ogenda mu maaso, amazima nneegomba obwesimbu bwo na byonna by'okolera Mukama waffe Yesu. Nsaba Katonda yeeyongere okukuwa omukisa era akufuule omudiikoni ow'amazima, ow'oluganda, kye nzikiriza nti ky'oli, ennyumba yo eri mu kugonda n'ebintu byonna nga bw'obadde.

541 Ow'oluganda Fred, tonnabeera naffe bbanga ddene nnyo, bwe wava e Canada. Tetukyakutwala nga nzaalwa y'e Canada,

tukutwala nga omutambuze era omugenyi awamu naffe, muganda waffe, nga omuyima. Ggwe n'Ow'oluganda Wood, nammwe abaweereza obulungi mu woofiisi yammwe wamu n'Ow'oluganda Roberson, n'abalala bonna; Ow'oluganda Egan, taliiwo wano akawungeezi kano.

542 Era Ow'oluganda Roberson, onnyambye nnyo—nnyo ddala, Ow'oluganda Roberson wamu n'abalala, mu nsonga eno ey'omusolo ebadde ennoonyerezebwako mu kunoonyereza kuno.

61-0112 Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.


Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:


VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org